Radical Christianity Series - Volume 1

ABA'KRISTAAYO

abatufu, munayimilira ?



Maurice Barratt

Akatabo kano kavunulibwa: Frank Mukisa
Ate, ne'kekebejjebwa: Flavia Wamala

ABAKRISTAAYO ABANAMA DDALA
Kale Muyimirire?

ABAKRISTAAYO ABANAMA DDALA Kale Muyimirire?

Kyawandiikibwa MAURICE BARRATT

Radical Christianity Series Volume 1

BARRATT MINISTRIES PUBLICATIONS
Manchester M14 5QH, England

EBIRIMU

Enyanjula

Ekitundu Ekisooka: Okuyitibwa

1. Okweyita feeka
2.Fumita Okutu Kwange
3. Okuyitibwa Kwa Peteero

Ekitundu Eky'okubiri: Omuwendo

4. Ennono
5. Wegaane obulamu bwo
6. Wetikke Omusalaba ggwo
7. Ngoberera
8. Musa
9. Danyeri
10. Yesu

Ekitundu Eky'okusatu: Ebisumuluzo

11. Ekigendererwa Kya Katonda
12. Enkola Ya Katonda
13. Embala Ya Katonda
14. Embala Ez'emirundi Ebiri
15. Byonna Biri Mundowooza
16. Ekikolon'ebibala.

Enyanjula

Abantu enkumi ne nkumi bagoberera Yesu okuyita mu myaka essatu egy'obuwereeza bwe.Naye Yesu yali tayagala bagobereezi,yali annonya bayigirizwa-abantu basobola okutendeka n'okuyigiriza nga ayita mu ngero nga abamanyiisa ebyama by'okujja okw'obwakabaka bwa Katonda.Obwakabaka buli munda mu muntu,era nga Yesu bwagamba,tebujja nga obulaba n'amaaso go.bulijjo obwakabaka ebeera mbeera omutima gw'omuntu gyegulimu.

Yesu bweyayitanga abantu okumugobereera yakikolanga nga amaze okubabuliira omuwendo (ogwaali okuleeka byonna,okwegaana obulamu babwe, n'okwetiika omusalaba gwabwe),era nga bamaze okutegereera ddala bulungi omuwendo. Abayigirizwa Yesu mwene beyetendekeera bateegeera bulungi omuwendo guno,kubanga baleka byonna,era mu Bikolwa bya batume 6 kyab'atekekebwaako nti bano abasajja 'abavuunise ensi yonna'.kuno tekwaali kweyogeraako n'akwewaana kwa batume,naye bigambo bya balabe babwe.

Ensi zaffe eza bazungu zijudde obukadde n'obukadde bwa ba balokole ababulizzi b'enjiiri abogeera ne munimi.Era benyumirizza okuba n'amanyi ge gaamu aga Katonda nga abatuume gebatambuliraamu,naye ate eni za beeru zeyongeera kuvunda mu ngeri ey'omugundu. Ekanisa kirabiika amanyi ganno agakyuusa abantu tekyagaliina.

Kino nze tekyandibadde kizibu kyange,singa ekanisa ebadde eri mu kuyiganyiizibwa.Ekanisa kitangaala kya Katonda,ate mu butuufu ensi yo eri mu kizikiza-ekiwakanya ekanisa mu buli ngeri yona.Naye,amakanisa galabikka nga agali mu mukisa,nga geyongeera okwenyigiira mu nkola yensi,era nga geyongeera okukiriiziba ensi.Mbadde wansi wenjigirizza ya ba babulizzi benjiiri aba pentekote okumaala emyaaka ana mu etaano,okuva lwe nawuliira John Nelson Parr,omu pentekote eyasooka nga nina emyaaka musanvu.badde ani enjigiriiza ey'okulakulana, ey'okyoyatuula kyobeera,n'okubeera ba kabaka mu kakyo kano.Naye emyaka kyenda bukyaanga omwoyo wa pentekote atuuka gyetuli,amawanga gaffe gayisiizza amateeka g'okujjamu embuto,okulya ebisiiyaaga, n'okuloga.Gavumenti zaffe teziliina ky'akuddaamu eri obutemu,obusegu,n'okunywa enjaga.ate nga bino byebikolwa Katonda byasinziraako okusalira eggwanga omusango.Mazima kittugwanidde okutunuliira obulokole bwaffe tumanye nti ebiraabo eby'omwoyo byokka tebisobola kufuula muntu mutukuvu.Ebibala byokka eby'omoyo [embala ya atonda] bye bisobola okukola kino - n'ebikyuusa embala yaffe okuva mu kikula kya Adam okututeeka mu kikuula kya Kristo.Tutadde nyo

esila ku kukuza ebirabo eby'omwoyo nga eno ebibala byaffe bwe bivunda.Sirowooza nti omulaba waffe satani atya amannyi gokka, okujjaako nga amannyi gatambuliira wamu ne mbala.Embala yokka sitaani gy'atayinza kupanga panga n'akugeegeenya.Yesu bwe yatambula ku nsi eno,emizimu gyalekaananga nga atuuse,naye tejja gambanga nti owa mannyi.gyagambanga nti,Omutukuvu.
Nzikkiriiza nti waliyo abantu ab'akyanonnya obu kristaayo obutuufu,naye oba wa gy'ebayiinza okugenda okulaba abalokole aba tambuliira mu njigiriiza Yesu nga bwe yasomesa mu bubaka obwo kulusozi?Sikizibu kubasanga mu nsi nga Cuba ne China,ekanisa gy'eyiganyiziba,naye mu mawanga gaffe aga beeru abalokole bano tebasaangikka. Silinaamu kubuusabuusa mu ndowooza yange – nti obu kristaayo obutuufu bulamu bwa nkyuukakyuuka eya namaddala,ba lutalo lwerere eri obwakabaka bwonna obwo kunsi kuno.Era nze nkikakasa nti olutalo luno luyindiira munda mu muntu.Bwe tulutwaala nga olwa wabweru netutandiika okugeezaako okulwanyiisa n'okukyuusa eby'enyambala,eby'obufuzi,e by'obusubuzi nga kw'otwalidde n'okukyuusa namadiini agali munsi,olwo tuba tuwanguudda mu lutaalo luno olwo muntu waffe owo munda. Tuba tetwaukanye ne bajjajjaffe, ba crusader, abawaaba ne balufuula olutalo olutukuvu olwo mubiri okufananaako nga abaisiramu bwe balwananga jihadi.Ebyafaayo biraaga nti buno bwali busiru obwazaala obubi obwerere.Bakontaana n'okwagala kwa Katonda.Naffe tukola ensobi y'emu abayigirizwa gyebakola bwe bali ne Yesu!Baali bagala obwakabaka obwa buliwo nga Yesu tanaaba komawo mulundi ggw'akubiiri okufuuga kunsi.

Kituufu wajja kubaawo okweyooleeka okulabikako owo lutalo olwo munda;naye nga ekireeta olutalo okubalukawo mu buliwo kitekeeddwa okuba nga kiva mu kukyuuka okwo muntu w'omunda.Okujjaako nga twelabidde enjigirizza za bantu,n'obulombolombo, netutunuulira bupya nobwesimbu enjigirizza Yesu enyangu etegerekeeka lweetuyinza okulaba obwetaavu bwaffe obwa kakyo kano.Nga kirowooza kirungi,nti tusobola okufuuna edembe oluvanyuuma lwe myakka enkumi biri ejj'enjigirizza ez'obulimba,okubaganya ebirowoozo,n'okukola enkyuukakyuuka – singa tusobola okutuula bupya ku bigeere bya Yesu,nga mu bwangu enyo tukiriiza n,okukola byeyalagiira!Mukama yekka yasoboola okutuyigiriiza ennono zino;era yekka yasobola okutujja ekiifu ku maaso.

Mubutuufu,siwuliira nga nze asanidde okwogeera ku ssomo lino,ye ntandikiraawa okukola omulimu abakenkuufu mu baibuli abangi gwe bafubye okukola mu myaka egiyiise?Ebisanyiizo byokka byeniina y'enkolagana yange ne Katonda eya sekin'omu.Newankubadde nga mazze emyaka amakumi abiri nga nsoma era nga nekenenya enjigiriiza ya Yesu,ntegeredde ddala nti kino kyokka tekimala.Okumanya ekitaabo kikulu,naye ate okumanya omuwandiisi wakyo kikulu nyo.

Mazze emyaka amakumi abiri egiyiise nga nkuuza enkolagaana yange ne Katonda,era ntegedde nti tosobola kukola nkolagaana n'engigiriiza,ne bweba nga ye ntufu.Engigirizza teriina busimo;naye ate Katonda alina obusimo.Engigirizza teyinza kusunguwaala oba kuba n'akusaasira,Naye Katonda,mu buntu bwe asunguwaala era asaasiira,era eno ye njawuulo eteganiika eriiwo.

Ekyaama eky'okutegeera ekigambo kya Katonda kwe kutegeera Katonda mwene.
Okukula kwe nkolagaana yoona kusinziira ku biseera n'amanyi by'oteekaamu.Bwe natandiika okusa mu nkola obubaka bwa Yesu obw'okulusozi mu kifo kyo kubukkiririzaamu obukkiriiza,obulamu bwa kyuukira ddala. Kino ky'akwaata ku miriimu gyange,ku maaka gange nakubuli muntu yenna ggwe nasisinkaana.
Nkikakasa nti buli muntu yenna alaba obulungi ajja kusanga ekitaabo kino nga kijjudde okusomooza eri empisa ze,engigirizza n'obulamu bwatambuliramu.Nsubira nti ekitaabo kino kigenda kubeera emandusso okugaanya omusalaba okukola mu bulamu bwo,olwo no obulamu bwa Yesu obw'okuzuukiira bulyoke bulabisibwe mu muntu wo ow'omunda,Yesu yeyoleeke okuyiita mu bulamu bwo.

1
Okuyiitibwa

Abalokole ne ekanisa baggadde omukaago n'abuli kika ky'abantu ab'amanyi naddala abeby'obufuuzi ab'ensi. Amazima gali nti kino bakikola nendowooza egamba nti Mukama yebaale,abafuuga ensi ketwegaase nabo kakano enjiiri egenda kubulirwa nga teri atukuba ku mukono.Ekanisa nebigendererwa byayo bigenda kuyitaamu mangu okuva ab'amanyi lwe ba tuwagiira.Katukozeese etutumu n'ensimbi n'ebintu byabwe ku lwe njiri.Abagaaga ne banabyabufuzi bwebati bwe bafuuna etutumu mu kanisa ne baweebwa nagaffo.

Naye ebidiriira biba bikontaanira ddala nekyo ekanisa kyelowooza.Ekanisa n'obuweereeza bwaayo bayingirirwa ab'amanyi bano era ne bakyamizibwa okuva ku mazima olwo bwononefu amanyi bwegakikiriira.Yesu bwagamba nti obwakabaka bwe ssi bwa kunsi kuno,aba ayogerera ddala ekyo kyategeeza.Talina bwakabaka bwona bwakunsi {kabubeere nga bufuugibwa mulokole} bwateekaako kinkuumu.Atulabuula obutanonya buyinza bwona obutali bwa Mwoyo Mutukuvu.

Jacques Ellul

Essula 1

Okweyiita Ffeka

Statimenti jjenjagala okukola okusooka ku ky'okubeera omuyigirizwa yeno,tetusobola kweyiita ffeka.Tusobola okwesaliraawo okugoberera Kristo,naye obuyinza obw'okweyiita si bwaffe.Okubeera omuyigirizwa si "kirowoozo kirungi".

Era si kintu ekanisa kyetekeddwa okusa mu nkola. Ebyafaayo bitulaaze nti buli ekanisa lweyagala okukozesa amateeka n'amanyi okufuula abantu abayigirizwa,effuna bicupuli bya bayigirizwa.Abafalisaayo b'omulembe gwa Yesu kyakulabiraako kirungi.Bali bagoberera era nga bekuuma ebyo abantu byebalaba.Yesu yabagamba nti byonna babikolanga bulungi okusinziira ku mateeka,naye munda bali bajjude obutali bulongoofu n'obukuusa.

Katonda okola kwe kutandikira munda n'okukyuuka kw'omutima,si kukyuusa neyisa.Kyewunyiisa ata nga kituufu,omuyigirizwa wa Yesu omutuufu tafugibwa bi-

ragiro n'amateeka n'akatono.Ye muntu asinga okuba owe ddembe.
Pawulo yagamba mu 1 Abakkolinso 6:12 Byonna birungi gye ndi :naye nze sigenda kufugibwanga kyonna kyonna. Ate mu Tito 1:5 Eri abalongoofu byonna birongoofu. Lino lye dembe erya namaddala,naye edembe lino liteekwa kuva mu mutima.

Okweyitta Ffekka.

Katutunulire enyaanukula ya Yesu eri abantu abamusaba babeere abayigirizwa.Oyinza okuloowooza nti Yesu yali agezaako kubaleemeesa. Nzikkiriza nti ekyo kubaleemeesa kye kyali ekilubirirwa kya Yesu. Mu
Lukka 9:57 tusoma, Awo bwe baali nga bagenda mu kkubo, omuntu n'amugamba nti Nnaakugobereranga w'onoogendanga woona.

Kikyaamu ki ekiri mu sitatimenti y'omusajja ono? Nze ndaba nga omusajja ono yamala ggogeera kubanga ekituufu yali tamanyi Yesu gye yali agenda. N'abayigirizwa be nabo baali tebamanyi gy'agenda. Mu butuufu tebalowooza nti Yesu ajja kufa okufa okubi ennyo okw'abavozzi ku musalaba ggwa ba Roma. Wano " tulaba omuntu" ggwe batayiise, nga alowooza mbu yali asobola okugobereera Yesu woona w'anagenda. Kino kyali kya busiru. Yayanguuwa okulowooza nti tewaliwo mutango oba bwegubba gwaliwo ggwaali mutono era yalaba ajja kusobola bulungi okusasuula omuwendo oggwo. Mu mazima, yali yerimba.

Tewali kikyuuse

Embeera ekyaali y'emu nabagoberezi ba Yesu abo mulembe guno, era nze omusango gw'okulimbibwa kunno nguteeka ku makanisa olw'okutya okwangaanga endiga zabwe n'okusomosza kuno nga batya okuzifirwa. Amakanisa ssi metegeefu kubuliira bantu mazima. Era eky'amazima tegasobola kufuuna bayigirizwa mpozzi abo bebepangidde ab'obulimba.

Yesu ono omuntu eyaali ayagala okumugobereera yamuddamu atya? Yesu namugamba nti ebibe birina obunnya, n'ennyonyi ez'omu bbanga zirina ebisu: naye Omwana w'omuntu talina w'assa mutwe gwe.

Yesu yali amugamba nti taliina wayita wuwe, yali yesiga bantu balala okumulisa, okwambala n'okusula. Ebigambo bye byali bitono naye nga bya makulu mangi. Ennyonyi n'ebibe bizimba ebisu n'okusima obunnya si kola kisulo kyokka, okuba ne nyumba kitegeeza kuwasa, kuzaala, n'akukuuza abaana. Omuwendo olaba ng'omutono bwo'oba tewetegeereeza naye ggwali munene.

Mu bigambo bya Lukka mulimu abantu abokulabiraako abalala babiri abayagala okubeera abayigirizwa ba Yesu, naye bombi Yesu yabagamba ebigambo nga amakulu ge gamu. Tetuliina we tusooma nti abasajja bano abasatu kulikko n'omu eyafuuka omuyigirizwa. Kindabikira nti nga omugaga omuto bwe yali, nabano bagenda banakuwavu. Abantu bano Yesu ya bakwaata bubi? Nedda, Yesu yali wa kisa nnyo. Yali agezaako okubawonya

okulemererwa n'okuggwaamu amanyi. Tebereza sitatimenti ya Yesu gye yakola mu Lukka 14:26. Omuntu bwa'anajjanga gyendi, n'atakyawa kitaawe ne nnyina ne mukazi we, n'abaana be, ne baganda be, bannyina, era n'obulamu bwe ye, taayinzenga kuba muyigirizwa wange. Sitatimenti eno nkambwe bwoba ogitunulidde mangu olaba nga tesobooka kugitwaala nga bweeri, ate nga Yesu bino teyabigamba abayigirizwa abaali bamaliridde wabula yabigamba kibiina.
Abo abaali balabye ku by'amagero n'ebalowooza nti obulamu obwo kubeera omuyigirizwa bwaali bwa kitiibwa ate nga bwangu.

E kiseera ekyo kugeragerannya.

Bwe tukkiriza nti Yesu bye ya yogeera bye yali ategeeza olwo nno omuwendo ogw'okubeera omuyigirizwa gubba waggulu nyo, gwo tayinza kwetantala okujjaako nga omazze okubaganya enyo ebirowoozo. Yesu kye yali ategeeza kye kino – nti singa wajjawo embeera nga olina okulonda ku kitaawo, nnyoko ne Kristo,olondaawo Kristo. Oyinza okuteekawo abaana, omukyaala, obugagga, ekanisa yo, obuweereeza, n'obulamu bwo bwenyiini, naye eky'okuddamu kisigala kye kimu. Tekikyuuka – Yesu! Kati kiri mu lwattu nti omuntu yenna alondaawo Yesu bagaanye,basinziza Yesu bajja ku mukyawa n'okumuwalana olwa Yesu! Kubanga Yesu amanyi nti omuwendo mungi kyava akozeesa ebigambo ebilambulukuffu. Tayagala tulemererwe olw'obumutegeera bulungi oba obutamanya. (Ssinga tulemwa olw'obunafu, ekyo kyo kiba kyanjawuulo.)

Eby'okulabirako bya Yesu

Wetegereezze eby,okulabiraako ebibiri Yesu byatuwa; omusajja okuzimba enyumba, ne kabaka okugenda mu lutalo. Ojja kulaba nga Yesu ayagala buli ayanana okubeera omuyigirizwa we asooke ategeere omuwendo.

Lukka 14:28-32 – *Kubanga ani ku mmwe bw'aba ng'ayagala okuzimba ennyumba, atasooka kutuula n'abalirira eby'emirimu gyayo, oba ng'alina eby'okugimala? Mpozzi bwaba ng'amaze okuteekawo omusingi bw'atayinza kugimaliriza, bonna abalaba batanula okumusekerera, nga bagamba nti Omuntu ono yasooka okuzimba n'atayinza kumala.*

Oba kabaka ki bw'aba ng'agenda mu lutalo okulwana ne kabaka omulala atasooka kutuula n'ateesa ebigambo, oba nga ayinza n'akakumi okusisinkana n'oli amujjira n'obukumi obubiri? Oba nga si bwe kityo, oli bw'aba akyali wala nnyo, atuma ababaka n'asaba eby'okutabagana.

Yesu mu by'okulabirako bino ensonga yazisengeeka bulungi,nga zitegerekeka si kulwa nga abagala okufuuka abagoberezi bbe bagwamu amanyi. Mu butuufu yabalabula mu bwesimbu mu bigambo ebizitowa by'ayinza okukozesa. Nga maliriza, Yesu y'adamu sitatimenti ye eyasooka mu lunyiriri olwa 33: Mu by'okulabiraako bino ebibiri, kale bwe kityo buli muntu yenna ku mmwe ateefirizenga byonna by'ali nabyo,taayinzenga kuba muyigirizwa wange.
Ebanga lye maze mu buwereeza, nsanze abalokole ban-

gi ekanisa beziganye okubulira amazima, era bakaawu, bakowu, era baggwamu amanyi. Abasinga obungi tebanyiigiira, era tebakyaawa Katonda, naye bakyaawa amakanisa ne nkola zago. Ekanisa teyababulira muwendo, ate ekisinga obubi, babagamba mbu Yesu byonna yabitusasulira ku musalaba, n'olwekyo tewali muwendo gwonna ggwe tulina kusasula. Omuwendo Yesu ggwe yatusasulira ku masalaba gwali gwa by'onono byaffe, era tetulina kye tuyinza kwongeera ku sadaka ya Yesu. Naye waliwo omuwendo abalokole gwetusubirwa okusasula, ggwe muwendo ogw'okubeera omuyigirizwa.

Essula 2

Wummula Okutu Kwange N'olukato

Nzikkiriza nti okuyitiibwa kwo muntu okw'okubeera omuyigirizwa kuva butereevu ewa Yesu mwene, era okusalawo kwaffe kujja tumazze kuteegeera bulungi omuwendo ne bigenderaako. Si kintu kye tukola olw'okukyamuuka, naye tusinziira ku kummanya ekituufu. Kino tekisobola kusoboka nga ku ntandikkwa y'obulokozi bwaffe.

Kiba kya ngeeri, era kya busiru okufananako nga okusubira nti omwana omuto asobola okukkiriza okuwandikkibwa ku mulimu nga tanakkula, n'asooka okuteegeera obulungi obukwakulizo bwo mulimu. Sikkiriza nti kisoboka okufuuka amangu omuyigirizwa nga wakalokoka. Okuba omuyigirizwa oyita mumitendeera. Ekituufu kiri nti waliwo abagoberezi abembagiraawo. Osobola okusalawo okugoberera Yesu lwosose okumusisinkana – naye okuba omuyigirizwa tekiba bwekityo.

Okusalawo Okuzibu

Aba Isirayiri bwebawebwa omukisa okugoberera Musa okuva e Misiri, tekyababerera kizibu okusalawo okugoberera. Oluvanyuuma lwe myaka ebikumi bina mu buddu, okubasubizza edembe okusalawo kwali kwangu. Basanyuukira okufuluma mu bwangu enyo. Obuzibu webwajjiira nga Mukama abagambye okugenda mu nsi ensubize.

Isirayiri bweyava e Misiri baliina ekirowoozo eky'okugenda mu nsi ekulukuta amata n'omubisi gwenjuki. Kino tekyali kutebereeza kwabwe; kyali kisubizo kya Katonda eri aba Isirayiri. Naye Katonda kyatagamba Isirayiri nga bava e Misiri kyali nti ensi ensubize yalimu banagwano, era baliina okulwanirira buli webalinya ekigere. Ebisenge byali biwanvu nyo. Era kati tumanyi nti okubeera na Achan mu bo kyali kiteegeeza kukubibwa n'okuduuka mu maaso gabalabe babwe.

Okulemererwa kwa Isirayiri

Isirayiri yalemererwa nga ekiseera eky'okulwanyiisa banagwano kituuse. Mu baluwa ya Pawulo eri aba Ebbulaniya agamba nti bagaana okugonda olw'obutakkiriza. Kyewunyiisa ate nga kitiisa nti newankubadde nga benenya, Katonda teyabawaayo mukisa mulala. Yabagamba bajja kufiira mu dungu; era kyali kityo. Kino kiteegeeza nti bwetujjeema enteekateeka za Katonda

nga ziganye? Nedda; kiteegeeza nti ffe tulemereddwa. Enteekateeka ya Katonda teyinza kugaana; naye kitegeeza nti Katonda alina okutendekka omuntu omulala okuttukkiriza entekateeka ye.

Mu butuufu, Katonda yamenya ekisuubizo kye eri Isirayiri lwa bujjeemu. Wano ekigambo "okumenya ekisuubizo" we kisibuka. Katonda yagamba mu kubala 14:34, Ng'omuwendo ggw'ennaku bwe gwali ze mwakketeramu ensi, ze nnaku ana, buli lunaku mwaka, bwe munaabangangako bwe mutyo obutali butuukirivu bwammwe, gye myaka ana, era munaamanyanga bwe nnabaabulira. Omulembe omulala ogwa ba Isirayiri ggwe gwayingiira mu nsi ekulukuuta amata n'omubisi gwenjuki, ggwe gwawangula ba nagwano, ne gulya n'ensi, negutukkiriza okwagala kwa Katonda. Ndowooza olaba olugendo lwa ba Isirayiri bwe lukwaatagana n'olwomulokole?Okuva munsi n'ogoberera Yesu amaaso nga ga maze okuzibuuka si kizibu kusalawo. Ekisubizo ky'obulamu obutaggwaawo, ekisa n'okwagala kwa Katonda, okusonyiiyiibwa – mazima mata n'omubisi gwenjuki. Si kizibu okumugoberera Yesu, bwe tutegeera nti tugenda kusumululwa mu bikoligo, mu budde bwe kibi, n'okwelarikirira kw'omusango ogujja.

Ekizibu kyaffe kijja luvanyuuma – bwe tusomoozebwa okugonda, okwettikka omusalaba, n'okwegaana obulamu. Wano ekanisa welemererwa okutusomooza, obulamu nebutufuulira bwangu netuuzamu buza manyi – nti "Yesu naye alaba, amanyi obunafu

bwaffe", obulamu obwo obuzibu, bwaabo abatono abayiite.

Wummuula okutu kwange

Ngenda kuwagiira sitatimenti zange nga ntunuulira ennono eri mu Endagaano e
Nkadde. Mu Okuva 21 enyiriiri omukaga ezisooka zikwaata ku kufuuna muddu. Olunyiriiri olw'okubiiri lwewunyiisa – Katonda tagamba nti, "Toyinza kugula muntu muno", oba, "olina kugula ba namawanga bokka nga abaddu, si ba Isirayiri bano". Agamba, Bw'ogulanga omuddu Omwebbulaniya…

Sitatimenti eno ekontaana ne mbeera zaffe ez'obuntu bulamu, nga edembe lya buli muntu, n'okuba nga Katonda y'atonda abantu bonna nga benkana. Kakano mu essula eno, tuliina okusalawo oba tugenda kukkiriza kigambo kya Katonda, oba kikyuusa kisoboole okukwaatagana n'obulombolombo bwaffe. Wano tujja kutuukawo emirundi mingi nga tusoma enjigiriiza ya Yesu. Nze nteesa nti, tuteeke wabali ebiroowozo byaffe tukkirize ekigambo kya Katonda mu bwangu bwakyo.

Mu butuufu, wano mu kigambo kya Katonda mu kitabo ekyo Okuva, tulaba nti Katonda tawakanya buddu, oba ennono ey'okugula omuntu. Katonda awakanya abakozesa, abakama ababi, abakambwe abayisa obubi abaddu. Mu lunyiiriiri olw'okusatu Katonda atekawo akakwakulizzo akakulu enyo, nti omuntu agula omuddu okumala emyaka mukanga, si kumugula obulamu bwe bwona. Mu mwaka ogw'omusavu mukama we

alina okumuwa edembe lye. Mu lunyiiriiri olwe kumi n'omukaga Katonda yatekawo etteeka lyo kuttibwa eri eyo abbanga omuntu n'amutunda, naye kino kyanjawuulo kwoyo agula omukazi oba omusajja.

Obuddu Dembe Lyo

Katujiira twerabira endowooza yaffe abeeru ey'omwenkanokano n'edembe lyaffe, tutwaale akaseera tutunuuliire embeera eyo buddu. Mu byafaayo bya Isirayiri mu kiseera kino, abantu abavu baffanga nyo enjala mu biseera ebye kyeeya. Okuwaayo obulamu mu buddu kwali nga kutaasa bulamu n'obwa bantu bo. Okuba omuddu tekyaali kibi. Mu lunyiiriiri 4 mulimu obukwakuliizo obukakasa nti omuddu yaliina okuyiisiibwa obulungi, ate olwo ne tutuuka ku sitatimenti eyewunyiisa mu lunyiiriiri 5: Naye omuddu bw'ayogereranga ddala nti Njagala mukama wange… Kino kyewunyiisa kubanga obuddu bulijjo tubulaba nga kukambuwalirwa na kuyiisa muntu bubi. Omuddu okwagala mukama we kabonero akalaga nti mukama we muntu mulungi, era okuba omuddu we kyagalibwa, kiyayanirwa era kifuuna.

Ttebbereeza omuddu ng'alina mukama we omulungi. Nze ndabba omuddu oyo aba nabulungi okusinga mukama we. Lwakki? Kubanga taliina buvunanyiizibwa na mugugu nga mukama we gwaliina. Mukama we avunanyiizibwa okumuggulira engoye n'okumuwa engoye, omuwa enyumba, okumujanjaba ne byonna ebimubezaawo. Yettika emigugu gy-

onna egye nsimbi. Omuddu teyeralikirira bya nsimbi nebirala byonna.

Abaddu tebaliina dembe

Ekisinga okutiisa ku bulamu bw'obuddu kya butabba na dembe lyo. Tosobola gaana mukama wo. Ekizibu kyokka omuddu kyasanga ne mukama we omulungi kya mugonderanga mu bujjuvu. Ate mu mawanga gaffe aga beeru okugondera ddala "kizibu" nyo okukola, toyinza nakukisubira.

Ekirala kye tulaba kye kino; omuddu taba na dembe lya kwerondeera mukama we. Bamuteeka ku muddala asobola yasasula. N'obulamu bwaffe bufanana bwe butyo. Soma ebyawandikkibwa bino Yesu byeyayogeera mu njiri ya Yokaana: Yokaana 15:16, Si mmwe mwannonda nze, naye nze nnabalonda mmwe… 6:44, Tewali ayinza kujja gyendi Kitange eyantuma bw'atamuwalula… Yokaana 6:65 Tewali ayinza kujja gyendi bw'atakiweebwa Kitange. Mpuliira abamu ku basoma bino nga bagamba, "Twali baddu be sitaani era twali baddu ba kibi, naye ate Yesu teyajja kutufuula ba ddembe?" Kituufu Yesu yajja kuzikkiriza mirimu gya sitaani n'okumenya ekikoligo kya sitaani ku bulamu bwaffe – naye si kutufuula ba ddembe. Twaagulibwa n'omuwendo (omusayi gwa Yesu), temuli ku bwammwe. Twanunulibwa okuva mu mikono gya mukama waffe, sitaani, kakano tuli ba Mukama waffe omugya. Pawulo mu 1 Abakkolinso 6:19 agamba, Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu ali mu mmwe,

ggwe mulina eyava eri Katonda?nammwe temuli ku bwammwe;kubanga mwagulibwa na muwendo: kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe. Kiri nze kindabiikira ng'obuddu. Bwetugoberera Yesu kyetuba tukoze kyokka kukyuusa bakama baffe. Yesu yagamba mu Matayo 6:24,Tewali muntu ayinza kuwereeza baami babiri. Ndowooza kyandibadde kisanyuusa singa twali bakulonda ku baami basatu: Katonda, sitaani, naffe, naye kino tekiriiyo;kyabulimba. Okwesanyuusa ffeka mu butuffu kuba kuwereeza sitaani, ate okwagala Katonda kwe kukyaawa ebintu byonna ebirala, n'obulamu bwaffe nga mwobutwalidde. Ebigambo bya Yesu tetulina kubikubaganyaako birowooza wabula okubitwaala nga bwe biri mu mazima gabyo ne tubigondeera. Era okugonda ke kabonero koka akakasa nti tubikkiriza.

Okuva 21:6 *sitatimenti eno esembaayo ku buddu oba oli awo ye nnono essinga obukulu mu zona olunyiiriiri 6 lugamba:Naye omuddu bw'ayogereranga ddala nti Njagala mukama wanga…awo mukama we amuleetanga ku luggi oba ku mufuubeeto;ne mukama we amuwummulanga okutu n'olukato;anaamuweerezanga ennaku zonna.*

Okukutekako akabonero ake ennaku zonna

Lwakki Katonda agamba nti omuddu alina okuweereza ennaku zonna?Lwakki Baibuli tegamba nti aweereze "emyaka emirala mukaga"? Emyaka ekisooka omukaga kwali kusalawo kwa mukama we so si kwa muddu. Omuddu bandi mulese enjala nemutta. Ekituufu kiri nti, Mukama we yamutaasa enjala n'obulamu obubi;naye kakano

oluvanyuuma lwe myaka mukaga,asobola okwerowooreza nasalawo nga bwasiimye oba asigala ne mukama we, oba anonya omulala. Bwooba nga okoledde omwami omu okumala emyaka mukaga, oba mu kifo okumanya oba abadde mwami mulungi oba mubbi. Kino tosobola kiteegeera nga bakuwandiika ku mulimu oba mu nnaku mbale nga wakatandikka omulimu. Kitwaala ekiseera n'okumanyiira obuntu ntu obutulimu okuvaayo okulaga ki ekituufu kyetuli. Ye nsonga lwakki Katonda yagamba nti omuddu alina okuba nga bamulambye ennaku ze zona. Kino kyali kyakulaga buli muntu yena lwattu nti omusajja eno, olw'okwesaliraawo okukwe, taliva mu buddu. Yalina omukisa okufuuna eddembe lye okuva mu buddu nasaalawo okusigala mu buddu. Teeri yamuwaliriiza, era kye yasalawo kimukakatako oku kinyweereramu. Yesu yagamba mu Lukka 9:62 Okwata ekyuma ekirima n'otunula ennyuma, oba newekyuusa tosaanira bwa kabaka bwa Katonda.

Yakobo

Ennono eno ebunye mu baibuli ne mu nkolagaana za bantu ne Katonda. Njagala kujjaayo eky'okulabiraako kimu ku bingi ebiri mu baibuli.

Yakobo yakkiriza n'agoberera Katonda waba jjajja be okuva mu buvubuka bwe. Waliwo obujjulizi obutumala ku mazima gano mu byawandikiibwa. Naye embala ye nga erinya lye bweriri yali ya muntu omukumpanya. Yakobo yakola emipango ne Katonda. Mu Luberyeberye 28: 20-21 Tusoma, Yakoba ne yeeyama obweyaamo, ng'ayogera nti Katonda bw'anaabanga awamu nange,

era bw'anankuumiranga mu kkubo lino lye ngendaamu, era bw'anampanga emmere ey'okulya, nengoye ez'okwambala, n'okudda ne nzira mu nnyumba ya kitange n'emirembe, Mukama n'alyoka abeera Katonda wange…era ku byonna by'onompanga siiremenga kukuwa ggwe ekitundu eky'ekkumi.

Okukola omupango ne Katonda

Abagoberezi bangi aba Kristo ab'omulembe gunno balina endowooza y'emu, era bakola emipango ne Katonda nga Yakobo. Bagala Katonda abaawe omukisa mu makubo gabwe, bwebitambuula obulungi bakomeewo n'ekimu eky'ekumi n'ebiwebwayo. Naye okubeera omuyigirizwa si kugoberera, naye kufa-kubuuza bulamu bwo n'okukyuusa embala. Era Katonda yamala ddaki nasisinkana Yakobo ku nsonga eno. Oluberyeberye 32:24-32 ebyawandikkibwa bigamba nti Yakobo y'ameggana ne malayika. Kuno kwe kwali okumuwummula kwe okw'okutu. Oluvanyuuma lwe kikolwa kino, erinya lye ne mbala ye bya kyuusibwa, era ne bamulamba ennaku ze zona. Yatandikka okuwenyera ow'ekisambi kye, nalaga ensi nti obulamu bwali tebukyaali bubwe nate. Yakoba yafuuna akabonero ga Katonda ku bulamu bwe.

Abalokole bangi abanyiikivu abakkiririza mu lutalo olw'omwoyo n'okwegayirira bogela ku Yakobo ne ssala ye eya muwanguza, engeri gye yameggana ne malayika nafuuna amanyi ne Katonda. Kino kirungi nyo; naye kye batatunulira kye kyava mu kumeggana ne Katonda-obubonero obusigala ku bulamu bwo.

Ndagga omusajja omutukuvu, nange njakulaga omuntu aliko obubonero bwa Kristo ku bulamu bwe. Pawulo agamba mu ba Galatiya 6:17, okutanula kaakano, omuntu yenna aleme okuntawanyanga: kubanga ntwala enkovu za Yesu zisaliddwa mu mubiri gwange. Teyagamba nti enkovu za Yesu zali mu ndowooza ye, naye mu mubiri. Enkovu za Kristo tezilabikkira mu mubiri gwaffe bulijjo; ziyinza okuba enkovu ez'omuntu owo munda, naye bulijjo ziba zirabikka mu ngeeri eyenjawulo mu bulamu bwaffe, era nga nabalala bazirabira ddala.

Essula 3

Okuyitiibwa kwa Peteero

Okukkiriza tekubangaako kuziba maaso. Kintu bulijjo ekisinga okuba eky'amagezi okukola – si kuba tutegeera ebyo mu maaso, oba embeera zaffe, naye lwakuba nti tugenze tutegeera embala ya Katonda, nti Katonda Mukama aba omulungi era asanide okuwereeza ennaku zona ez'obulamu bwaffe; si kintu ky'osalaawo amangu enyo. Ku kino kyokka ekyo obulungi bwa Mukama, kwe tukoleera okusalawo. Nzikkiriza nti ensonga endala yona eyo'kubeera omuyigirizwa tekuba kukkiriza naye kutebereeza, ekintu eky'obulabe enyo.

Teri bayigirizwa ba mbagirawo

Nkozeseza Peteero nga eky'okulabiraako ku mazima nti teri muntu afukiraawo muyigirizwa. Eky'okubiraako

kya Peteero kizibu zibu okukozesa kuba abantu abamu barowooza nti Peteero yafukirawo omuyigirizwa – nti Yesu bweyayita Peteero amangu ago naleeka byonna okumugoberera. Naye Yesu yali tasobola kusaba Peteero ekyo, nga Peteero tamaze kumugoberera okusooka, n'okutegeera omuwendo n'ebiriva mu kusalawo okwo. Mu nzikkirize okubako kyengabana namwe kyenjize mu myaka gyensomedde baibuli. Singa eky'amagero, olugero, oba ekintu ekirala birabikira mu njiri esuuka mu emu, olwo no amazima gona tusobola okugafuuna nga tugase enjiri zona nga obubaka obumu. Katonda ye yawandiisa baibuli, era teri kyawandikkibwamu mu ngeri ey'obutanwa oba obutali bugenderevu. Buli katundu kona akalimu kamakulu. Eky'okulabirako kya Peteero kituyamba bulungi okulaba kino.

Ebyafaayo bya Peteero

Mu Matayo 4:18-20 Tusoma, Bwe yali ng'atambula ku ttale ly'ennyanja y'e Ggaliraaya, n'alaba ab'oluganda babiri, Simooni gwe bayita Peetero, ne Andereya muganda we, nga basuula omugonjo mu nnyanja, kubanga baali bavubi. N'abagamba nti mujje muyite nange, nanga ndibafuula abavubi b'abantu. Amangu ago ne baleka emigonjo, ne bayita naye. Ekitundu kino mu kusooka kirabiika nga ensonga enungi ey'okuba omuyigirizwa owe mbagirawo, naye tetusobola kumaliriza bwetutyo okutuusa nga tumaze okwekenenya enjiri endala ebiri ezitulaga okuyitiibwa kwa Peetero. Mu butuffu tujja kukizuula nti Matayo ku bikwaata ku kuyitibwa kwa Peetero yawandikka bya luvanyuuma, naye Lukka ne

Yokaana batuwa ekifananyi ekituufu, mu ngeri enambulukufu ku biki eby'aliwo nga Peetero ne Andereya tebanaleka "byona".
Yokaana 1:35 *Tusoma nti Yokaana omubatiza yali ayimiridde n'ab'oku bayigirizwa be babiri…nagamba nti Laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda! Yokaana yali agamba nti Yesu ye Kristo. Mu nyiriiri ezidirira tusanga nga omu ku bayigirizwa ba Yokaana ababiri yali Andereya, muganda wa Peetero.*

Yokaana 1:41 Agamba, Andereya Ye n'asooka okulaba muganda we ye Simooni, n'amugamba nti Tulabye Kristo. Kirabika bulungi wano nti Andereya ne Peetero bombi bali balindirira kununulibwa kwa Isiriyiri, n'okujja kwa Kristo. Bwe bawulira ebigambo bya Yokaana omubatiza olwo ne batandikka okugoberera Yesu. Andereya ne Peetero bombi bali bayigirizwa ba Yokaana, nga tebanafuuka bayigirizwa ba Yesu – basooka kubeera bagoberezi.

Okuva mu bubaka buno, tutegeera bulungi nti Peetero, obutafanana nga bwetulowooza, teyali musajja omuvubi ow'empisa ensiwufu. Bwaba nga yali muyigirizwa wa Yokaana, olwo no tukakasa nti yali yenenyeza ebibi nga yabatizibwa n'okubatizibwa. Kino Yokaana kye yabulira era nga bona abamugoberera kye bakola. Yokaana 1:41 Agamba, Andereya ne Peetero bali balindiridde Kristo, ate Ebikolwa by'abatume 10:14 Peetero agamba, siryanga kya muzizo newakubadde ekibi. Yali omuyudaya omulungi alindirira omulokozi Kristo, ate nga agoberera nnabi Yokaana omubatiza – nnabi yeka eyaliwo nga Yesu tanaba kutandikka buwereeza bwe.

Peetero olw'ammala okubeera omuyigirizwa wa Yokaana, kakano nafuuka omugoberezi wa Yesu. Kakano twetaaga okutunulira Lukka 4:37 – 5:11 okuzuula mu ngeri kki na ddi, Peetero "okutu kwe we ba kuwummulira". Olunyiriri 38 tulaba nga Yesu ayingira mu nnyumba ya Simooni, n'aboggolera omusujja ku nnyina wa mukazi wa Peetero ne gumuwonako. Wekenenye kino; eno teyali nnyumba ya nnyina wa mukazi wa Peetero naye yali nnyumba ya Peetero. Peteero mu kiseera kino yali aky'alina ennyumba ye – yali "tanaleka byona". Ku lunaku lwe lumu Yesu yawonya ebibina endwadde eza buli kika, nagoba ne ba dayimoni okuva ku bantu bangi. Peteero yali ne Yesu "ng'omugoberezi", era bino byona ebyamagero n'okubulira kwa Yesu mu Ggaliraaya wona yaliwo.

Tanatuukira ddala

Mu Lukka 5:1-3, *Tusoma nti Yesu yakozesa eryato lya Peetero n'abulira ebibina. Tulaba bulungi nti Peetero wano yali tanaba kuleka "byona" mu kiseera kino; yali akyali mugoberezi. Oluvanyuuma yaleka ennyumba, okuvuba, yaleka byona.*

Tewali kikyamu okuba nga okyali ku ddala ery'okuba "omugoberezi". Katonda yaganyulwa mu kozesa eryato lya Peetero. Eryato lye lyakolera Yesu akatuti. Naffe Katonda ajja kutukozesa okuyiita mu bintu byaffe, maka gaffe nabuli mbeera yona mwatusanze; naye tulina okukitegeera nti wano tuba "tukyagoberera", era ekiseera eky'okutusomoza kitekwa okutujjira ffena, naye

olw'okutya oba tukiyite obutakkiriza, abalokole bangi tebasobola oba tebajja kusobola kusasula muwendo ogw'okubeera omuyigirizwa. Basigala oba bajja kusigala mu dungu ennaku zona ez'obulamu bwabwe – nga balya mu ngeri eye kyamagero, nga balaba Katonda asisinkana ebyetaago byabwe mu ngeri eye byewuunyo, naye nga tebawangula ba naggwano okulya ensi yabwe ensubize. Era nga bwekyali kibaddewo wo, Katonda alina okulinda omulembe omulala okuleeta okuda obugya era ensi yaffe eri mu bwetavu.

Ekyamagero

Enjiri ya Lukka etuwa mu bujjuvu okuyitiibwa kwa Peetero okuba omuyigirizwa, era tusobola okufunirako essomo, kubanga emitendeera tegikyuuka. Bulijjo Katonda akyuusa embeera okubuzabuza abatakkiriza. Mu Lukka 5:4, Katonda yagamba Peetero, Sembera ebuziba, musuule emigonjo gyammwe, muvube. Peetero yali takwasiza kintu okukeesa obudde, naye kakano agenda okulaba nga emigonjo gyabwe gyagala okukutuka. Nebajjuza amaato gabwe gombi neby'ennyanja, n'okukka ne gaagala okukka. Ekyamagero ekitaali kya bulijjo; si kyangu okumanya lwaki Yesu yakola eky'amagero kino. Tusobola okutegeera lwaki yawonya abantu, oba yalisa abayala enkumi etaano; naye kino eky'amagero kyali kigasa ki? Kino kyali kya magero kya bugabirizi. Peetero eby'okuvuba tegwali muzanyo ogumunyuumira gwakola mu biseera bye eby'eddembe, oba ekintu ekitwaliriza ebiseera, naye gwaali mulimu ogumubezaawo. Ye eby'ennyanja

yalabanga sente. Nga tetunaba kulaba kwanukula kwa Peetero eri eky'amagero kino eky'obugabirizi, twetaaga tusooke twebuuze tuba kuba nga ffe Peetero mu mbeera eno twandi yanukudde tutya? Wano waliwo essomo ekulu lyesagala tusubwe.

Katugeze nti tubadde tugoberera Yokaana omubatiza nga bwetulindiridde Kristo, kakano tumuzudde era tutandiise okumugoberera. Tuli mu buwereeza obwe by'amagero, ebyewunyo n'obubonero, mangu nyo Yesu naffe natukolera eky'amagero eky'obugabirizi. Oba oli awo eky'amagero kino eky'akaseera kituuwa omusimbi ogw'okutubezaawo ebbanga dene. Twandikoze tutya? Kano kayinza okulabikira nga akabonero akalaga oyo ggwe tubadde tulindirira. Kankinyonyole. Bangi ku bagoberezi ba Yesu bandibadde basalawo" kwemaliira mu buwereeza". Ekizibu kyokka kyebalina kya butaaba na bugabirizi. Ani anatusasuliira amabanja? Tunabeerawo tutya awatali sente ziyingiira zetwesigamyeeko? Balina obuvunanyiizibwa bungi era bakimanyi basinga n'abatakkiriza obubi singa balemererwa okulabirira ab'omumaka gabwe. Naye Yesu wuuno wano sente azibawa ggulo limu. Ani atandigenze mu buwereeza "ebiseera bye byona" singa buli mwezi sente basooka zimuteera mu banka nga tanagenda mu njiri?

Enyanukula eyewunyiisa

Kino nebwetundikirabye nga akabonero ak'obugabirizi akatusindikka mu buweereza ennaku zona, era tetwandikyebede okukyamukirira olwe ky'amagero kino

eky'omukisa. Mazima twandibadde tujjude okwebaza n'okutenderezza Yesu. Wano nno enyanukula ya Peetero etesubirwa we yewunyisiriza. Okwanukula kwa Peetero kwakontana n'ekyo kyenandisubidde – mu butuffu ndaba nga tayayanukula na magezi. Peetero yagamba Yesu mu Lukka 5:8, Naye Simooni Peetero, bwe yalaba, n'avuunama ku bigere bya Yesu, n'agamba nti Ndeka; kubanga ndi muntu alina ebibi, Mukama wange.

Oba kiki eky'aviraako Peetero okukola sitatimenti eno eyewunyisa? Eky'okuddamu kiri awo wenyini: Ndeka, kubanga ndi muntu alina ebibi. Eky'amagero kino eky'eby'ennyanja kyali kiyinza kitya okulaga Peetero ebibi bye? Sirina kyakuddamu, kubanga Katonda buli muntu amukwata bulala, naye nzikkiriza nti nyinza okunyonyola enono.

Enono

Okubeera abagoberezi ba Yesu twetaaga okulaba Katonda; embala ye yetaaga okutubikulirwa – okusasira kwe, ekisa, okusonyiwa, amazima, okutuwa omukisa, n'obulamu obutaggwaawo. Naye kino tekisobola kubawo okujjako nga waliwo eky'amagero ekikoleddwa, kubanga katonda wensi eno azibye amaaso gabo bona abatakkiriza. Omwoyo Omutukuvu alina otujjakako ekifu ku maaso, Yesu alyoke atubikulirwe tumulabe. Olwo nno kibeera kyangu okumugoberera – nga amaaso gaffe gazibusse ne tulaba obulungi bw'embala ya Katonda.

Naye okubeera omuyigirizwa kyo kyanjawuulo, nga

tonaba kufuuka omuyigirizwa, waliwo ekifu ekirala ekirina okuva ku maaso, ate nga ggwe tosobola kukyejjako. Katonda yeka yasobola okukola kino, naye ku mulundi kuno tulina okweraba nga bwetuli. Katonda alina okutulaga embala yaffe, embala ya Adam essigala naffe newankubadde tumaze okulokoka. Kino nno tekinyuuma, mu butuufu kiruuma nyo.

Kino kyenyini Isaya kyeyayitamu. Yalina okwolesebwa Isaya 6, okwa Mukama ng'atudde ku ntebe empavu eyagulumizibwa mu kitiibwa kye kyona. Bweyamala, naye ne yelaba, nagamba, Ne ndyoka njogera nti Zinsanze! Kubanga nfudde; kubanga ndi muntu wa mimwa egitali mirongoofu. Tewaliyo nkola ndala esobola okusinga eno. Okulaba Katonda mu mazima kwe kwelaba mu mazima. Naye lwakuba eky'ennaku, abantu bo balaba Katonda ow'enjigiriza zabwe. Eky'omukisa omubi, enjigiriza zaffe tezisobola kutalaga mbeera yaffe ey'okwonona. Tetwetaaga kutunyonyola mbala ya Katonda, twetaaga Katonda yenyini.

Peetero yelaba bwafanana, era kyeyalaba teyakyaagala. Yawulira nga mu butufu tasanidde. Naye kino kyenyini Yesu kyeyali ayagala, era olw'ensonga yemu naffe kyagenda okutukola. Omuntu yeka asobola okubeera omuyigirizwa yoyo yeka amaze okwelaba nga bwafanana. Peetero yawulira nga tasanidde kubanga yalaba obwerere bwe, obwonoonyi bwe; naye ate Yesu ye teyalowooza nti Peetero tasanidde. Kirabika nga Yesu eyakisanyuukira Peetero okutegeera nti musajja mwononyi. Yesu kyeyali amugamba kyali nti, "totya Peetero – bulijjo nze mbadde

manyi bw'ofanana. Nkimanyi nti ojja na kunegaana ogambe nti tomanyi nakumanya. Kyenjagala ye ggwe okukitegeera. Naye kakano okuva lw'okimanyi, nsobola bulungi okukozesa. Kakano nsobola okufuula omuvubi wa bantu".

Okugasa Katonda

Peetero bweyali omugoberezi, Yesu yali agaasa nyo Peetero. Yawonya mama wa mukyala we, yamutekka mu buwereeza – naye ye Peetero yali tanafuuka wa mugaaso eri Yesu.

Naye oluvanyuma lwa Yesu okulaga Peetero embeera ye ey'obw'ononyi, era Peetero n'akkiriza nti bwatyo bwafanana, amangu ago Peetero n'afuuka wa mugaaso eri Yesu. Yaleka byona, n'akyuuka okuva mu buvubi bwe by'ennyanja (okunonya ebibye) n'afuuka omuvubi wa bantu (okunonya eby'obwakabaka bwa Katonda). Wano waliwo ennono endala: Katonda agaasa nyo abagoberezi, naye abayigirizwa bagaaso nyo Katonda.

Ekituufu kyenyini ku nkomerero

Lukka 5:11 agamba ekintu ky'ekimu Matayo kyeyagamba mu bumpi: Awo bwe bagobya amaato gaabwe ettale, ne baleka byonna, ne bagenda naye. Ekyewunyiisa, Peetero olw'amala okulaba eky'amagero ky'eby'ennyanja kyali kya kuleka wo eby'ennyanja byonna. Mu kifo ky'okulaba obukulu bwe byetaago bye okugabirirwa, yatwalibwa okufaayo ku mbeera omwoyo ggwe gyegwali mu. Yali

taky'afaayo ku byabugabirizi. Yakilaba, oba nina ebintu, oba silina bintu tekikola njawulo – ndi muntu atasanidde. Yali takyasobola kugoberera Yesu. Naye Yesu bwe y'amuzamu amanyi, n'amanya nti atekeeddwa okuleka byonna, era naleka eky'amagero ekinene ekyaali kigenda omugagawazza, nasalawo okugoberera Yesu.

Omuyigirizwa omutuufu

Buno bwe buyigirizwa obutufu. Okugoberera nga tolese byonna si buyigirizwa. Nyinza atya okutuuka ku kino mu ngigiriza yange? Kyensobola okola kyoka kwe kujuliza Yesu bwey'agamba ku ssomo lino. Olina okwesalirawo oba on'okkiriza mu mazima sitatimenti zino, oba nedda! Matayo 7:24-27, Yesu ayogera olugero, ku nkomerero ey'obubaka obw'okulusozi, obw'okuzimba ennyumba ku lwazzi ne ku musenyu. Batugamba nti Yesu lwe lwazzi kwetuzimba ennyumba, naye wano kino si kitufu n'akatono. Bw'otunulira olugero luno, Yesu atutegeeza bulungi nyo ki olwazzi n'omusenyu kyebitegeeza. Abazimba ku lwazzi bebo abakkiriza obubaka obw'okulusozi ne ba bukola. Abazimba ku musenyu bebo abawulira obubaka obw'okulusozi ne batabukola. Kino kitegeerekeka bulungi nti okukola, so si okukkiriza kye kintu ekisinga obukulu – tuyinza tutya okukakasa nti tukkiriza okujjako nga okukkiriza kwaffe kulabikako mu nga ngeri eteganiika? Tetusobola kwefuula abalina okukkiriza naye nga ate okukkiriza kwaffe tekuteeka mu nkola, nga tekugondeera baibuli byonna by'egamba.

Soma n'obwegendereza sitatimenti za Yesu ezikwaata kubuyigirizwa. Zirowoozeeko, zizitowa okusinga ebigambo byonna byenakogeera.

Abalokole benyinni

Yesu ayogeera mu bubaka obw'okulusozi nti ffe munnyo, nti omunyo si kyekintu kyogenda nga omansa mu bantu bosanze. Bulamu bwaffe obwa sekinoomu. Obulokole obutuufu si biki bye tukkiriza, naye entambula yaffe mu bulamu. Yesu abuyita "buno bwe bulamu", so "si kuno kwekukkiriza". Waliwo abalokole abakkiriza, ne bakikakasiza mu ntambula yabwe. Era waliwo nabo abakkiriza obukkiriza ne bikoma awo kubanga ekyo kyebabayigiriza era kyebalowooza.

Lukka 14:34-35 – Kale omunnyo mulungi, naye n'omunnyo bweguggwaamu ensa, mulizzaamu ki? Tegusaanira nnimiro newakubadde olubungo, bagusuula bweru. Eno sitatimenti ya Yesu kale ezitoowa – nga kinene nnyo bwagamba nti bwetutabeera mu bulamu buno, bwetutabeera munnyo kitufuula abatalina mugaaso, abatasaanira na kubeera mu kasasiiro. Bwetutaaba munnyo tuba tetuliiko kyetugaasa.

Tumaze okulaba ennono zo buddu mu suula ey'okubiri, okugula kw'omuddu. Kyeraaga kyokka nti Mukama waffe omulungi, Katonda tajja tutekaako muggugu gwa kubeera omuyigirizwa okutuusa nga tumaze okutegeera omuwendo. Twetaaga obudde okwetegereeza oba nga tusobola okwesigisa ennaku zaffe zona ez'obulamu ez-

isigadde omwami ono Yesu nga Mukama waffe.

Okusomozebwa kwaffe kuyinza okujja nga wayiseewo emyaka 6, oba emyezi mukanga oba emyaka amakumi abiri, naye nze nkimanyidde ddala nti buli mugoberezi wa Yesu, okuumu ku kuyitiibwa kwe kwa kubeera omuyigirizwa. Isirayiri yalina omukisa gumu gwoka okuyingira mu nsi ensubize, naye Peetero Yesu yamuyiita omulundi ogw'okubiri – kumpi n'eky'amagero kye kimu.

Simanyi kinaba kitya eri ggwe, kubanga obulokole nkolagaana ya Katonda n'omuntu nga kinn'omu. Okyayinza okufuuna emikisa nga kumi, oba gumu gwoka. Kyengamba kye kino nti kijja kubeerera kya busiru ggwe okulowooza mbu olina omukisa ogusoba mu gumu. Nkimanyi bulungi nti ennono tezikyuuka.

Okuzindiibwa

Nze natandikka okugoberera Yesu nga nina emyaka 6, oluvanyuuma lwe myaka abiri mu ena nga ntuuse ku myaka 30, nazindiibwa n'okusomozebwa okw'okuteera ddala obulamu bwange, okugoberera Yesu yonna kyayagala okuntwaala, nga siky'aliina kyenesaliraawo ku ennaku zange zensigaaza munsi. Kino kya ntiisa, kubanga teeri amanyi Yesu gy'agenda kutwala. Oyinza okuba nga ogenda okumugoberera paka mu kufa nga omujulizi, oba olugendo lw'okumugoberera nga lugenda kufuula muntu atamanyiddwa, oba ataliina mikwano, oba abantu okugaana. Oba tokyaliina buyinza ku bulamu

bwo, era amazima ganno abagoberezi abasinga obungi tebasobola okugumikkiriza amazima gano. Nabo bagala okubaako kyebesaliraawo ku by'obulamu bwabwe obwo mu maaso.

Kyova olaba tuliina okugoberera Katonda mu nkolagaana eya kin'omu, tusooke tumanye obuyinza bwe mu bulamu bwaffe, nga tanaaba kutusaaba kutwala ddala lino. Okwanguuwa okusalawo nga tonamanya bulungi Katonda kya busiru era ky'akabi nnyo. Okuva lwe natuuka ku myaka amakumi asatu, sidangaamu kutunula mabega, era olw'ekisa kya Katonda siridaayo kutunula mabega. Obujulizi bwange mu myaka egiyise amakumi abiri buli nti, Katonda musanze nga Mwami mulungi, anjagaliza obulamu obulungi. Newankubadde nga muyiye nenemererwa emirundi mingi, mulabye nga ye mwesigwa, sinafunayo wenvunanira Katonda wonna.

Kiki ekituuka ku bagoberezi?

Okyayinza okuba kati nga webuuza mbu,"waliyo ebika bya balokole byamirundi ebiri, abagoberezi n'abayigirizwa?" Tukirabye bulungi nti obulamu obwo bulokole butambulira mu mitendeera, era kizibu okubutandikka nga omuyigirizwa.

Kakati wano no tuliina okwegyamu endowooza nti Katonda ayagala omutindo gw'obulamu obw'obulokole bwa mirundi ebiri. Tewali kyawandikkibwa kyonna kiwagiira kino, Newankubadde kiri kityo, nze ndaba nga abantu abasinga obungi abagamba nti balokole bagoberezi. Bangi ku bano tebafuunanga budde kugeeza

Katonda, era tebasomozebwanga kuleka bintu byonna; Naye ate nzikkiriza abasinga obu ngi basomozebwa, naye ne bagaana okusasula omuwendo. Oba oli awo okuyitibwa kwabajjira omulundi gumu gwokka, oba mu lukiiko lwa ba misani oba mu kweyawuulako mu kusaba, oba ku kitanda mu dwaliiro, oba oluvanyuuma lw'okufirwa omuntu. Engeeri nnyingi nyo Katonda zakozesa okuyiita abantu, naye nzikkiriza nti mu kiseera ekimu oba ekirala buli mukkiriza ajja kufuuna wakiri omukisa gumu ng'ayitibwa okubeera omuyigirizwa.

Abasigaaddewo boka

Ntebereeza, nefuula nalwoyo oba mbalaata okugamba nti abasinga obungi okuyitibwa bakugaana? Njagala kugamba nti okumanya kino zesigamye ku ndaba yange eyinza okubaamu kyekuubira, naye nsizidde ku kumanya kwange okwa baibuli ne bwesimbu bwe kigambo kya Katonda nenkolagana za Katonda n'abantu.

Bulijjo babeera batono nyo abasigalawo abalaba obulokozi. Nuwa ne nnyumba ye boka bebalokolebwa, ensi yonna amataba bwe gagisanyaawo. Omuwendo gwa balokolebwa kw'abo abazikirira gutiisa. Luuti ne nnyumba ye bebalokolebwa, Katonda bweyazikiriza ebibuga bya Sodoma ne Gomora.

Okyayinza okuwakana ng'ogamba nti abantu bonna Katonda be yazikiriza bali bononyi. Kitufu, naye ne mu bantu ba Katonda bwekityo bwe kiri. Eggwanga lyonna erya Isirayiri banunulibwa okuva e Misiri n'obubonero

n'eby'amagero, nebyewuunyo era ne "bagoberera Katonda mu mazima"; naye ate babiri boka bebayingiira mu nsi ensubize – babiri boka kubantu obukade bubiri! Mu lugero lw'abawala emberera, kitundu ku bo bebayingira ku mbaga ey'obugole, ekitundu ekirala bakigobeera bweru.

Abantu enkumi n'enkumi bagoberera Yesu, naye ate kikumi mu abiri boka be bali mu kisenge ekyawagulu, nga balindiriira nga Yesu bweyali yalagiira. Enkumi n'enkumi beyawonya n'okulisa mu dungu badda wa? Ebibiina eby'ayimba "ozana" Yesu nga ayingiira mu Yerusalemi nga balowooza nti agenda kufuuka Kabaka wabwe byaddawa?Kankubulire, bali banonya omulokozi agenda okufuula obulamu bwabwe obwangu, abakolere eby'amagero, abalise emmere, naye okugoberera omusajja kumusalaba – ogwo gwali muwendo munene nnyo.

Ekitundu 1

gdmfy,f,fu,ufjkku,tu,

Tebikyaaliwo
Nkaba bwengamba nti kimala
Sikyasobola kukigumikkiriza eky'okuswaala
Amaaso gange tegakyaalaba bulungi eby'ebweru
Galaba Munda yanga
Neraba nga bwenfanana
Kizikiza
Ekibi

Omubiri gwange tegukyaayinza n'akuyimirira
Amavivi gefunyiiza olw'okuzitowererwa
Omubiri gugalamidde wansi
Tegulina bulamu
Gusirise

Naye oba kino kiki ekiri mu kyenyi kyange
Mpulira amatondo agayiika
Nfuuba okukyuusa omutwe gwange
Ntunulira ekifananyi ekirungi
Eky'emikono egitonya omusayi n'ebigere ebirimu ebiwundu
Era okuva mu mbiriizi ze omuga gukulukuta
Guumbika
N'okusingaawo
Omutima n'omwoyo gwange bitukuzibwa

Tewakyaali kuddamu kutya kuswaala n'okuwuulira okwesaliira omusango
Omutima gwange nga guwewuse
Omwoyo gwange gwa ddembe

Naye ate nga nkyaali muddu
Okumuwereeza n'okusinga bwekyali kibadde

Maurice Barratt

Essula 4

Ennono

Waliwo omuwendo munene ogw'okusasula eri omuntu ayagala okubeera omuyigirizwa, era twetaaga okusooka okwekenenya omuwendo guno nga tetunasalawo kutambulira mu kkubo ligendo kukyuusiza ddala obulamu bwaffe. Njagala tutunulire bulungi omuwendo guno, Yesu yatutekeraawo obukwakulizo obulambulukufu.

Ebiragiro ebyewuunyisa

Mu Matayo 16:16 Tusoma nti Peetero yafuuna okubikulirwa nti Yesu ye Kristo, omwana wa Katonda omulamu. Yesu agamba nti, kino Peetero teyakituukako ku bubwe, nti naye Katonda ekyama kino yeyakimubiku-

lira. Kakano okuva Peetero n'abayigirizwa abalala bwe bamanya ekyama kino, kyali ky'amagezi okulowooza nti Yesu yali agenda kubatuumirawo okusasanya amawulire amalungi, nga Kristo ggwe bali balindirira bw'atuuse. Kakano n'obuyinza n'obuvumu bali basobola okulangirira okubikulirwa kuno mu nsi.

Naye, mu lunyiriri olwa 20, Yesu n'ayogeera ate eky'engeri. Yesu awo nakuutira abayigirizwa baleme okubuulirako omuntu nti Ye Kristo. Lwaki Yesu awa abayigirizwa ekiragiro kino ekyewunyisa? Lwaki ate yayagala amazima gano okukwekebwa? Ekyama kiri mu Matayo 16:21: *Yesu n'asookera awo okubuulira abayigirizwa be nti kimugwanira okugenda e Yerusalemi, okubonyabonyezebwa enyo,…n'okuttibwa.*

Okukyuuka kwo buwereeza

Bwosoma ebyadirira mu njiri ya Matayo , ojja kulaba nga okuva mu kiseera kino, obuwereeza bwa Yesu bwakyuukira dala. Okujjako mu kifo kimu weyawonya omulenzi abayigirizwa gwe bali balemeddwa, teyadamu kuwonya bantu. Kakano Yesu yatandikka okwetegeka n'okutegeka abayigirizwa be okutukkiriza ekigendererwa ekyamuleeta mu nsi, ekyali okubonabona, okufirira ebibi byaffe, n'okuzuukizibwa. Eno y'ensonga entufu eyaleeta Yesu ku nsi. Eby'amagero n'okuwonya byali bya kulaga mbala ya Kitaawe – ey'okwagala, ekisa, n'okusasira. Eby'amagero tebyali bya kwoleeka manyi ga Yesu, oba kakasa nti Yesu ye yali Kristo. Singa bwekyali, Yesu mu butufu aba yalemererwa, kubanga abantu te-

bamukkiriza; yakomererwa nga omuvoozi.

Peetero enkyuukakyuuka eno mu buwereeza bwa Yesu teyagitegeera. Nga era bwekili mu balokole abangi aba leero, ne Peetero yali anonya obwakabaka obw'amangu ago okulabisibwa ku nsi. N'olw'ekyo Yesu yalina okubbogelera Peetero. Yakozeesa ebigambo bye bimu byennyini byeyagamba sitaani mu kukemebwa kwo mu dungu – Vaawo genda, setaani. Lwaki ebigambo eby'amannyi bwe bityo? Kyali nti kubanga Yesu bali bamwagaliza obwakabaka bwensi mbagirawo, nga tanagenda ku musalaba. Eno ye njigiriza y'emu eya leero "ey'obwakabak bujje mu kiseera kino". Enjigiriza eno ekulembeza obwakabaka nga omusalaba tegunaba kuja. Peetero yali tayagala Yesu kugenda ku musalaba, kubanga yali ayagala obwakabaka obw'embagirawo, awatali kusooka kubonabona oba kuyita mu bizibu. Nzikkiriza nti enjogeera "Awatali musalaba, tewabeera nguule" njogeera ntuufu etava ku mulembe.

Amaddala gano asatu mangu

Yesu, nga amaze okulaga obulungi ekkubo ly'atekkeddwa okuyitamu, akyogeera kati nti lino ekkubo n'abayigirizwa lyebaliina okukwaata. Matayo 16:24, Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti omuntu bw'ayagala okujja ennyuuma wange, yeefirize yekka, yeetikke omusalaba gwe, angoberere. Ebiragiro ebyangu bisatu – ate nga bino byebimu ku bigambo ebisinga obuzibu Yesu byeyayogeera, era twagala okuby'ekenenya obulungi. Gano amaddala asatu gegalimu ebyama byonna ebifuga obulamu bwe bulokole.

Bw'osooka okwekenenya, olaba nga Yesu sitatimenti zino teyazisengekka mu ngeri entuufu nga bwezirina okuddingaana. Mu butuufu okugoberera kwekuyina okubeera eddala erisooka, olwo no nga tumaze okubaako wetutuuse mu gugoberera, tulyoke tulabe oba tusobola okulowooza kukubako byeetwefiriza. Omusalaba gutiisa nyo era abalokole bangi gwe bagala okusembyaayo ku lukalala, n'okusaba nti gubeere wala nga bwekisoboka.

Tumanyi nga Yesu yali muyigiriza wanjawulo nyo, kakano yali alubirira ki okutulaga obulamu bw'omuyigirizwa mu mitendeera gino? Atekwa okuba nga yali ategeeza nti okujjako nga tweefiriza fekka, ne tweetikka omusalaba, eky'amazima tuba tetunagoberera Yesu. Oba oli awo tuba tugoberera kanisa zaffe, oba njigiriza zaffe, oba ndowooza, oba abasumba baffe, naye tuba tulimba okulowooza nti tugoberera Yesu. Okugoberera mu kubeera nga tumaze okutukkiriza obukwakuliza obw'okweefiriza fekka, n'okweetikka omusalaba.

Nzikkiriza nti sitatimenti zino esatu zikwaata ku bintu bisatu byetumanyi obulungi mu bulamu bwaffe. Ebintu ebisatu ebisinga okutuziyiza mu bulamu bwe kilokole: ensi, omubiri, ne sitaani. Nzikkiriza nti okweefiririza fekka ye ngeri y'okoleganamu n'ensi, okweettika omusalaba ye ngeri y'okukoleganamu n'omubiri(ekikula kyaffe ekya Adamu),ate okugoberera Yesu, ye ngeri y'okukoleganamu ne sitaani. Kasita tumala okukolegana n'ensi, n'omubiri,ne tubiwanguula olwo lwoka no, tuba butereevu tumaze okufuuna amanyi ku sitaani.

Okumalawo ebikolwa bya setaani

Mu Yokaana 3:8 Atugamba, Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya setaani. Ebikolwa bya setaani bye biriwa? Ebyo ebikontana n'emirimu gya Katonda. Emirimu gya Katonda gye kiriwa? Kwe kufuula abantu abatukuvu. Omulimu gwa setaani kukontana n'ekyo, okuleteera abantu okujeemera Katonda bafuuke nga setaani, babeere abatali batukuvu. Okuzikiriza emirimu gya setaani, kwe kujjawo embeera ey'obujjemu okukomyaawo abantu mu mbeera ey'okutabagana n'okugondeera Katonda, embala zifuuke nga emala ya Katonda. Kino ky'ekigendererwa ekye kanisa ekikulu, okufuula abantu abayigirizwa.

Bwetuba nga tetunaba okuva mu nsi, era ekikula kyaffe nga tekinaaba kolebwakko-okweetikka omusalaba, mu butuufa tusobola tutya okufuuka abatukuvu? Okuzikiriza emirimu gya setaani kye kitundu eky'okusatu era ekisembayo. Okola kino, twetaaga embala ya Kristo, si manyi ga Kristo gokka, kubanga setaani tatya manyi – kasita gabeera nga tegatambulira wamu nabutukuvu. Asobola bulungi naye okulaga amanyi n'ebirabo byonna, naye tasobola kubeera mutukuvu oba kulaga mbala ya Kristo.

Essuula 5

Weegaane obulamu bwo

Okweegaana obulamu bwo tekikwaata ku kibi n'akatono. Eri abalokola bonna, omusayi gwa Yesu ogujaawo ebibi gwamala okusasuula buli banja lyona ery'ekibi, era nga n'amateeka ge Bungereeza bwe gagamba – bwomenya amateeka okisasulira omulundi gumu gwoka. Yesu yasasuula ebbanja ery'ekibi kyaffe mu bulambalamba, era kakano tulina obutukirivu bwa Kristo, so si obutukirivu obwaffe kubwaffe. Tewali kintu kyona kiyinza kakano tufuula abatatukiridde bulungi oba abatukirivu enyo okwawukana ku mbeera gyetutambuliramu wansi w'omusayi gwa Yesu. Era obutukirivu bwaffe mu Kristo tebukyuusibwa mbeera oba obunafu bwaffe. Mbeera eyolubelera. Okufa kwa Yesu mutango ogwatukirira.

Naye nkakasa nti buli mulokole owazima akkiriza nti ayongeera okwonona newankubadde nga Yesu yamusasulira omutango gwe kibi. Obutukirivu bwebubulako wadde n'akatono kuba kubeera mu

kibi. Enjawulo eri nti kakano ebibi byaffe tuba tebakyabitubalira. Nga Pawulo bwagamba mu Abaruumi 8:1, Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatatambulira mu mubiri naye mu mwoyo. Ate mu Abakkolosaayi 1:21 ne 22, Pawulo agamba, naye kaakano yabatabaganyisa mu mubiri ogw'ennyama ye olw'okufa, okubanjula abatukuvu, abataliiko mabala abatanenyezebwa mu maaso ge. Nga Martin Lurther bweyagamba, bulijjo tuli bononyi, bulijjo tutukuzibwa. Kanjogeera okuva mu byempiseemu, era kansubire nti naawe era ebiyiseemu. Ekintu kyensinga obutayagala kwe kwonona, naye ate nange nzikkiriza wamu ne Pawulo nti, kyanjagala okola si kyenkola. Njagala nyo okubeera nga Omulokozi wange, nga ndi mutukirivu mu buli ngeri yonna, naye mu buliwo nyonona buli lunaku olw'ekikula kyange ekya Adam. N'olwekyo, okweegaana ekibi si kweegaana bulamu gyendi. Lye ssanyu lyange!

Okugaana ebintu ebitali bibi

Okweeffiriza oba okweegaana obulamu kiteegeeza ekintu kimu. Kiteegeeza okugaana obulamu bwange ebintu byenjagala okukola, amasanyu agatali ga kibi, ebintu ebitali bya kwonona. Kyova Yesu n'abayigirizwa bayogeera nyo ku nsi, n'obulabe bw'ensi.

Twetaaga wano okumanya nti baibuli bweyogeera "ku nsi", tetegeeza nsi Katonda gyeyatonda erabiika. Ensi ya Mukama n'okujjula kwaayo, naye Katonda w'omulembe guno ye Katonda w'ensi, Setaani! Obutafanana ensi Katonda gye yatonda, ensi baibuli gyeyita omulabe

terabikka na maaso. Nkola ya mwoyo, ndowooza. Erimu eby'obusubuzi, eby'obuwangwa, ebyobufuzi, n'amadini.

Mu 2 Abakkolinso 4:4 Pawulo agamba, katonda ow'emirembe gino be yaziba amaaso g'amagezi gaabwe. Ono si mulala, wabuli setaani. Ensi eno gyetulimu, okuva Adamu lweyayonona, tedangaayo kubeera ya mulala atali setaani, era teridamu kuba ya mulala atali setaani. Embeera eno terikyuuka okutuusa nga obu nnabbi mu Okubikulirwa 11:15 *bumaze okutukirira, obwakabaka bw'ensi bufuuse bwa Mukama waffe, era bwa Kristo we.*

Bwetutunulira ebyawandikibwa bino ebikwaata kunsi, tulaba bulungi nti, nga abalokole tulina okweegaana obulamu bwaffe, tweyawuule ku nsi.

Matayo 16:26 – *Kubanga omuntu kulimugasa kutya okulya ensi yonna, naye ng'afiiriddwa obulamu bwe? (Kino ekyawandikibwa si bubaka eri batali balokole, Yesu ebigambo bino yabigamba bayigirizwa.)*

Makko 4:19 – *awo emitawaana gy'ensi n'obulimba bw'obugagga, n'okwegomba kw'ebirala byonna bwe biyingira bizisa ekigambo, ne kitabala. Kino kyawandikkibwa ekirala Yesu kyeyagamba abantu abaali bamaze okufuuna ekigambo.*

Yakobo 4:4 – *Mmwe abakazi abenzi tumumanyi ng'omukwano gwensi bwe bulabe bwa Katonda? Na kino ekigamba bakigamba balokole.*

1 Yokaana 2:15-16 – *Temwagalanga nsi newankubadde ebiri munsi. Omuntu yenna bw'ayagala ensi, okwagala kwa kitaffe tekuba mu ye. 16 kubanga buli ekiri munsi, okwegomba kw'omubiri n'okwegomba kw'amaaso, n'okwegulumiza kw'obulamu okutaliimu, tebiva eri kitaffe, naye biva eri ensi. Era na buno obubabaka babugamba balokole.*

Okuleeka ensi

Kyangu abalokole okwogeera nti si ba nsi eno, naye kino kirabika kitya mu ntambula yaffe eyabulijjo; ku mulimu, oba ewaka? E Kanisa sigiitunulidde, kubanga ku kanisa buli muntu yewombeeka. Obulamu bwaffe obw'obulokole y'engeri gyetweyisa n'okutambuzamu obulamu ebweru we kanisa, si ngeri jebatulaba mu kanisa. Ndi omulokole awedde emirimu nga mukyala wanga andetedde okuvaako waya, bwenimba mukama wange nti ndi mulwadde ngende nkole ku byange ebirala, oba bwendowooza ku mukazi omulala nga tuli mu kusinza mu kanisa. Obulokole kyekyo kyendi kyenyini, nga engeri Katonda jandabamu. Obulokole si ekyo kyenzikkiriza nti kyendi, oba kyenjatula mbu kyendi. Obulokole mutima gwa muntu, bwekitaba kityo diini ya bulimba, era tebulina mugaaso.

Bangi ku balokole tukkiriza nti okuleeka ensi tubeere mu biggo nga aba patiri, si Yesu kye yali agamba abagoberezi be. Yatugamba nti tubeere mu nsi, naye nga tetuli ba nsi. Naye tuleme kusalira bantu abo abaduuka ensi okubeera mu biggo omusango. Okujjako nga tusobola bulungi naffe okubeera mu biggo, abantu abo tubaleeke,

kubanga baliina obuvumu n'obumalirivu obutasangika okutambulira ku ekyo kyebakkiriza.

Ensi okutuleeka

Yesu yakyogeera kati nti ensi ya setaani, era tetuliina kwagala ensi. Okwagala ensi kutambuliira mu bwenzi – ekigambo ekinene enyo. Katugambe bwetuti; bwetubw twagala okubeera abayigirizwa, ensi elina okutuleeka, oba tuliina okuleeka ensi.

Okuwandikka kwa Kaloli ne Yokaana Wesley kujjudde omulamwa guno. Bano aboluganda ababiri bawubwa, oba endaba yabwe teliina kifo mu kaseera kano? Eky'amazima emirandiira gy'abalokole aba pentekote gyava mu mulembe gwa ba Wesley.

Abantu baffe kyebetaaga leero, si by'amagero byebatalabangaako, oba ababulizzi abamanyi(abatutumufu), naye abasajja ba Katonda abatukuvu – abasajja nga Pawulo ababala byonna nga obutalimu, olw'okumanya n'okufuuna Kristo. Tewabeerangawo, era tewalibaawo kkubo ddala eri leeta okudda obuggya.

Katulabeko ku zimu ku nnyimba za ba Wesley bano ezitakyaawulikika.

Kawabuleewo ekyawuula mu mutima gwange
Okuva lwe nakomererwa Naawe
Nembeera omulamu mu Katonda mu Ggwe
Nenfa eri ensi n'ebifannanyi byayo

Eri okwenyumiriza kw'ensi n'amasanyu gaayo
Yesu beera ekitibwa kyange

Omuliro oguloongoosa yita mu mutima gwange
Leeta ekitangaala mu meme yange
Sasaanya obulamu bwo mu buli kitundu kyonna
Otukuze buli wantu

Tukimanyi bulungi nti buli muntu abeera mu kiggo, oba eyeyawuulira mu kifo ekirala kyonna, aba aleese ensi; naye kizibu okumanya oba ensi nayo emulese. Kyangu nyo okulimbibwa. Tuyinza tutya okukimanya, oba okukakasa, nti ensi etulese? Yesu yagamba nga tanaba kukomererwa, Omulangira w'ensi wuuyo ajja, naye tainaamu kintu. Kiki Yesu kye yali ategeeza? Kye kino: nti tewali kitundu na kimu mu Yesu ekyali kyagala setaani by'agaba. Baibuli egamba mu Yakobo 1:13-14 nti kubanga Katonda takema muntu yenna…naye buli muntu akemebwa, ng'awalulwa okw'egomba kwe ye. Kakaano singa okwegomba kwaffe kuba kulungi, tetuyinza nakukemebwa.

Wano waliwo ekigeezo kyetwetaaga okulaba. Ekintu kyonna kyetutayinza kubeerawo nga tekiriiwo – kiba kitulinakko amanyi, era bwekiba kitulinakko, ekyo kiba kitegeeza nti tetunaaba kuba ba ddembe. Bwooba owulira nga tosobola kubeerawo nga tolina sente, nga tolina motokayo, mwami wo, mukyala wo, obulamu bwo, kyonna ky'oyagala enyo – tolina ddembe! Katwejukanye nti okweegaana obulamu kikwaata ne ku kweffiriiza ebintu ebitali bibi. Tewali n'omu ayinza okugamba nti,

omukyala, oba omwami, oba e motoka, oba omuzanyo gw'oyagala nti ebintu ebyo bibi. Naye tuleme okwerabira Yesu kyeyagamba, nti buli muntu ateffiiriza naleka byonna byalina, tayinza kubeera muyigirizwa wange.

Okuyita mu by'afaayo bye kanisa mu buli mulembe, abalokole bangi endowooza eno bagisanze mu obuzibu bwa manyi, era kyebakola kwe kubuusa amaaso ebigambo bino, oba okubisuusa webyandikomye. Eby'okulabiraako bino ebibiri ebidirira bijja kujjaayo bulungi ensonga yange.

TV.

Telefayina lwezasooka okulagibwa abantu, abawereeza bangi bazituuma "ebifananyi bya ggeyena". Naye ate abawereeza be baamu abo olwa leero balina Tv. Mu nnyumba zabwe. Baali batuufu okusooka okuzigaana, oba kaakano bagwa, oba kaakana bali ku kituufu, nga luli bali bawabye nga ensonga bagikuliriza nyo? Tulina okubeera abegendereeza obutekubira; buli luuyi lukyaamu. Tv. Kintu ekiri wakati awo, naye obubaka bwaayo bwo buliko eluuyi. T.v. yo simbi n'akatono. Ekibi bebo abakola ku pulogulamu za tv. Oyinza okukozesa tv. Okubulira enjiri. Tv. Etiisiza nyo abantu baffe, amafuta ga tv. Gakuute ne ku makanisa mu ngeeri etali yabulungi.

Ndowooza nti olina okubeera omulokole ow'amanyi okuba ne tv. Mu nnyumba n'otakyuusibwa tv. Kubanga endowooza y'ensi yefuuga tv. Obukadde n'obukadde bw'ensimbi zebateeka mu kulanga ebirango kikakasa

bulungi nti okulanga ekintu ky'ekimu, oba enkola y'emu, oba omusono gwegumu buli lunaku kikyuusa endowooza yaffe oba twagala oba tetwagala. Okuba munsi naye nga ate tetuli bansi sikyangu. Kizibu nyo okubeera ne tv. naye nga ate tv. tekwaata ku bulamu bwo.

Ensimbi

Ensimbi kyakubirako ekirala ekirungi eky'ennono eno.

Ensimbi maanyi agali mu kika ekirala. Bayibuli eyita ensimbi mammona atali mutukirivu, ekintu ekibi. Omuyigirizwa ye omuntu asobola okwambula ensimbi amaanyi gaazo, naziifuula okuba nga si mbi ate si nnungi – nga asobola okuzikozesa ku lw'obwakabaka bwa Katonda. Olwo ensimbi zino ziba tezirina manyi ku muntu ono. Tezesigaamakko kumuwa kumatiira, obukumi, oba obulamu. Mussanyuufu bwaba azirina ate era mussanyuufu ne bwaba nga tazilina. Obukumi bwe buva wa Katonda yekka. Mu bubaka Yesu bweyabulira ku lusozi yagamba, kale temweraliikiriranga nga mwogera nti Tulirya ki? Oba tulinywa ki? Oba tulimbala ki? Weteegereze kyeyagamba, "temweraliikirira". Temukkiriza bintu kuba n'amanyi ku bulamu bwamwe.

Kituufu Yesu yalina Yuda nga omuwanika we "ey'akwaatanga ensawo", naye kindabikira ensimbi tezalinga za bya kulya na kubeerawo kwa Yesu n'abayigirizwa be (kyangu okwerabira nti abasajja abayala ekumi n'ababiri emmere balya ewerako). Nzikkiriza nti Yesu yesigama ku Katonda olw'ebyetaago byabwe,

era tumanyi nga Katonda yakwaata ku bakazi abagagga okusisinkana ebyetaago byabwe.

Ensimbi ezo musolo? Tebazirina. Bali betaaga eky'amagero. Yesu yalina ensawo ey'ebyetaago bya bantu abalala. Ensawo yali yakuliisa baavu. Yuda omuluvu yayogeera kiki ku mafuta ga Maria ag'omuwendo omungi? Teyagamba "ensimbi zino zandibadde zitwambazza n'okutuliisa okumala ebanga". Wabula yagamba, lwakki amafuta tebagatunda ensimbi ne baziwa abaavu? Yuda yamanya ensonga lwakki baliina ensimbi nakki eky'okuzikozesa.

Yesu yali tafaayo ku by'ensimbi kyeyava akwasa ne Yuda gweyamanya okuva ku luberyeberye nga mubbi obuwanika. Ekimu ku biragiro Yesu byeyaawa abayigirizwa nga abatuma okubulira mu Matayo 10, yabalagira obutatwaala nsimbi. Ekintu ekirabika okuba nga kyali kya kyamutawana nyo, ekitali kyabuvunanyiizibwa, lwakuba ensi yamanyiira okukuliriza enyo ensimbi, omuzze gwetwetaaga okulwanyisa okusobola ogwekutulakko.

Tewali n'omu aleeka Misiri awatali lutalo

Abakugu mu baibuli abasinga bakikkiriza nti Misiri mu byawandikibwa kikikirira ensi. Misiri kyamweetagisa kawumpuli namuzisa wa bika kumi bilamba okutuuka okukkiriza abantu ba Katonda okugenda; era tewali njawulo ne bulamu bwaffe olwa leero mu nkola eno ey'ensi. Ensi temaala gatuleeka. Ebikweyinuuza

nga omulokole bwebiba nga bye bimu bebyeyinuuza ab'ensi, ndaba nga kizibu nyo okumaatiza nti obulokole bwo busiingaawo ku birowoozo byo ebiri mu bwongo. Okugamba nti owereeza Katonda omulamu eyatonda ebintu byonna, nti era oyo ye Taata wo; okugamba nti oli mugwiira, era amaka go kati gali mu ggulu, kyangu nyo. Naye ekyo kiba kuvuma na kuvoola njigiriza ya Yesu n'abatume bwoba nga entambula yo siyanjawulo.

Eky'amazima kye kino, abalokole abasinga tebakkiririza mu ggulu. Ekintu kyebasembaayo okwagala kya kuva mu bulamu obw'ensi eno. Obulamu bw'ensi bubanyuumira nyo, ate n'eby'obuggaga bwabwe biri bulungi wano kunsi, so si mu ggulu n'akatono. Nsobola n'okwogeera ku by'obufuuzi, emisono, ebinyumu, emizanyo ne bintu ebirala bingi, abalokole mu bagoberera endowooza n'enkola y'ensi, era nga tebamanyi nga mu kukola bwebati bulijjo babeera "beterekeera byabuggaga kunsi", ekintu Yesu kyeyatugaana okukola.

Ebyafaayo bilaga nga ekanisa bulijjo emaliriiza nga eyingiiza endowooza n'enkola ey'ensi. Mu biseera by'obwakabaka, ekanisa ewagiira bwakabaka, mu biseera bya gavumenti eza demokulasi, ekanisa ewagiira demokulasi, nentambula ye kanisa nayo n'etandikka okutambulira nga gy'obeera eno ye enkola Katonda gye yalonda okutambulizako amakanisa. Ekizimbulukusa kitono kyonona ekitole kyonna, omunyo gwanguuwa okugwaamu ensa, okwononeka ne kuyingiira wo mangu nyo.

Obulokole obutuufu tebweyingiiza mu byabufuzi,

abalokole batekeddwa okubeera nga bateeka ku bunkenke, nga batiisa enkola yonna eyeby'obufuzi. Amazima gali nti, obwakabaka bwa Katonda kye ky'okwanukula ekituufu eri enkola yonna setaani Katonda w'ensi eno gyaliina.

Okuyiganyiizibwa oba okwefananyiriza

Ebyafaayo bilaga nti ekanisa eyasooka, AbaRuumi bagitunuulira nga amanyi agabawakanya, agatisa enkola yabwe ey'eby'obufuzi ne mbeera za bantu ba bulijjo, era bwebatyo nebabayiganya. Okuyiganyiziwa kwakoma ku lunaku Empura Konsitantini lweyakkiriza obukristaayo/obulokole nga eddini oba enzikkiriza ye ggwanga bwakabaka bwonna obw'abaRuumi; ekikolwa ekyaleteera ekanisa okudda emabega emyaka lukumi, nga kw'otadde n'ebyafaayo bingi ebikyaamu. Kino ekitundu bakyogeerako era bakiyiita emyaka egy'ekizikiza (dark ages).

Ekintu ky'ekimu kyenyinni ekijja okuddamu okubawo singa ekanisa eddamu n'efuuga enkola ne gavumenti z'ensi, nga bangi ku ba nnabi n'abasumba bwebagala ekanisa ebere – nga mu by'obufuzi yefuuga, nga efuuga mu by'obuwangwa, mu by'enjigiriza n'ebirala, nga gy'obeera nti gano amanyi g'ensi olina engeri gy'oyinza "okuganunulamu". Eky'okuggatta ekanisa n'eby'obufuzi jjebinagweera nga ekanisa efunye amanyi ag'eby'obufuzi, nga ne banabyabufuzi bafunye amanyi age ddini – ekintu ekiwakanyiiza ddala Yesu bye yayigiriza. Ntunuliira ensobi ennene ezakolebwa mu byafaayo bye kanisa ne

ngamba, Katonda akigaane okuddamu okubaawo.
Tuli munsi, naye tetuli bansi, n'olwekyo tuliina okulowooza n'okweyiisa mu ngeri eyawuukaana ku nsi – nga tununulibwa okuva mu maanyi gonna agafuuga ensi. Amaanyi agakola munsi gatekwa okuba nga tegatulinaako kakwate, wadde okututiisa mu ngeri yonna, ffe tuliina okugatiisa.

Obulokole obutuufu

Bwetwetegereeza bulungi enjigiriza ya Yesu, tutegeera bulungi biki Yesu by'asubira mu bayigirizwa be. Buuno bwe bulokole obutuufu. Oba kale lwaki kino kikalubirira abantu abangi? Yesu emirundi mingi yayogeera ebigambo nga, ekikoligo ekyange kyangu, n'omugugu gwange guwewuka… Sajja kusalira ensi omusango, naye kubawa obulamu obutagwaawo. Lwaki abantu bawaba? Balaba okusomooza kw'omusalaba nga obulamu obutasoboka, era obutayinziika mu mulembe ogwa leero, oba banyweeza "enyukuuta" ey'amateeka ne bafuuka abananfuusi abawedde emirimu – banadini abasinga okubeera abanakuwavu.

Nze ndaba nga abantu abo bombi bawaba kubanga tebategeera mitendeera. Bafirwa essanyu eriva mu butukuvu obutali bwa kufuba bufubi. Mu essula ezidaako nsubira nti nsobola okubakakasa nti enkola eno nyangu nyo, ate tugisobola bulungi, era tetuliina nakutya nkola eno.

Essuula 6

Weetiike omusalaba gwo

Ekibiina kyonna bali bayimba oluyimba "Yogeera Mukama wange, yogeera nange, yogeera, nange nayanguuwa okwanukula Mukama" – Era Katonda nayogeera. Edobozi lye ne libbwatuukira mu kanisa we nali ntuuda n'ekibina kya bantu ba Katonda okuva mu gulu. Amavivi negankakana, edobozi lya Mukama lyali ly'amaanyi nyo. Nagamba, "Mugende ku lusozi, mweyawule era mwetukuze." Katonda yali ayogedde, era nakimanya nti naliina okugonda. Omubiri gwange gwayimukiraawo negufuluma ekanisa negutambula okutuuka ku lusozi. Omubiri gwange nga gutambula, omwoyo gwange gwagweyawulako akaseera nentunula mu kanisa mu kifo we nali nvudde. Nali nsubira okulaba n'ekibina kyonna bwetwali nga nabo banguwa okugenda ku lusozi. Newuunya nyo, kubanga tewali n'omu ku bo eyali awulidde edobozi lya Katonda, bwewabawo, yali tayanukuude. Edobozi lyali lya

maanyi nyo, naye nga ate tewall mulala aliwulidde. Bwenatuuka wansi ku lusozi nentunula wagulu. "Mukama," nemubuuza, "kino kyetagisa , kindabikira nga okwonona ebiseera? Bweneyongeera ne ngenda wagulu ku lusozi, era ndaba njakumala nkomewo wansi." Katonda yali ayogedde era nga ntidde nyo obutamugondeera, era bwentyo neneyongeera wagulu ku luuyi olumu olw'olusozi. Mu kusooka, nalaba wali wafanana bulungi, naye mangu nyo ngenda okulaba atenga ndaba olwazzi, olwayuzayuza obubi engatto zange nga sikyasobola nakuzaambala. Ekiro kyatuuka, nenoonya ekifo awokwebaka, naye nga tewali kitanda wadde akato kenyinza okwesigamako. Era omwoyo gwange neguddamu okuva mu mubiri gwange, nga nkyali wagulu, naddamu okutunula emabega mu kanisa mu kifo wenali nvudde, nalaba abantu nga bava mu kanisa badayo ewaka mu mayumba gabwe amalungi, mu buliri bwabwe obulimu emito egigonda, kyenava ngamba, "Mukama, kino kyendikko naye dala kyetagisa?" Naye Katonda yali ayogedde era naliina okumugondeera.

Bwenazukuka ku makya, enjala yali enuuma nyo. Neyongeera okulinya wagulu ku lusozi era nensanga nga tewali mmere. Nga kirabika nga ali mu kusiiba olw'okubulwa emmere. Omwoyoi gwange gwaddamu nate okuleeka omubiri, nagenda okulaba nga abantu bali mu kulya nga bawomerwa n'okunywa, nga bali ku mikolo gya kwanjula n'okuwasa, nendaba nga byendeese emabega makula merere. Nadamu okumubuuza, "Mukama, naye dala kinetagisa okubeera wano ku lusozi?" Naye Katonda yali

ayogedde era nga nina okumugondeera. Oluvanyuuma natuuka wagulu ku ntiko y'olusozi, naye nali sitegekedde ebyo ebyadirira. Kino kyali kigeezo eky'okugonda ekyali kisinga obunene. Omubiri gwange gwakirwanyiisa nyo, "Mukama, kino kyetagisa?" Mu maaso gange nalaba ejinja erinyoogooga, ekyoto eky'okuweerako ssaddaaka, ne kiso ekikozesebwa okutta sadaka. Nawuliira nga njagala nyo okubivaako mu kiseera kino, naye nali nvudde wala nyo okuda emabega, era nali ndowooza nti okujeemera Katonda kyali kibi nyo n'okusinga okufa. Ekyawandikibwa ekiri mu Baruumi 12:1 kyanziijira, Kyenvudde mbeegayirira ab'oluganda, olw'okusasira kwa Katonda , okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu… kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi. Bwentyo nengalamiira ku lwazzi nenefumita ekiso mu mubiri gwange. Bwenakola kino, ekiwandikibwa ekirala nekinzijiira mu Matayo 16:25 Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza: na buli alibuza obulamu bwe ku lwange alibulaba. Nagenda okulaba nga omwoyo gwange gudaamu okuva mu mubiri gwange, ku mulundi guno tegwaakomawo, omubiri gwali gufuudde. Kakano nail nfuuse wa dembe ddala, omubiri gwe gwali guyise mu kubonabona kuno kwonna, enjala, okulumwa n'okufa, so si mwoyo. Kunkomerero nasumululwa nsobole okudaayo wansi ku lusozi okukola okwagala kwa Katonda awatali kinziyiza kyona.

Joanna Barratt

Kakano katutunulire akakwakulizo namba biri Yesu kawa omuntu yenna ayagala okubeera omuyigirizwa: Weetiike omusalaba gwo. Akakwakulizo namba emu, weegaane obulamu bwo, kakwaata ku bulamu bwaffe mu nsi, naye nga ate tetuli bansi; bulamu bwaffe bwetutambuliramu. Naye akakwakulizo kano namba biri kanjawuulo nyo. Kakwaata ku bulamu bwaffe obwo muntu womunda, obulamu obw'ekyama.

Omusalaba omukyaamu

Bulijjo kyenewuunyisa okulaba embeera abalokole zebayita omusalaba gwabwe. Kankuweeyo embeera eziimu; kyemaanyi nti naawe ziri embeera eziyiseemu:

Endwadde eggaanye okuwona, si nsonga dagala kika ki, n'essala z'osabye. Mu kugwaamu amaanyi omuntu agamba, "nina okugigumikiriza. Guno gwe musalaba gwange."

Omuntu eyafumbirwa omwami atali mulokole. Omusumba we n'emikwano gye basabye omusajja akyuuke naye nga busa. Nebasiba nebasaba nebamaliriza nga tebamaanyi kirala kyakukola, ne bamaliriza nga bagamba," guno gwe musalaba gwange. Nkikakasa buli mulokole alinayo omusalaba ggwe".

Ndowooza embeera ey'okumulimu abalokole bangi mwe basingira okulaba "omusalaba" mu bulamu bwabwe. "Bagamba, mukama wange tanjagala olw'okubanga ndi mulokole. Bulijjo aba aninze okukola ensobi alyoke anyimukireko. Nsabye Katonda anfunire

omulimu omulala, musabye oba sikyo mukama wange bamukyuuse; naye tewali kikyuuse ffembi tukyaaliwo. Ndowooza guno gwe musalaba ggwange okunkuuma nga ndi muwombeefu".

Bino bya bulijjo

Zino embeera zetuyiita omusalaba gwaffe mangu nyo njagala tugiira tuziiza ku mabali. Eby'okulabirako bino byonna mbeera ezikwaata ku bulamu bwaffe obwa wabweru bwetwagala okukyuusa. Sigamba nti embeera zino nnungi, oba okuzikyuusa tekyetaagisa; kyenjagala okukakasa kye kino, zino embeera embi teziriina wezikwaataganira na musalaba gwaffe. Ngenda kukuwa ensonga biri okuwagira ensonga sitatimenti yange. Ensonga esooka: bwekiba nga embeera zino eze wabweru gwe omusalaba gwaffe, olwoono, buli muntu abeera munsi aliina mu kiseera ekimu oba ekirala aliina omusalaba ggwe yetiise mu bulamu bwe. Kubanga, Pawulo yagamba mu 1 Abakkolinso 10:13, nti embeera ezo zabulijjo eri abantu.

Ebintu ebituuka ku batali balokole, era n'abalokole bibabaako. Okukontana nenzikkiriza ey'abalokole bangi, Katonda tabawa bulamu butalimu mitaawaana, obulamu obw'okuseyeya. Baibuli tegamba nti abalokole bbo, bajja kutalizibwa emitaawaana gy'ensi, ebizibu ne byonna ensi byesisinkana.

Kola okugezesa kuno

Bwooba nga okyabuusabuusa kola okugezesa kuno.

Wandiika amanya kumi ag'abalokole b'omaanyi. N'omusumba wo nga omuwandiise. Bw'omala, wandiika amanya amalala kumi ag'abantu b'omaanyi abatali balokole. Ne mukama wo ku mulimu naye omuwandiikiremu.

Kakati, gerageranya obulamu bwabwe bona mu mazima, ojja kukizuula nga tewali njawuulo. Ojja kulaba nga abalokole n'abo emotoka zabwe zitomera, nga nabo bafa ku myaka emito, nga nabo bafirwa abaana, nga nabo balwala omutima-byonna ebikwaata abalala. Naye ate oluusi, abatali balokole abamu babeera n'obulamu obulungi enyo! Nga baliina obugagga, nga balamu era nga bawanguula mu buli kintu kyebakola. Ssoma ekitabo Eky'omubuulizi olabe Sulemaani ebintu bino engeeri gyeyabirabamu. Bunno kabubere obujulizi obumala nti omusalaba Yesu gwatugamba okwetiika si mbeera eze bitunyiiga ebya bulijjo.

Wetiike omusalaba gwo

Ensonga ey'okubiri lwaki embeera embi oba ezitunyiiga si gwe omusalaba gwaffe ye'eno: Eby'okulabiraako byenkuwadde bikwaata ku mbeera zetwagala enyo okukyuuka, era olw'ensonga eno ebintu ebyo ebitunyiiga tebiiri mu ebyo Yesu bye yagamba. Okukakasa ensonga eno, amaanyi ngenda kugateeka ku ekyo Yesu kyeyagamba. Yetiike omusalaba gwe. Omusalaba Yesu gwe yali atugamba gwe omusalaba ogw'okwetiika, so si musalaba gwe batuteekako; embeera zo mu butuufu "bazituteekakako buteesi". Njagala webuuze: wandisazewo

okubeera n'endwadde, obufumbo obw'obulumi, oba omulimu ogutali mulungi? Amazima nedda! N'olwekyo twerabire nti embeera embi gwe omusalaba gwaffe.

Okutuuka kakano, tubadde tulaba omusalaba kye gutali – kakati twagala okusalawo mu butuufu – "okwetiika omusalaba kyeki"?

Okwetiika omusalaba guno, Peteero n'abayigirizwa abalala makulu ki bo gebafuuna mu kigambo kino?Eri abayigirizwa, eky'omusalaba bakitegeera mangu, bali bafugibwa Baruumi, era abamenyi bamateeka bangi bali babalabye nga bakomererwa ku misalaba gya Baruumi. Okuswaala kwali kungi mu kwetiika omusalaba kubanga gwe wetiikanga omusalaba gwo kwebagenda okukukomerera. Abayigirizwa bakitegeera nti waliwo ensonga emu yoka omuntu okwetiika omusalaba – kumukomerera.

Okufiirwa obulamu bwo

Omu Girimani, Dietrich Bonhoeffer, mu kitabo kye "Omuwendo ogw'okubeera omuyigirizwa"' agamba nti "Yesu bwayita omuntu, aba amugamba nti jangu offe". Kino ekigambo si kyakutiisatiisa oba kuyitawo nyo, naye ge mazima. Yesu yali tategeeza nti batukomerere nga ye ku musalaba, kubanga mu njiri ya Lukka agamba nti, bulijjo wetiike omusalaba gwo. Naye newankubadde kiri kityo, gasigala nga ge mazima yali ategeeza kuffa. Kakati, bwekitaba nga omubiri gwaffe gwe gulina okufa, olwo ki ekiba kirina okufa? Pawulo asobola okutuyamba

okutegeera, kubanga ayogeera ku kukomererwa mu baluwa ze eri amakanisa.
Abaruumi 6:6 agamba, omuntu waffe ow'edda yakomererwa wamu ne Yesu. Wano Pawulo yali ayogeera kukubatizibwa, naye kino kikwatagana n'omuntu "ow'edda". Ate nga ky'ekimu n'omubiri, byombi bigambo ebyogeera ku kikula kyaffe eky'okwonona n'obujjeemu kyetwasikiira okuva ku Adamu.

Mu ba Ggalatiya 5:24 Pawulo nga amaze okulaga enjawuulo wakati w'ebibala eby'omubiri (omuntu ow'edda) n'eby'omwoyo (omuntu ali mu kikula kya Kristo), agamba nti n'abo aba Kristo Yesu, baakomerera omubiri awamu n'okukwatibwa n'okwegomba kwagwo.

Ebyawandikibwa bino ebibiri bitulaga bulungi kiki ekirina okukomererwa mu bulamu bw'omulokole. Si mubiri gwaffe, naye embala yaffe ey'omunda. Eno yensonga lwaki okwetiika omusalaba kyanjawulo nyo ku kwegaana obulamu bwaffe. Okwegaana obulamu kikwaata ku ntambula yaffe ne neneyisa; Okwetiika omusalaba kukwaata ku embala yaffe ey'omunda, omubiri. Kino ky'ekigendererwa kyona eky'obulamu obukristaayo, okukyuuka okuva mu mbala ya Adamu okuyingiira mu mbala ya Mukama waffe omugya, Kristo. Pawulo agamba mu Abaefeso 4:11, Katonda y'awa abalala okubeera abatume, n'abalala bannabbi, n'abalala ababuulizi, n'abalala abalunda nabayigiriza; olw'okutuukiriza abatukuvu… okutuusa lwetulituuka fenna mu bumu obw'okukkiriza…lwe tulituuka okuba

omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo.
Tetwelimbanga okulowooza nti okufa okw'engeri yonna kusanyuusa. Oba okw'omubiri, oba okw'embala yaffe, entiisa y'okufa ekwaata buli muntu. Okutegeera n'okutambulira mu mazima gano mu butuufu kituuwa eddembe, omukulembeze waffe era omusumba waffe yaguumikiriza omusalaba olw'essanyu eryali limulindiridde. Baibuli tegamba nti yanyumirwa omusalaba, egamba nti yagubuusa amaaso eri essanyu eryali limulindiridde - okuzuukira kufuula omusalaba ekintu ekiguumikirizika.

Okukomererwa awamu ne Yesu

Abalokole singa basobola okubuusa amaaso okwefiriza obulamu ne bagateeka ku bulamu obugya obw'ekikula kya Kristo, bandibadde empya ey'obulamu obw'ekikristaayo. Ekifuula okwefiriza obulamu okuba eky'etendo n'obuwanguzi bwe bulamu bwa Yesu Kristo obw'okuzuukira okulabisbwa mu mibiri gyaffe.

Okutegeera kino kuleteera okulangirira kwa Pawulo mu Abaggalatiya 2:20 okukola amakulu: Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange. Kristo tayinza kubeera munze okujjaako nga obulamu bwange bufudde. Tewali muntu n'omu atambuliira mu mubiri ayinza okusobola okubeera omulokole –

okujjaako nga ayagala kuba munanfuusi. Yesu yekka yasobola okutambuuza obulamu bwe muffe, kubanga bwe bulamu era bwetumala okufiisa obulamu bwaffe buterevu obulamu obubwe butandikka okubeera mubiri gwaffe. Lino lye eddembe erya namaddala. Pawulo yagamba nti obulamu bwalina kaakano abulina lwakukkiriza kw'omwana wa Katonda. Pawulo okukkiriza si na kweyatambulirangako! Omufu tayinza kubeera nakukkiriza. Yatambula lwa kukkiriza kwa Yesu okuli mu ye. Kino kirungi nyo, nti kukkiriza kwa Kristo, si kwaffe, era kituuja mu kwefubako n'okwelwaanako okutambulira mu kukkiriza, ekikolwa ekitumalamu amaanyi.

Owaayo bulamu okufuuna obulamu

Okwegaana obulamu kikwaata ku nsi, n'obulamu bwaffe bwetutambuliramu munsi. Naye ate omusalaba gwo gukwaata ku bulamu bwaffe obw'omubiiri, ekikuula kyaffe eky'omunda, obulamu bwaffe obw'ekyaama – so si empiisa zaffe. Kino kikwaata ku mutima, omubeera byetwegomba, ebigendererwa eby'ekyaama, n'okuyayana kwaffe; ebintu ebikweekedwa ne ku bakyala n'abaami baffe, omusumba waffe, n'emikwaano gyaffe, ate nga naffe bitukweekedwa.

Mu Bayibuli, "endowooza" kitegeeza ebirowoozo byaffe byetumaanyi, naye "omutima" kitegeeza ekintu eky'obuziiba – ebirowooza ebitamaanyiidwa. Byetuyayanira ebikusike, ebigendererwa, n'okwaaka. Tuyinza okumaanya byetulowooza, naye ate tuba tulimba

bwetugamba nti tutegeera lwaki tulowooza bwetutyo. Bayibuli etugamba okufuula amagezi gaffe amaggya kubanga kino tukisobola, naye tetugamba okufuula omutima gwaffe omuggya. Dawudi yagamba Mukama, wekeneenye omutima gwange olabe oba mulimu obutali butuukirivu mu ggwo. Yeremiya 17:9 agamba; omutima mulimba okusinga ebintu byonna, era gulwadde endwadde etewonyezeka: ani ayinza okugumanya? Mulimba nyo nti guyinza n'okulowoozesa nti mutukuvu!

Ekigendererwa kyange okunyonyola bino byonna kwe kuteeka amaanyi ku kigamba kino; omusalaba gwo gukwaata kubulamu bwaffe obw'ekyaama, era mu essuula eno yonna, mu kiti ekyo mwengenda okuteeka omusalaba.

Kankulage ebintu bisatu ebikwaata ku bulamu obwo kwekomerera. Ekisooka kye kino, okuduuka ensi n'okukemebwa kwaayo tekisobola kukomerera omubiri. Mu butuufu, tuyinza okuduuka okukemebwa emirundi mingi okwandibadde kututwala mu kibi, okuyita kwewala ekibi, naye kino tekisobola kukyuusa obulamu bwaffe obw'ekyaama.

Ebigo nga ebya katuliki tebisobola okutta omubiri

Ekigo kyakulabirako kirungi eri obumalirivu bw'abantu okwekuuma omubiri n'okukemebwa kwaago; naye ekibi, kino tekiyamba – kubanga omuntu ow'omunda bw'obulamu bw'omuntu ate nga agenda

nabwo mu kigo; tewali muntu ayinza okuduuka obulamu bwe. Eky'okulabirako, tusobola okuduuka obwenzi nga netugenda mu kigo, naye olugalamira mu kigo, n'otandiika okulowooza eby'obwenzi, n'oyaaka okukamala mu mutima. Nakolokotanga nyo abantu abaduukanga ensi nebagenda okubeera mu bigo. Nabavunananga okuduuka mu nsi; naye nakitegeera nti okujjaako nga nange nsobola nga bbo okubeera mu bulamu obw'ekigo mu nsi munno, silina lukusa kubakolokota abantu bano abamalirivu mu byebakkiriririzamu.

Kasita tumala netubeera nga tukyalina obulamu bwaffe, tuja kubanga nekizibu kino, naye ekirungi Yesu atuwa ekikolo kyokka – okufa okw'okukomerebwa. Tewaliwo kyakwanukula kirala.

Ekirowoozo kyange eky'okubiiri kye kino – buli kintu kyonna ekikikilira omubiiri kilina okulabula amangu ebirowoozo byaffe. Ebigambo gamba nga; ekitiibwa kyange, ffe ab'egindi, nze nzena – ze zimu ku ngeri ezilaga bwetwagala okukuuma ggwe nga mulamu. Ekintu ekikontanira ddala n'ebyo Yesu byeyayigiriza:okwegaana obulamu bwo. Ggwe oli mubi;olina okuzikirizibwa. Ggwe ge malala agawede emirimu, nabuli kintu kyonna ekiwakanya Katonda. Naye ate ggwe yegaana atya obulamu bwe? Tuyinza tutya okuzikiriza gwe ono gwetwagala enyo ayitibwa obulamu bwaffe? Newankubadde nga kirabika nga ekitasobooka, naye mu ngeri emu oba endala obulamu bwo bulina okugenda, olw'ensonga eno: Katonda tasobola kugabana kitiibwa kye n'omuntu

ow'omubiri. Embala ezemilundi ebiri tezisobola kufuuga obulamu bwo mu kiseera kye kimu.
Waliwo enjigiriza eyewunyiisa efuunye etutumu gyebuvudeko, era abalokole bagikkiriza nga tebamaze nakulowooza. Endowooza eri bwenti: Yesu yagamba, oyagalanga mulirwanawo nga bweweyagala weka, n'olwensonga eno kale oba toyinza kwagala mulirwana wo nga tonayiga kweyagala weka. Mu butuufu, wetaaga okwelaba mu ngeri ennungi gwe okusobola okutandiika okweyagala nga ne Katonda bw'akwagala..

Endowooza enkyaamu

Endowooza eno bwooba tewetegereeza erabika nga ey'amagezi, naye nze nzikkiriza nti kuno kulowooza kukyaamu era kwa mutawana nyo. Kankunyonyole lwaki. Bayibuli esomesa bulungi nti okweyagala gwe, kukontanira ddala n'ebyo Katonda byayagala, kubanga tosobola kweyagala gwe, ate n'oyagala ne Katonda mu kiseera ky'ekimu. Abantu bwe bagamba nti "obulamu babukyaawa", mu butuufu kuba kulimbibwa. Obusimo bwabwe babuvunuula nga okukyaawa ggwe ali mu bo, naye nga ate mu butuufu gano gaba malala agatalabika, kubanga, bwekiba nga kituufu obulamu bwabwe nga babukyaawa bandibadde babeera basanyuufu okweyambula ebitiibwa, okubeera n'ekifaananyi ekyawansi. Naye ate embeera y'omutima gwabwe eyawukaana n'engeri gyebalabika. Amalala n'okwesasira kabonero akalaga omuntu okweyagala. Buli lwe basa ku gwe omwoyo mu kifo ky'oguteeka ku Katonda oba oli buzibu. Yesu yagamba, tulina okwegaana obulamu, si

kwagala bulamu bwaffe. Pawulo agamba mu Abaefeso 5:29, kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa agujjanjaba…Yesu atugamba okwegaana obulamu bwaffe kuba akimaanyi nti ffena tulina engeri gyetweyagalamu n'okwagala abantu abalala okutusanyusa – okutuuwa byetuyayanira. Yesu yali agamba nti naffe balirwana baffe nga bwetweyagala tubakole bwetutyo. Yesu yagamba mu lugero lwo mu Samaliya omulungi nti mubalirwana baffe, nabalabe baffe mwebali.

Okwekomerera tekisoboka

Tewali muntu yenna nga w'amazima ayinza kusanyukira ekirowoozo eky'obulamu bwe okwanikibwa oba okufa. Ekirowoozo kyange eky'okusatu kakikuletere ku suubi. Tekiyinzika okwekomerera. Okwekomerera si nkola gy'osobola okukozesa gwe okweta. Omuntu ayinza okukyagala eky'okweta, naye tasobola kukyetuusaako. Kubanga ajja kuba nga yetaaga emikono ebiri okweyingizaamu omusumali ogusooka. Kino kyengamba, nga bwe kiri mu kukomerera okw'omuntu okulabika, era bwekiri nemukukomerera omuntu ono ow'omubiri atalabika. Tetusobola kukyekolera, wateekwa okubaawo akitutusaako.

Kikulu nyo ffe okumanya amazima ganno. Tetuyinza kweeyongera mu lugendo lwaffe ne Katonda nga tetutegeede mazima gano. Abantu abageezaako okukyuusa obulamu bwabwe obw'ekyaama mu maanyi gabwe, bajja kusanga nga ekimu ku bino ebibiri kibabaako, ate nga

tewali n'ekimu ku byombi ekisobola okukyuusa omuntu ow'edda. Bwebatalowooza nti bafuuse abatukuvu, nebatandiika okutambulira mu bunanfuusi, bajja kulaba nga mu butuufu tebanakyuuka besaliire omusango, balaba nga balokole abalemeredwa, abatalina na suubi lya kukyuuka.

Kakano okumaanya amazima gano nti tetuyinza kwekomerera kituuwa kitya essuubi? Kankunyonyole. Ekituufu wadde nga tetuyinza kwekomerera, naye era okukomererwa tulina okukuyitamu – omuntu omulala ajja kutukomerera;nga simulala, wabula Katonda! Ogwo mulimu gwe si gwaffe. Kakati ffe obuvunaanyiizibwa bwaffe bwakuba nga twagala atukomerere. Lino ssuubi lya maanyi, kubanga mu butuufu, obutukuvu (era nga ne bwekiri mu bibala byonna ebirala)bubeera obutukirivu naawe kenyinni bw'otamaanyi, bwotalaba nakulaba. Buli kintu kyewekolera bulijjo oba okimaanyi, toyinza kukyeerabira, mulimu naawe (gwewenyumirizaamu). Naye omulimu bwegubeera nga sife abagukoze, nga nogumaanya tetugumaanyi, olwo no obutukirivu bwaffe bubeera ekintu "ekitukisibwa".

Okukola ku bulamu bwaffe obw'ekyaama

Nkikakasa nti Katonda ajja kukola muffe omulimu guno kasita tuba nga tugwagala. Kubanga ky'eky'okudaamu kyokka eri obuzibu bwaffe obw'okufuuka abatukuvu. Yesu kujjula mu ffe kyekyokka ekiyinza okutufaananya nga ye, tewali kirala. Ebirala byonna bitufuula balimba na bananfuusi.

Naye ate waliwo ekizibu kimu. Katonda okutukolamu omulimu guno kubanga tukimusabye kyokka tekimala, yetaaga ekisinga ku bigambo. Okwogeera kyokka tekimala. Tuyinza n'okwogeera naye nga tetubiteegeeza. Tulina okulaga ebikolwa okukakasa ekingendererwa kyaffe n'okuyayana kwaffe, kwe kugondeera ebyo Yesu byatugamba okukola, ebintu bitusobola obulungi okukola. Tulina okukola ebintu bino okukakasa Katonda nti tutegeeza kyetuliiko, nga tanakola bintu byetutasobola ffe okukola – ebintu byetubadde tugeezaako okola naye bikyatulemye.

Eky'okudamu eri obulamu bwaffe obw'ekyaama, kya bulamu bulala obw'ekyaama obw'omuyigirizwa. Mu Matayo essuula 6, Yesu atugamba ebintu bisatu byetusobola okukola mu kyama. Ensonga lwakki tukola ebintu bino, kwekulaga Katonda naffe ebigendererwa byaffe; kukakasa Katonda nti kino tukikola olw'ekitiibwa kye kyokka, siffe bantu kutuuwa kitiibwa. Kino ekisumuluzo kikulu nyo eri obukristaayo bwaffe, era ebintu Yesu byatusaba okukola bisobokera ddala bulungi, n'omuntu eyakalokoka abisobola.

Twetwerabira nti omusalaba si kintu ekitutekebwaako, ffe tusalaawo okugweetiika. Tulina okutambulira mu bulamu bunno obw'ekyaama. Enjiri ya Lukka etugamba; tulina okweetiika omusalaba gwaffe buli lunaku. Obutukuvu si kikolwa oba nzikkiriza; obutukuvu mitendeera, era kitegeeza nti kitwaala ekiseera. Tewali kkubo lya mangu okutufuula abatukuvu. Okubonabona

nebyo by'oyitaamu mu bulamu byonna kitundu ku mitendeera. Pawula agamba mu 2 Timoseewo 3:12 Naye era bonna abaagala mu Kristo Yesu okukwatanga empisa ez'okutya Katonda banaayigganyizibwanga; ate mu ba Ebbulaniya 2:10, Omukulu w'obulokozi waffe yatuukirizibwa okuyita mu bibonoobono. Omulokole alowooza nti emikisa gyokka gisobola okukyuusa embala ey'obulamu bwe aba yerimba! Eky'omukisa omubi, emikisa ebiseera ebisinga gitufuula ba mutwe munene. Obuwanguzi tebuteera kufuula muntu muwombeefu oba omutukuvu.

Okutambulira mu mwoyo

Nkakasa nti, obulamu obw'ekyaama bwoka ne Katonda, obulamu obw'omuyigirizwa obwomukyaama, obw'okukola ebintu Yesu byeyalagira, bwebusobola okukyuusa obulamu bwaffe obw'obuzaliranwa, obwa Adamu ffena bwetulwanagana nabo buli lunaku.

Kamalirize ekitundu kino n'ebigambo bya Pawulo mu ba Galatiya 5:16. Naye njogera nti Mutambulirenga mu Mwoyo, kale temuutuukirizenga kwegomba kwa mubiri. Tagamba nti abalokole tebalina kwegomba kwa mubiri. Naye ategeeza nti okwegomba okw'omubiri wekuli, naye nti bwetutambulira mu mwoyo tuba tetuuja kutuukiriza. Kino kyanjawulo nyo ku kugamba nti okwegomba okw'omubiri, oba omuntu ow'edda, tebikyaliwo. Pawulo kyagamba kye kino, nti tusobola bulungi okuwangula omubiri, ekikula kyaffe ekya Adamu ku kakwakulizo kano; okutambulira mu mwoyo – mu kitonde

ekigya, eky'embala ya Kristo. Era engeri yokka gyetusobola okukola kino, kwekukkiriza Katonda okukomerera emibiri gyaffe.

Check
Ngoberera

Chapt 7 starts here?

"Ngoberera" kye ekitundu eky'okusatu era ekisembayo Yesu kye yagamba abo abaagala okubeera abayigirizwa be. Twamaze dda okukiraba nga bwetwandilowoozeza nti "okugoberera" bwekwandibadde akakwakulizo namba emu, kuntandikwa yaffe ey'obulokozi so so si ku nkomerero. Naffe tulina okutegeera nti "okugoberera okutuufu" kuva mu kugondeera ebiragiro ebisooka ebibiri.

Kyekola kyokka

Eno ye ngeri yokka ey'okubeera omugoberezi. Omuntu alowooza nti asobola okugoberera Yesu nga teyefiriiza yekka, neyeetiika omusalaba gwe aba alimba. Omugagga omuto Yesu gweyayogeerako ky'eky'okulabirako ekirungi. Yali alowooza nti atambulira mu kwaagala kwa Katonda okutuusa Yesu bweyamwanika. Yagenda

anakuwadde kubanga yali tasobola kusasula muwendo ogw'okubeera omuyigirizwa.

Mu kulaba okwange nga ngeerageranya ebiragiro bino ebisatu "ne nsi, omubiri, ne setaani", okugoberera Yesu, kikwaata ku nsitaano ne setaani. Bw'otegeera nga okugoberera Yesu kitegeeza okutambulira mu bigere bya Yesu, okukola Yesu bweyakola, era bwetutegeera nti ekigendererwa kye kyali kuzikiriza mirimu gya setaani, tutegeera bulungi nti bwetutuuka ku mutendeera guno ogw'okugoberera Yesu, naffe tujja okuzikiriza emirimu gya setaani – nayo ekyo okubaawo, tumala kusisinkana obukwakulizo obubiri obusooka.

Enkola enkyaamu

Okuzikiriza emirimu gya setaani nakyo kirabika nga ekyetaaga okuteeka mu kifo ekituufu. Abalokole bangi balowooza nti kubanga balokoka, nebajuzibwa n'omwoyo omutukuvu, olwo no balina okutandikiraawo "okukuba setaani", nga tebanalowooza na kukyakweegaana obulamu bwabwe n'okweetiika omusalaba gwabwe. Kituufu, bayinza okubeera n'obusobozi obw'okuzikiriza emirimu gya setaani, naye ekyo tekibeyibaaza kasita babeera nga tebanakula.

Mutabani wange ow'emyaka etaano asobola okubeera n'obusobozo okubeera Katikiro we ggwanga, naye ekyo tekimuyisaamu kufuuna kifo ekyo olwaleero!Alina okukula okusooka, era ogwo gwemutawana gwegumu oguliwo, abalokole okulowooza nti olw'okubeera nga balokose, kati bafuuse bakulu mu mwoyo. Okuku-

la tekwanguuwa mangu, kubanga okukula kuva mu by'oyiseemu mu bulamu, ate nga ekyo kitwaala ekiseera.

Ebirabo ebitaaliko bibala

Mu 1 Abakkolinso 12:7, Pawulo agamba nti ebirabo omwenda eby'omwoyo kulagibwa kw'Omwoyo omutukuvu. Kino kitegeeza osobola okubilaba; ebirabo eby'okuwonya bikola era ne bikyuusa mbeera ey'omubiri erabika. Pawulo agamba nti ebirabo omwenda eby'omwoyo byonna biva eri omwoyo omu. Biraaga ammanyi ga Katonda.

Naye ate waliwo n'olukalala olulala mu ba Galatiya 5:22-23: ebibala eby'omwoyo. Era tulaba ebibala mwenda, naye nze nzikkiriza nti bino byo tebikwaata ku mmanyi oba ku kulabika kwa Katonda. Ebibala bino oba endabika yabyo ye mbala ya Katonda.

Omuntu ayinza okubeera n'ammanyi ga Katonda nga talina mbala ya Katonda? Oba okukyogeera mu ngeri endala, omuntu ayinza okuba n'ammanyi naye nga talina bibala bya mwoyo? Teyulina kutya nga twebuuza ekibuuzo kino, kubanga kino kibuuzo kikulu. Nkikakasiza ddala kikumi ku kikumi nti wewawo! Era bulijjo bwekiti bwekibeera n'okulabisibwa okw'Omwoyo. Yesu yenyini atuuwa obukakafu buno mu Matayo 7:22, Bangi abalinggamba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga byamagero bingi mu linnya lyo?

Bali babuuza ekibuuzo, era nga balaga ebisanyizo byabwe okuyingira mu bwakabaka. Yesu yabadamu atya? Yagaana ebigambo byabwe, nawakanya eby'amagero byabwe nti tebyakolebwa mu linnya lye? Nedda, yakkiriza natwaala ebigambo byabwe okuba eby'amazima, naye era okudamu kwe kwali nti Sibamanyangako! Tebali baana be. Balinga bali Abafalisaayo Yesu be yagamba, Mmwe muli ba kitammwe setaani, naye nga ate bakola eby'amagero. Kisobokera ddala okubeera omwana wa setaani naye ate n'okola eby'amagero mu linya lya Yesu.

Katonda ayinza byonna

Kambuuzeyo ekibuuzo kimu ekiyinza okutuyamba okutegeera kino.

Setaani yeyetonda? Nedda, kubanga Katonda yekka yasobola okutonda. Bwetukkiriza kino okuba amazima, olwo no tukiraba bulungi nti setaani talina mmanyi gage ku bubwe. Tewali mmanyi gonnamalala mu nsi ne mu ggulu okujaako aga Katonda gokka. Tusobola okukozesa ammanyi ga Katonda obulungi oba obubi, naye Katonda ye nanyini mmanyi gonna. Ammanyi gonna; kitegeeza tewali alina mmanyi malala yenna. Mu Abakkolinso 13, Pawulo wayogeerera ku birabo n'ebibala eby'omwoyo, agamba mu lunyiriri olw'okubiri Era bwe mba ne bunnabbi…naye ne siba nakwagala, NGA SSIRI KINTU. Bwewabulawo embala ya Katonda muffe, Katonda tasobola kutwaawula na kututegeera nga abaana be. Ebirabo bikakasa nga bwetulina ammanyi ga Katonda; naye ebirabo tebikakasa nga bwetuli abaana ba Katonda. Setaani talina mmanyi gakozesa malala aga-

tali ga Katonda, era Katonda ammanyi ge yawa Setaani galiko ekomo.

Yesu bweyali ayogeera ku bannabi ab'obulimba, n'engeri ey'okubamanya, yagamba mu Mataayo 7:20, muli balabira ku bibala byabwe (ssi ku birabo byabwe). Ayita abo abalina ebirabo naye nga tebalina ebibala emisege egyambadde amaliba g'endiga. Simanyi lwakki ekanisa ekalubirirwa nyo okukozesa ekigambo kya Yesu kino mukutegeera n'okwelinda ba nnabi ab'obulimba.

Okuwakana ne Setaani

Omulabe waffe Setaani ssi musiru, ate era okwatuula erinya lya Yesu awatali mbala ya Yesu mu bulamu bwo tekimutiisa. Kubanga ne Setaani naye bulijjo ayatuula erinnya lya mu ngeri ey'okuvoola. Naye abantu batya beebo bokka abatali kitundu kunkola ye (ensi) abakomerera emibiri; abantu abatukuvu. Eno y'ensonga lwakki wadde twajjula omwoyo, n'ebirabo eby'omwoyo nga tubitambuuliramu, nga ne Setaani tumuboggolera, mu mawanga gaffe age Bulaaya mu myaka egiyise ekyenda, tetuwanguddeyo wadde ekyalo ekimu. Twetaaga tutunuule tulaba era twebuuze nti bajjajaffe bo, basobola batya okuleteera ebyalo okwenenya ate nga tebalina na birabo nga byetulina.

Ebigambo bino tebiteegeeza nti nze mpakanya ebirabo eby'omwoyo. Ssi bwekiri. Mbikiririzamu byonna, era nzikkiriza nti tubyeetaaga mu mulembe gwaffe guno. Nzikkiririza mu bunnabi, okwolesebwa, n'okukyalirwa kwa ba malayika, n'ebirabo eby'okuwonya, naye ate

nkimanya nga ebibala eby'omwoyo bwebitayinza kuleeta bibala bya mwoyo.

Eggwanga lyaffe kyelyetaaga ssi bagoberezi abalala aba Kristo; lyetaaga abayigirizwa abalala bangi aba Kristo. Tetwetaaga babuliizi balala; eggwanga lyaffe kyelyetaaga be basajja ba Katonda abatukuvu, ababuliizi abatukuvu – so ssi abasajja abakaba ku lw'emyoyo kubanga waliwo abasasula, so ssi abo abawonya abalwadde kubanga bagala etutumu, bagala ensimbi, naye abantu abagenda okukola bino kubanga balina embala ya Yesu Kristo; abasajja abafanana Yesu, abajjude ekisa. Waliwo enjawuulo nene nyo wakati wabo abawereeza olw'okunonya ebyabwe, nabo abawereeza olw'okwagala Yesu, ekanisa telaba njawuulo eno, naye omulabe waffe Setaani ye agilaba mangu.

Obukwakulizo obw'okuda obujja

2 Ebyomumirembe 7:14 atugamba obukwakulizo bwa emirundi ena okuleeta okuda obujja, naye tewali wadde akakwakulizo akamu akakwaata ku lutalo olw'omwoyo oba okulwana ne Setaani. Abantu bange abatuumidwa erinnya lyange bwe baneetoowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi;… ne mponya ensi yabwe. Okuleeta okuda obujja ddembe lya Katonda, so ssi ddembe lyaffe, kyetuva tulina okusooka okusisinkana obukwakulizo bwa Katonda mu kifo ky'okugamba ebigambo ebituufu Katonda oba okubigamba Setaani. Soma mu Ebikolwa bya batume 19:13-16 engeri abaana ba Sukewa jjebagezako okugoba dayimooni, nga bakozesa ebigambo ebituufu.

Ebyavaamu byali bibi. Setaani yabagamba, "sibamaanyi. Yesu mmutegeera ne Pawulo mmumanyi; naye mwe bani?" Okwogeera ebigambo ebituufu oba okukola ebigambo ebituufu kyokka tekimala; mbala yani eri mu ggwe.

Yesu yagamba mu bubaka bwe ku lusozi nti abantu bangi bajja kuyimilira mu maaso ge ku lunaku lw'okusala omusango okumujuukiza eby'amagero byebakola mu linnya lye. Yesu yakkiriza nti bakola emirimu mu linnnya lye, naye alibadamu "sibamaanyi". Tebalina mbala ya Kristo mu bulamu babwe.

Nkyeewunya nga Setaani ebigambo byenyini byeyakozesa, ne Yesu naye byeyakozesa, "sibamaanyi". Setaani ne Yesu bombi bali banoonya kimu - mbala ya Kristo.

Essuula 8

Musa

Obukwakulizo obw'emirundi essatu Yesu bweyatuteerawo okubeera omuyigirizwa bukulu nyo. Naye ate ekyewunyiisa obukwakulizo ensibuko yabwo si ndagaano empya. Enono ez'okutambulira mu bulamu obutya Katonda, n'emitendeera gy'oyitaamu okufuuna obutukuvu mu bayibuli yonna tezikyuuka. Mu eby'okulabirako bino okuva mu ndagaano enkadde n'empya, tulaba nga Katonda tanaba kwesiga n'okukozesa omuntu olw'ebigendererwa bye, bulijjo waliwo emitendeera essatu – okwegaana obulamu (okufa eri ensi), okwetiika omusalaba (okufisa omubiri) n'okugoberera Yesu (okuwakana ne Setaani).

Okuleeka Misiri

Musa yakulira Misiri, eggwanga eddene enyo mu by'obuwanga, natendekebwa nga omwana wa Falawo. Misiri bweba nga ekikirira ensi , nga abasomesa ba bayibuli bwebagamba, Musa ono yali musajja wamaanyi era mukulu mu nsi. Yakuziibwa mu malala gonna ag'eggwanga lino ekulu elye Misiri.

Bweyasunguwala, Musa yakola ekyo eky'obutonde, ekikolwa ekya ekikula kye ekya Adamu. Yalaba nga

omuntu omumisiri ng'akuba omuntu omwebbulaniya, namukuba , n'amukweka mu musenyu, nataasa omuntu gwebali bakuba. Kino ekikolwa kyayamba kaseera buseera, kubanga wandigolokose omumisiri omulala nakola ekikolwa eky'obukambe kyekimu. Katonda yalina entekateka ey'okubanunulira ddala – Yakozesa embeera zino, bwatyo Musa naduuka okuwonya obulamu bwe.

Amagenda

Nkakasa nga omuntu yenna Katonda gw'ayagala okukozesa abeera n'okumanya okuyitiibwa okuli ku bulamu bwe, era nzikkiriza mu muntu wa Musa ow'omunda, Musa yakitegeera nga olumu alinunula abantu ba Katonda. Naye teyategeera nga toyinza kununula bantu okuva mu nsi, nga ate naawe okyaali mu nsi. Tomasi Kempis mu kitabo kye "Okulabira ku Kristo" yagamba, "Toyinza kutwaala muntu yenna okusuuka awo gwe wewakoma". Musa yalina okuva munsi.

Bweyamala okuva e Misiri, Musa yataandiika omutendeera ogw'okubiri mu kutendekebwa kwe n'okukula mu bulamu obw'omwoyo. Yagenda namala mu ddungu emyaka amakumi ana, ng'alabirira endiga, omulimu ogwaali ogw'omuzizo mu ba Misiri. Kyali tekimala Musa okuva e Misiri (okuva munsi); obulamu bwe obw'omunda kakano bwalina okubetentebwa, amalala gonna ag'eMisiri. Obuwangwa n'endowooza ya ba Misiri byonna balina okuzikirzibwa.

Okuyitibwa kwa Musa

Katonda bwey'amuyita, Musa yagamba mbu yali

tamaanyi nakwogeera – nti yali omuntu ananagira. Ddala kituufu okuva mu buto yali ananagira? Bayibuli tetugamba bwetyo. Yali talina kukkiriza, oba yali atya Falawo? Nze sikkiriza bwentyo. Nzikkiriza nti wano Musa yali atuuse mu kifo eky'okutegeera obulungi ki kyali. Yali yatendekebwa mu ngeri ya ba Misiri, era mu butuufu omulimu yali asobola bulungi okugukola; okuva ne bweyakulira mu lubiri lwa Falawo.

Oluvanyuuma olw'okumala emyaka amakumi ana mu ddungu, Musa kakano yatuuka mu kifo eky'okumanya kyali. Yali takyekkiririzamu. Kino kyali kirungi kubanga kati obwesige bwe bwonna bwali mu Katonda. Yokaana Wesley, yanyonyola obuwombeefu, nga omuntu "okubeera n'ekifananyi ekituufu eky'obulamu bwo". Kino kikufuula munafu, naye nga ate oli wammaanyi mu Katonda.

Obulamu obw'eddungu bwatukiriza omutendeera gunno mu Musa. Okwogeera ne ndiga okumala emyaka amakumi ana kyali kimumazemu amalala gonna age Misiri, n'okwekiririzamu n'okubeera omwogezi omulungi, n'obwesige mu mubiri. Oluvanyuuma lwa kino, Katonda yalaba Musa nga omusajja eyali asinga okuba omuwombeefu mu nsi. Nze nzikkiriza okugezesebwa mu ddungu okumala emyaka ana kutuukana n'okutendereza kwa Katonda ku Musa, nga bwe yali omuntu asinga obuwombeefu.

Kakati Katonda yali yetegese okukozesa Musa, kubanga Musa kati naye yali yetegese okukozesebwa Katonda. Kati atuuse mu kifo ekigenda mu mutendeera ogw'okusatu, ogw'okugoberera Yesu (okuzikiriza emirimu gya Se-

taani). Musa bweyali mu nsi (Misiri) ammanyi ge ganunula omudu omu yekka, n'azikiriza n'omuMisiri omu. Wano nga amaze okuva mu nsi n'okukomerera omubiri, yatumibwa okudaayo mu nsi (Misiri). Eyo nakozesebwa Katonda okununula eggwanga damba, n'okuzikiririza dala amagye ga ba Misiri mu kikwekweto kimu kyokka. Kyewuunyisa nyo!

Okununulibwa

Emyaka ana nga ogezesebwa tegigwaana, singa oluvanyuuma tusobola okusumulula ensi yaffe okuva mu mu mukono ogw'ekyuuma ogugikute? Tekiriko kubusabusa gigwaana. Abantu b'eggwanga lyaffe abagala enyo ebintu tebagala kuwulira kigambo kizibu nga kino, kubanga twamanyiira ebintu eby'amangu. Tubeera mu nsi erimu enkola eya "twala ebintu byonna" by'oyagala ojja kusasula oluvanyuuma. Kino kikontana n'enkola ya Katonda. Ebitonde byonna bitulaga ennono za Katonda. Okuzukira kubawo oluvanyuuma lw'okufa. Ekiro kijja oluvanyuuma lw'emisana, engule ogifuuna oluvanyuuma lw'omusalaba. Oba lwaki obulokole obw'akasera kano bukozesa enkola ne bunonya n'eky'okudamu mu ngeri ekontaana n'ennono za Katonda?

Musa kyakulabirako kirungi eky'omuntu omwegayirizi. Omulundi ogusuuka mu gumu yakyuusa okulowooza kwa Katonda. Soma Okuva 32 olabe engeri gyeyalokola eggwanga lyonna okuva mu busungu bwa Katonda okuyita mu kwegayirira. Abalokole balina endowooza nti bwebagenda mu semina, ne bamala olunaku nga begayirira, ne bagooba emizimu, ne bagamba Setaani nti yawangulwa nga olwono bafuuse begayirizi. Kisobokela

dala bulungi okulimbibwalimbibwa.

Kyama ki Musa kye yalina mu kwegayirira? Kyangu nyo. Musa yafuuka omuntu Katonda gwasobola okuwuliriza n'okwogeera naye maaso ku maaso. Abalokole bangi bamala ebiseera bingi nga banonya omukono gwa Katonda ogw'obugabirizi nebatafuuna budde kunonya maaso ge. Naye bulijjo Katonda ajja kuwuliriza omuntu yenna alese ensi, era nga embala ye ebumbiddwa okuyita mukikomi kyebibonyobonyo. Abagayirizi bonna bayita mu kikomi eky'onyigirizibwa. Ibulayimu yali mukwano gwa Katonda. Danyeli yali musajja ayagalwa enyo Katonda. Okusaba essala za Danyeli oba eza Musa tekusobola kukufuula mwegayirizi. Katonda tawulira bigambo bye tusaba byokka, naye awuliriza n'omutima gwaffe. Omutima ne essala zo bwebiba nga tebikwaataganye wakiri obutasabira ddala.

Tekimala okuvunama

Omutima n'ebirowoozo bilina okukkiriziganya
Bwekitaba kityo eby'okusaba tubiveeko

Essuula 9

Danyeri

Mu nnaku ezo nze Danyeri, namala sabbiiti ssatu ennamba nga ndi mu lumbe. Ssalyanga ku mmere ennungi, so n'ennyama newankubadde omwenge tebyayingiranga mu kamwa kange, so saasaabanga mafuta, ne mmalira ddala ssabbiiti ssatu ennamba… N'alyoka angamba nti Totya, Danyeri: kubanga okuva ku lunaku lwe wasookerako okuteekateeka omutima gwo okutegeera, n'okwewombeeka mu maaso ga Katonda wo, ebigambo byo byawulirwa: nange nzize olw'ebigambo byo… Naye omulangira ow'obwakaba bwe Buperusi n'anziyiza ennaku abiri mu lumu. Danyeri 10:2-3, 12-13

Danyeri kyakulabiraako ekirala ekirungi ekye enkola eno ey'okutukuzibwa okuyita mu mitendeera essatu Yesu gyeyatugamba. Danyeri yali omu ku bantu ba Katonda abalonde, nga ava mu kika ekitukuvu, naye ate nebesanga nga bali Babuloni. Misiri kitegeeza okuba munsi nga Katonda tanaaba kutuyita, naye ate Babuloni kitegeeza okubeera ow'ensi oluvanyuuma olw'okuyitibwa. Wano tulaba abantu ba Katonda nga bali mu bunyage. Kyewunyiisa Katonda bwagamba aba Isirayili nti okugeeza okuwakanya obusibe bwe Babuloni, oba okusala amagezi okutoloka, naye basigaleyo bawereeze Babuloni. (Yeremiya 29:4-7)

Ebiragiro bya Yesu tebyawukaana ku kino, kubanga tatugamba kuva mu nsi; naye atugamba okubeera munsi, n'okukakanira abafuuzi abatutwaala, kubanga Katonda

yeyabalonda nabateekawo. Yagamba nti newankubadde nga tuli munsi naye tetuli ba nsi. Kino kitegeeza nti empisa n'endowooza yaffe byawukaana ku eby'obufuzi, emisono, okuyayana n'okwegomba okw'ensi.

Mu Babuloni

Ekintu Danyeri n'emikwano gye essatu kyebasooka okukola nga batuuse e Babuloni kwe kusalawo okubeera abantu ab'enjawuulo, enjawuulo teyali mu ndowooza yabwe oba mu ddini yabwe yoka, naye mu ntambula yabwe.

Danyeri ne banne abassatu basalawo obutalya mmere ya kabaka. Nkakasa nti emmere ya kabaka gali makula, naye bali tebasobola kulya mmere ya kabaka nebateeyonoonesa. Kuba kabaka yali alya embizi, ekisolo eky'omuziso mu mateeka ga Musa. Basalawo obutalya ennyama n'akatono, nebasaba emmere eye bijanjaalo okulya, n'amazzi okunywa ekikolwa eky'okusiba, eky'okwefiriza obulamu. Danyeri yasabanga emirundi essatu mu lujuude buli lunaku. Bayibuli etulaga bulungi nga Danyeri bweyayita mu mutendeera ogusooka-okwegaana obulamu. Yali mu nsi, naye nasalaawo ensi obutaba kitundu ku ye.

Obubaka obulambulukuufu

Wano waliwo obubaka bwetufuuna obulungi. Olunalu olumu tuliba tubeera ne Yesu nga bakabaka bwalikomaawo okufuuga ku nsi; naye okutuusa nga obwakabaka bwe butuuse mu nsi, tulagiibwa okutambuula nga abalamazi, nga abatali ba nsi. Omulamazi tasobola

kubeera nga kabaka, ate ne kabaka tasobola kubeera nga mulamazi. Kiri gyetuli okusalawo bulamu ki bwetwagala okutambuliramu. Ekifo kyetunabaamu mu maaso nga obwakabaka bwa Yesu buzze kinasinziira ku kusalawo okwakakati.

Danyeri naye yayita mu mutendeera guno ogw'okubiri (okukomerera omubiri), bayibuli egamba nti yasibanga bulijjo. Simanyi yo kikolwa kya mwoyo ekirala ekisinga okusiiba mu kufuga ekikula kyaffe eky'edda. Kiragiro kya Yesu mu bubaka bwe yabulira ku lusozi, era kimu ku ebyo ebikulu ebissatu Yesu bweyalagira okukola mu kyama. Nekirala, Danyeri yali muntu asaba enyo, ekikolwa ekimu ku ebyo Yesu yayigiriza okukola mu kyama – mu Matayo 6:1-18.

Okwegayirira okutuufu

Danyeri eky'okuyita mu mitendeera gino ebiri yafuunamu ki? Okuyita mu kwegayirira Katonda yamuwa ammanyi, n'okubikkulirwa okw'ammanyi. Malayika Gabudyeri yatumibwa okuva ewa Katonda okuwa Danyeri okubikulirwa okw'ammanyi, n'obubaka nti yali mwagalwa ewa Katonda. Okusaba kwa Danyeri okw'okwegayirira kwaviramu abantu ba Katonda okudayo mu nsi yabwe ensubize, mu bwakabaka obwabwe. Mu kino, Danyeri yali azikiriza mirimu gya Setaani – nga apangulula omulimu gwa Nebukadinezza, omuntu eyali mu kikula kya omulabe we Kristo. Ssi Danyeri yeyalwana ne Setaani ne bamalayika be. Okuyita mu kwewombeeka, okusaba n'okusiiba, yakkiriza olutalo lwenyini okulwanibwa mu bifo ebyomugulu – wakati wa

bamalayika (Mikayiri) ne emizimu (omulangira we Buperusi). Obuwoombeefu bwa Danyeri bwaganya olutalo okutandiika n'okuwangulibwa. Danyeri si yayaluwanguula, naye ammanyi ag'omwoyo ku njuyi zombi. Bulijjo olutalo luba lwa Mukama.

Essuula 10

Yesu

Matayo 5:48 Kale mmwe mubeerenga abatuukirivu, nga Kitammwe ali mu ggulu bw'ali omutuukirivu.

Kirabika nga ekitaliyo nze okukozesa Yesu nga eky'okulabirako eky'enkola eno; lwaki Yesu yandibadde ayita mu mutendeera gwona ogw'okutuukirizibwa? Eky'amazima yali yatuukirira, nga tamanyi kibi!

Okutegeera eky'okudaamu, tulina okusooka okutegeera nti okuba nga tolina kibi kyanjawulo ku kubeera nga otuukiride. Pawulo awandiika mu baluwa ye Abaebbulaniya 5:8 newankubadde nga Mwana, naye yayiga okugonda olw'ebyo bye yabonaabona: awo bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka ensonga y'obulokozi obutaggwaawo. Tumaanyi nga teyalina kibi, wano tulaba nga okutuukirizibwa kuno tekukwaata ku kola kibi. Kukwaata ku kula kwa Yesu okw'omwoyo – enkola ey'okufuula atukiride.

N'olw'ekyo, Yesu bwatugamba okubeera abatuukirivu, tayinza kuba nga ategeeza obulamu obutakola kibi, naye obulamu obw'okugonda n'okukula.

Bwetusooma ku bulamu bwa Yesu tulaba nga naye yayita mu bintu byatulagira okutambuliramu, kubanga eno nkola ya Katonda eya buli muntu, n'omwana we naye.

Okuva mu Misiri

Matayo 2:14-15 Bayibuli egamba nti yatwalibwa eMisiri bazadde be, okutukiriza obunnabi obuli mu Koseya 11:1, ne mpita omwana wange okuva mu Misiri. Wano

Koseya yali ayogera ku Isirayiri, era tumaanyi nga Katonda yayita eggwanga lyonna erya Isirayiri okuva mu Misiri, era bwetuba nga tukkiriza nti Misiri y'ensi, olwono enkola eno ey'obunnabi ekwaata ku buli muntu yenna Katonda gwayita okuva mu nsi. Yesu yava eMisiri mu buliwo, era kano kali kabonero, naye ate Yesu yaviira ddala ne mu enkola ey'ensi bweyatandiika obuwereeza bwe.

Okutuusa mu kiseera eky'okutandiika obuwereeza we, kirabika tewali n'omu yalowooza Yesu kuba nga aliko kyali okujjaako okumumaanya nga "omwana w'omubazzi". Bweyatandiika okubulira n'okukola eby'amagero, Makko 3:21 agamba nti mikwano gye bagamba nti alaluse. Kiki ekyabogeza kino? Tebyali by'amagero, kubanga abalalu tebakola by'amagero. Nzikkiriza nga bwali obulamu obutali bwabulijo, obw'okuleka byonna n'okwabulira ensi.

Obulamu obupya

Abalokole emirundi mingi banzikkiriza okwawukana nabo mu ndowooza y'ensonga ezitali zimu, naye bwembasomoza ku bulamu buno obwenjawulo, bulijo mpakanyiizibwa. Obulamu omuntu bwatambuliramu busomoza nyo okusinga enjigiriza, kubanga entambula kukkiriza okuli mu bikolwa, oba okukakasa okulumizibwa. Okulumizibwa okw'ammanyi awatali bikolwa, tekulina kyekugaasa. Yesu bweyatandiika obuwereeza, yaleka byonna, n'abeerawo lwa kukkiriza, nabulira enjiri. Okuva Yesu lweyatandiika obuwereeza bwe, tolina wolaba nga yabajja, oba okudabiriza entebe yonna oba

emeeza okusobola okweyimirizawo.

Sooma Lukka 12:13-14, ojakulaba eky'okulabirako nga Yesu agaana okweyingiiza mu nsonga za mateeka. Eky'okuvumirira n'okwogera ku bufuzi bwa ba Roma wadde omulundi ogumu teyakikola, newankubadde nga obufuzi bwabwe bwali bujuude obukambwe n'obutali bwenkanya. Yakola sitatimenti nti obwakabaka bwe tebwaali bwa mu nsi muno, era enjigiriza ne neneyisa ye bwali bujulizi ku mazima gano. Nga bwandibadde bujulizi bw'ammanyi singa abalokole baleero batambula nga abalamazi, nga abatali bansi, newankubadde nga bali munsi, era nga tebesigama kunkola ey'ensi.

Yesu mu dungu

Yesu atugamba okusooka okutuula wansi okubala omuwendo, kubanga naye yasooka kubala muwendo. Lwaki kyali kyetagisa Yesu okukemebwa mu dungu? Kubanga yalina omubiri, ekikula ekya Adamu ow'edda. Okwesalirawo kutambulira wamu n'obusozi obw'okwonona. Yesu naye yalina okusalawo okukwe, bwekitaba kityo, essala ze ezomulusuku tezalina makulu; mu butuufu mu bulamu bwe mwalimu olutalo wakati wabantu babiri. Ebibuuzo bya Setaani byalumba Yesu ow'omubiri, bwekitaba kityo kino tekyaali kigezo. Tunuulira ekigeezo eky'okussatu olaba engeri kye kyali kisikiriza obulamu bwa Yesu. Setaani yamuwa obwakabaka bwonna obwo munsi n'ekitiibwa kyabwo singa amala namusinza. Setaani teyagamba Yesu nti "wegaane Katonda". Setaani ye tafaayo oba tusinza ye wamu ne Katonda. Katonda yekka yakiteekako omwoyo nti tutekedwa kusinza Ye

Yekka.

Okubikkulirwa 5:12, Bayibuli etulaga Yesu kyeyaweebwa oluvanyuuma lw'okugonda n'okuyita mu musalaba. Yaweebwa obuyinza, n'obugagga, n'amaanyi…, ebintu byebimu Setaani byeyali ateze Yesu mu kukemebwa kwo mu dungu. Yesu asaanide okuweebwa obuyinza n'obugagga n'amagezi n'amaanyi n'ettendo n'ekitiibwa n'omukisa. Ebintu byonna bino Yesu yabiweebwa Setaani naye awatali mutango gwa musalaba. Setaani kyeyali awa Yesu kyali kifo kya omulabe wa Kristo kyenyini. Mu kifo kya Yesu okubonabona n'okweetika ebibi bye nsi yonna, Setaani yamuwa engeri endala okugaana omusalaba n'okubonabona kwago afuuge ensi nga omulabe wa Kristo. Yali ayagala Yesu asikirize ensi yonna okusinza Setaani, ekikolwa omulabe wa Kristo kyagenda okuba nga akola. Setaani, yali nga agamba Yesu, nti tobeera musiru! "Lwaki ofirira abantu bano? Omuwendo nga munene nyo! Tebagusaana gubasasulira! Katonda nebwabanunula kaseera buseera nga mbazaayo mu vulugu wabwe. Lwaki oyita mu kkubo ery'okubonabona nga ate nze nsobola bulungi okukuwa ensi kakati kakati?"

Entuuyo ez'omusaayi

Mu mazima, ekikemo kyali kinene okuwa Yesu ebintu amangu ago awatali bulumi Kitaawe byeyali yamusubiza. Soma Lukka 22:41-44 olabe obukalubo n'amaanyi ge kigeezo Yesu kyeyaliko… Kitange, bw'oyagala, nziyaako ekikompe kino…N'afuba ng'alumwa ne yeeyongera okusaba ennyo:entuuyo ze ne ziba ng'amatondo g'omusaayi, nga gatonnya wansi. Eno essala teyagisaba

mulundi gumu, wabula emirundi essatu. Omulabe waffe mukalabakalaba nyo tayinza kuleeta kigeezo ekitayinza kutukema. Mukugu mu kukola emipango.

Luno olutalo olwomu dungu lwelumu ne Musa lweyasisinkana. Musa yamala kumala myaka ana mu dungu Katonda nalyoka amwogerako nga omuntu eyali asinga obuwombeefu ku nsi. Yesu kyamutwalira ennaku amakumi ana okuwangula omubiri gwe. Yesu ne Musa bombi bayita mu nkola eno ey'edungu nga tebanatandiika buwereeza bwabwe.

Ssi kya bakalokoka

Kisoboka kitya eri gwe nange okulowooza nti embeera eno ey'edungu tetugisange mu bulamu? Kyamutawaana nyo okuyingira mu buwereeza nga Katonda tanaaba kutugezesa. Tekyewunyisa tulaba obutyabaga bungi mu bawereeza ba Katonda. Tusanga abantu ab'omululu, abagala ebintu, oba abajude okwaka okw'omubiri nga Setaani yetegese okubanika n'okusiiga enziro obwakabaka bwa Katonda. Amalala kintu kyamutawaana nyo, gegasinga okuziyiza obulamu obw'okutya Katonda n'obuwereeza obw'amaanyi.

Obuwereeza obwa dala dala

Yesu nga amaze okuyita mu mitendera ebiri, yatukiriza omutendera ogusembayo mu nkola eno – ogw'obuwereeza bwe obwali obw'okuzikiriza emirimu gya Setaani. Nga mu by'okulabirako ebirala, kino kyali kyekola kyokka. Yesu kakati yali yetegese okukola okwagala kwa Kitaawe, so ssi kwagala kwe oba obuwer-

eeza bwe. Yesu teyatandiika buwereeza okujjako nga amaze okubatizibwa (akabonero akalaga okufa eri ekikula kyaffe n'eri ensi) n'okukomerera omubiri gwe.

Yokaana 5:19 agamba, Ddala ddala mbagamba nti omwana tayinza yekka kukola kintu, bw'atalabira ku Kitaawe ng'akola: kubanga ye by'akola byonna, n'Omwana by'akola bw'atyo. Mu kiseera kino Yesu yatandiika okuzikiriza emirimu gya Setaani. Yatandiika okumenyawo enkola ya Setaani mu nsi. Yawonya abalwadde, yalisa abayala, n'okusomoza abantu okubeera abatuukiride nga Kitaawe naye bwatuukiride. Yesu talina kintu nakimu kyeyakola mu maanyi ge oba kulwe kitiibwa kye.
Mu kufuba kwaffe okwawukaana ku nsi, okufuga omubiri n'okufuuka ab'entiisa eri obwakabaka bwa Setaani, Yesu nga kyakulabirako ky'amaanyi gyetuli.

EKITUNDU 3
EKY'OKUSSATU

Ebisumuluzo

Abayigirizwa ne bajja ne bamugamba nti Ekiki ekikwogeza nabo mu ngero? N'addamu n'abagamba nti Mwe muwereeddwa okumanya ebigambo eby'ekyama eby'obwakabaka obw'omu ggulu, naye bo tebawereeddwa. Kubanga buli alina, ali-

weebwa, era alisukkirirawo: naye buli atalina, aliggibwako ne ky'ali nakyo. Kyenva njogera nabo mu ngero;kubanga bwe balaba tebalaba, bwe bawulira, tebawulira, so tebategeera. Naye Isaya bye yalagula bibatuukiridde, ebyayogera nti Muliwulira buwulizi, naye temulitegeera; Muliraba bulabi, naye temulyetegereza: Kuba omutima gw'abantu bano gusavuwadde, N'amatu gaabwe bagazibye; Baleme okulaba n'amaaso, n'okuwulira n'amatu, N'okutegeera n'omutima, N'okukyuka, Ne tubawonya. Naye amaaso gammwe galina omukisa, kubanga galaba; n'amatu gammwe, kubanga gawulira.

Matayo 13:10-16

Esuula 11

Ekigendererwa kya Katonda

Tulabye omuwendo ogw'okubeera omuyigirizwa wa Yesu, era ne tulaba nga eddala erisooka lya kwegaana bulamu bwo, ekitegeeza okutambula n'endowooza eyenjawulo kunsi. Kino kintu kyetulina okwekolera ffek-

ka. Katonda tabiyingiramu, kuba kiri mu maanyi gaffe okwefiriza obulamu bwaffe. Tusobola okwejjako tivi oba okugaana okugula amawulire bwebiba nga biziyiza okutambula kwaffe ne Katonda. Malayika Gabudyeri tajja kuja mu nnyumba yange ekiro ekimu tivi yange agyetike. Kino Kisoboka era ffe tulina okukyekolera. Tekimala okukwaata bayibuli n'ogamba nti tetuli bansi, newankubadde nga tuli munsi okujjako nga ddala otambula nga atali wansi.

Eddala ery'okubiri ery'omuwendo ogw'okuba omuyigirizwa lya kwetiika musalaba gwaffe, ekikula kyaffe eky'Adamu okukomererwa. Twalabye nga n'okuyinza tetuyinza kukomerera mubiri gwaffe mu maanyi oba mu kumalirira kwaffe, kubanga omubiri bye birowoozo eby'ekyama n'ebigendererwa by'omutima. Katonda yekka y'amaanyi emitima gyaffe, n'olw'ensonga eyo, Katonda yekka yasobola okukwaata ku mibiri gyaffe. Naye kino tekitegeeza nti tutuula butuuzi awo ne tulinda Katonda okola omulimu, bulijjo naffe tulina okuba tusaayo omwoyo. Naye wadde ekyo kiri kityo, tetusobola kwenyuumiriza kubanga Yesu era asigala nga yakola omulimu okuyita mufe.

Enkola ey'emirundi ebiri

Nga tetunaba kutunulira enkola eno ey'obutukuvu n'obuvunanyiizibwa bwaffe mu nkola eno, tulina okusooka okutegeera nti eno enkola ya mirundi ebiri. Katonda azanya ekitundu kinene mu nkola eno ey'obutukuvu. Obulamu obw'obukristaayo tebukwaata ku kusonyiyibwa kyokka, naye ku kukyuusibwa. Abasajja n'abakazi

bwebasonyiyibwa ebibi byabwe bafuuka batuukirivu, ekyo kitegeeza nga baterede ne Katonda, naye tebabeera batukuvu. Kino kitegeeza nti kakano tebalina kufuuna kibonerezo kya byonono byabwe. Okukkiriza mu musaayi gwa Yesu ogujawo ebibi kubakuuma okutuusa okwambazibwa emibiri egitafa mukuzukira.

AbaEfeso 1:4 atulaga nti mu ngeri emu Katonda atweyawulira: nga bweyatulondera muye ng'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu. Naye ate waliwo n'ebyawandikiibwa nga 1Peteero 1:15-16, naye ng'oyo eyabayita bw'ali omutukuvu era nammwe mubeeranga batukuvu mu mpisa zonna; kubanga kyawandiikibwa nti Munabanga batukuvu; kubanga nze ndi mutukuvu. Wano Katonda atubanja okubeera abatukuvu era tajja kino kukitukolera. Kino ky'ekika ky'obutukuvu kyenjogerako; ekitegeeza okweyawula ku nsi. Okufuuka nga Kristo mu kikula ne mu mbala yaffe. Kino tekyekola kyokka omuntu ng'amaze okusonyiyibwa. Ssi kikolwa kya kisa Katonda kyatukolera; tusalawo okutambulira mu bulamu obw'okwewaayo. Tusonyiyibwa mangu ddala, naye tetusobola mangu nnyo kufuuka batukuvu, era wano abalokole bangi webesitalira. Bagala okubeera abatukuvu, naye kubanga tewali abanyonyodde nkola eno ey'obutukuvu, balowooza mbu bafunye obutukuvu era ne bagezaako okutambulira mu bulamu obw'obutukuvu obwokungulu. Mu butuufu buno tebubeera butukuvu, wabula bunanfuusi.

Abalokole abalala bangi bamanyi nti newankubadde nga bakyusiza empisa zabwe, bakyalina ebizibu n'obulamu

bwabwe obwomukyama. Bakkiriza nti mu butuufu mu mutima bakyalinamu obusungu, okwaka, amalala, okweyagaliza bokka, n'omululu newankubadde nga basobola era bafuga ebikolwa byabwe eby'okungulu. Bamaliriza bagamba obulokozi bwabwe bulimu ebituli. Okumala emyaka amakumi abiri nga nange nail mu balokole banno, ng'ebikolwa byawukana nebiri mu mutima, buli kiseera nga nesalira omusango, bulijjo nga mbiika ekikula kyange eky'Adamu n'empisa ennungi kungulu.

Obulamu obwo tebumatiiza, naye kiki eky'okudamu? Tekijja kubeera kizibu singa tutegeera ebintu bibiri: Ekigendererwa kya Katonda eky'obulamu bwaffe, n'enkola gy'akozesa okutukiriza ebigendererwa bye.

Kiki Katonda ky'agenderera?

Ekigendererwa kya Katonda okuva Adamu lweyagwa kibadde nga kubikula mbala ye eri ebitonde bye ebyagwa. Era kye kyali n'ekigendererwa mu ndagaano enkadde, okuva ku kuyitibwa kwa Iburayimu, okutuuka ku mulembe gunno – Katonda annonya akabondo akabantu abatono enyo abanalaga ekibiina ekinene embala ye.

Manyi nga kino kirabika okuba eky'engeri mu balokole bangi, kubanga ekanisa nayo ejuude endowooza y'ensi egamba nti "kyekikoma okuba ekinene,kyekiokoma okuba ekirungi", mbu "bulijjo abantu abangi bebabeera ku luuyi olutuufu". Eky'omukisa omubi kyangu nyo era kisoboka bulungi abangi okuba abakyaamu!Mu butuufu bulijjo abantu abangi bebabeera ku luuyi olukyaamu.

Yesu embeera mu nsi ye yagilaba bwatyo. Nga ayogera n'abayigirizwa mu Matayo 7:13-14 yagamba, muyingire mu mulyango omufunda: kubanga omulyango mugazi, n'ekkubo eridda mu kuzikirira ddene, n'abo abayitamu bangi. Kubanga omulyango mufunda n'ekkubo eridda mu bulamu lya kanyigo, n'abo abaliraba batono.

Emirundi mingi ababulizi bakozesa bubi ekyawandikiibwa ekyo bwebakikozesa okubuulira enjiri abonoonyi nga bagamba: omulyango omugazi n'ekkubo eddene bwe bulamu obw'ekibi, ekkubo erigenda mu geyenna, omulyango omufunda ly'ekkubo ery'ekisa era erigenda mu ggulu. Naye eno nsobi nnene gyebakola mu kuvunula ebyawandikibwa. Obubaka Yesu bweyabuulira ku lusozi bwali bwa bayigirizwa. Gano go ge mazima, ekisa gwe omulyango omunene, ogwenkanakana ne geyenna. Yesu tatwaala ebibi by'ensi yonna. Byakomererwa ku musalaba. Ekintu kyokka ekigaana abantu okusonyiyibwa kwekugaana okukkiriza amazima gano. Ekisa gwe mulyango omugazi so ssi omulyango omufunda. Omulyango omufunda Yesu gweyayogerako ly'ekkubo efunda ery'okubeera omuyigirizwa.

Okutumibwa kwa Isirayiri

Mu Ekyamateeka 14:2 Katonda yayogera okuyita mu Musa nagamba Isirayiri, kubanga oli ggwanga ttukuvu eri Mukama Katonda wo, era Mukama yakulonda okuba eggwanga ery'envuma gy'ali okusinga amawanga gonna agali mu maaso g'ensi. Kino ekyawandiikibwa tekiri kimu kyokka; Katonda yali yabagamba dda emirundi mingi nga bwebalina okubeera abantu ab'enjawulo.

Eby'abaleevi 20:24-26 Naye nabagamba Mmwe nti Mulisikira ensi yaabwe, nange ndigibawa okugirya, ensi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki; nze Mukama Katonda wammwe, eyabaawula mu mawanga…Era munabanga batukuvu gye ndi: Kubanga nze Mukama ndi mutukuvu, era nabaawula mu mawanga mubeere abange.

"Ekigambo Mutukuvu" kitegeeza eky'enjawulo oba ekyawulibwa. Balina kuba batya abantu ab'ejawulo oba abatukuvu? Kitekedwa okuba nga balina okubeera nga banjawulo ku bantu abasinga obungi. Omuntu bwabeera omutukuvu, abeera "wanjawulo" ku bantu abalala. Abantu abasinga obungi bwebafuuka "ab'enjawulo" olwo no ebintu bikyuuka-bali abatono ab'enjawulo bafuuka bantu ba bulijjo. Ababulijjo bafuuka abatono, era bebalaba nga abantu ab'enjawulo. Bulijjo abantu ekibafuula ab'enjawulo kyakubeeranga be batono.

Akatundu akasembayo mu lunyiriri kagamba, okusinga amawanga gonna agali mu nsi. Aba Isirayiri balina kubeera banjawulo ku bantu bonna abo munsi. Ekigendererwa kya Katonda ekya Isirayiri tekyali kufuuga nsi. Kituufu yagamba Adamu okufuuga ensi nga tanagwa, naye okuva ekibi lwekyajja munsi Katonda tadangaamu kuwa kiragiro ekyo. Katonda yali ayagala abantu abasigadewo abajja okulaga n'okulangirira embala ya Katonda nga obujulizi mu nsi yonna, kubanga ensi yonna Katonda yali agisalidde omusango. Katonda talisala musango nga tewasose kuba bujjulizi ku butukuvu bwe – omunnyo gwe nsi – ekibonerezo kye kisobole

okubeera eky'obwenkanya, era kirabike nga kya mazima mu maaso ga bamalayika, emizimu n'abantu bonna.

Ekomo ku Isirayiri

Katonda yagamba Musa mu Ekyamateeka Olw'okubiri 11:24, Buli kifo ekinaalinnyibwangamu ekigere kyammwe…we wanaabanga ensalo yammwe. Balina okulya n'okufuga ensi okutuuka nga efunye emirembe. Luno olunyiriri lutuwa n'ensalo ey'ensi gyebalina okulya, okuva ku ddungu ne Lebanooni, okuva ku mugga, omugga Fulaati, okutuuka ku nnyanja ey'omu mabega. Ensi gyeyabaawa bw'ogerageranya ntono ku Bungereza. Isirayiri teyalina kiragiro okuva ewa Katonda okulya ensi endala yonna etali mu nsalo gyeyabawa. Balina okulaga embala ya Katonda eri amawanga amalala munsi; balina okubeera abantu abenjawulo, eggwanga lya bakabona abatutukuvu eri Mukama.

Eby'afaayo mu bayibuli bitulaga nga kino balemererwa okukikola, buli kiseera badingaananga okutambuliranga mu bulombolombo n'okusinza ebifananyi kwa mawanga agabetolodde. Bagaana okwekuuma nga bantu banjawulo, nga batukuvu, ne Leevi, ekika Katonda kyeyeyawulira mu baana ba Isirayiri okubeera nga "kyanjawulo" era nga kitukuvu nakyo kyalemererwa. Ba kabona abava mu kika kino olw'amala bwebati okwawulibwa, nebawaayo omuliro ogutali gwa bulijjo eri Mukama.

Omulimu gwe Kanisa

Ebiragiro byebimu Katonda byawadde ekanisa olwaleero mu ndagaano empya, newankubadde nga bikontana ne

njigiriza ey'olwaleero. Peteero mu baluwa ye essooka ayogera ebintu byebimu eri kanisa Musa byeyagamba Isirayiri: 1Peteero 2:9 Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala kwe okw'ekitalo. Ennono zezimu zino ez'obutukuvu n'okweyawula zilina okutekebwa mu nkola mu kanisa, era kino kikiriziganya bulungi ne njigiriza ya Yesu n'abatume.
Yesu ye yali ekitangaala, naye ensi teyategeera era yali teyinza kugumikiriza kitangaala, ne bamukomerera. Mu ngeri endala, ekitangaala bakizikiza. Yesu yagamba abayigirizwa be nti mmwe kitangaala ky'ensi, nti era balina okusubira okuwakanyizibwa kwekumu nga kweyayitamu. Mu Yokaana 15:20 Yesu yagamaba abayigirizwa nti tebasubira okubawa ekitiibwa, wabula okugaanibwa, Omuddu tasinga mukama we. Oba nga banjigganya nze, nammwe banaabayiganyanga; oba nga baakwata ekigambo kyange, n'ekyammwe banaakikwatanga.

"Ekiragiro ekikulu" kyeyalagira mu njiri tekitugamba nti tutwaale ensi ku lwa Yesu. Tekigamba kanisa kufuuga ensi, oba okufuula ensi enkristaayo. Era tekigamba nti buli wonna ekigere kyaffe wekinarinya nga tutwaalawo. Tewali kyawandikiibwa n'ekimu ekitugamba okutwala ebibuga byaffe ku lwa Kristo; mu ngeri ekontana n'ekyo, ate batulagira nti ekibuga bwekigaana enjiri yaffe, tukifulume tukunkumule enfuufu yakyo ku bigere byaffe. Oba nga Katonda asaamu ekitiibwa okusalawo kw'abantu, naffe tulina okusaamu ekitiibwa okwagala kwabwe. Abantu bwe basalawo okugaana enjiri, eryo

liba ddembe lyabwe. Ffe kye batutuma kyokka mu nsi yonna kya kuuwa abantu omukisa ogw'okukkiriza oba okugaana enjiri.

Tewali kwekwaasa

Mu njiri ya Makko 16:15, batulagira,…Mugenda mu nsi zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna. Ekanisa telina kyakwekwaasa singa tekola gwa kubuulira buli kitonde okwagala n'ekisa kya Katonda; naye ate tetuli banabyabufuzi, tetutekedwa kukozesa bukodyo okusobola okumatiza abantu okulokoka. Tulina okusaamu ekitiibwa amazima nti abantu balina okwesalirawo kyebagala. Makko 16:16 agamba, Akkiriza n'abatizibwa, alirokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga. Katonda ajja kugaata ku kanisa abo bonna abatekeddwa okulokoka. Abantu bwebagaana enjiri yaffe, Matayo 10:14 atugamba, mukunkumulanga enfuufu ey'omu bigere byammwe. Ogwaffe gwakubulira enjiri, ebidirira nga tumaze okubuulira enjiri ssibyaffe. Kyetussaako omwoyo kyokka kya kubulira buli muntu enjiri.

Okubuulira ku geyenna

Abalokole bangi balowooza nti mu kubulira enjiri tulina okugamba abantu nti singa tebenenya bagenda mu muliro. Newankubadde nga enkola eno tukikozesa nnyo mu kubuulira enjiri, tewali kyawandiikibwa ekiwagira enkola eno.

Yesu geyenna yagigamba bayigirizwa be oba Abafalisaayo abalowoozanga nti bali mu kitangaala. Sisanganga wantu mu bayibuli Yesu wagambira geyenna

abonoonyi. N'ebaluwa za abatume nazo tezitulungamya kubuulira ku geyenna. Katonda ayagala twesalirewo okumwagala. Okusalawo okuwereeza Katonda kubanga twagala okuwona geyenna ssi kingendererwa kituufu, era tekireetawo nkolagana nnungi eyakyeyagalire. Nzikkiririza mu nnyanja ey'omuliro, era nzikkiriza nti abo bonna abajjeemu bajja kugenda omwo wamu ne Setaani ne bamalayika be; naye wano kakati njogera ku njiri. Enjiri ge mawulire amalungi, so ssi amawulire amabi. Nzikkiriza nti Katonda mulungi, nti era newankubadde nga tewandibaddewo mpeera, oba kibonerezoo kya mulir agwanidde okumuwereeza.

Bateera okugamba mbu nga ojjeeko okubuulira enjiri n'okuwangulira Yesu Kristo ensi, ekanisa telina kigendererwa kirala kyonna kya kubeera kunsi. Kino kiwulikika nga amazima, kuba bakitugamba nnyo, naye bwewetegereza, tewali wantu wonna mu njigiriza ya Yesu mmwe yasomesa ekyo. Talina lweyagamba nti wanaabaawo okudda obujja okw'ensi yonna, oba ekanisa ejja kufuuga ensi yonna nga anateera okudda. Amazima gali nti, bweyali ayanukula abayigirizwa ku biseera eby'oluvanyuuma y'akontana n'edowooza eyo. Mukulabula abayigirizwa mu Matayo 24:4 yagamba, Mulabe omuntu yenna tabakyamyanga, nayongera okwogera ku kukyamya n'okuyiganyizibwa okulibaawo nga tannaba kukomawo. Pawulo mu 2 Abasessaloniika 2:3 agamba, omuntu yenna tabalimbanga mu kigambo kyonna kyonna, ebigambo byenyini Yesu byeyatulabula. Abasessaloniika 2:15 yabagamba, Muyimirirenga, era munywezenga bye mwaweebwa – kubanga ekiseera

eky'okukyamizibwa n'okuyiganyizibwa kijja.

Wadde tulina enjigiriza n'engeri nyingi ezokubuuliramu enjiri, naye okubuulira enjiri okutuufu kuba kwangu, kwekola kwokka okuva mu bulamu obw'omuntu omutuukirivu. Obulamu obutukuvu bulimu amaanyi okuleeta ekitangaala mu kizikiza. Enjiri y'abalokole okubeera ey'amazima era ey'amaanyi, kilina kuba nga kiva mu bulamu bwabwe bwebatambuliramu obw'obutukuvu, bwekitaba kityo enjiri tesobola kubeeramu bulamu bwa Kristo.

Ekigendererwa ekituufu eky'ekanisa

Nga maliriza, kankutwale mu nyiriri eziri mu Abaefeso 4; wano Pawulo atulaga bulungi ekigendererwa kya Katonda eky'obulamu bwaffe. Abaefeso 4:11 atulaga obuwereeza obw'emirundi etaano obubeera mu kanisa. Bano be batume, bannabi, ababuulizi, abasumba n,abayigiriza. Bano abantu kwolesebwa ki kwe balina okuba nakwo nga bawereeza? Ebigambo ebidirira bituyamba, kugamba bitugamba ekigendererwa kya Katonda mu kuteekawo yafisi zino, n'ekirina okuvaamu: olw'okutuukiriza abatukuvu, olw'omulimu ogw'okuwereeza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo: okutuusa lwe tulituuka fenna mu bumu obw'okukkiriza, n'obw'okutegeera Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky'obukulu obw'okutuukirira mu Kristo: tulemenga nate okubeera abaana abato, nga tuyuugana nga tutwalibwanga buli mpewo ey'okuyigiriza. Wano tewali wayogerera ku kubuulira njiri. Ekigendererwa

eky'obuwereeza bunno obw'emirundi etaano kyakutuusa abantu mu bukulu n'emukutuukirira mu Kristo – omugole wa Kristo. Tewali kyawandiikibwa kyonna mu baluwa za batume ekitukubiriza "okuwangula emyoyo". Ebiragiro byonna bikwaata ku bulamu obw'ekikristaayo n'obutukuvu.

Okuzaalibwa okwabulijjo

Njagala kukikatiriza nti mpagira nyo okubuulira enjiri (okubuulira enjiri eri buli kitonde kyonna); naye mu buttoned oba mu mwoyo, okuzaalibwa kwa baana, ebeera ntandiikwa si nkomerero. Enkomerero eba ya kubatuusa mu kigera eky'abantu abakulu. Okuyigiriza kwonna okw'endagaano empya kuteeka nyo amaanyi ku ky'okuleeta abalokole mu kutuukirira mu Kristo.

Amateeka ag'okuzaala mu mwoyo ne mumubiri gonna gagoberera ennono ze zimu. Abantu ababiri bwebagalana, eky'okuzaala abaana kyekola kyokka. Abagalana ababiri tebetaaga kugamba nti betaaga okwebaka bombi oba nti balina okuzaala abaana; tebetaaga na magezi ku ngeri esinga okutuuka ku ky'okufuuna abaana! Okuteeka omwoyo ku nkola ne ngeri tekiyinza kutuyigiriza kuba na kisa n'okwagala. Lwakki ekanisa y'etaaga nyo amagezi ku ngeri entuufu ezo kubuuliramu enjiri? Kiyinzika okuba nga ekintu ekisinga obukulu kyetutayina – eky'enkolagana ne Yesu, eky'okwagala kwa Kristo n'okuba n'ekisa. Bino bwetuba nga tubilina, eky'abaana ab'omwoyo kiba kyekola kyokka. Tuba tetwetaaga kusomesebwa ngeri, enkola oba okugenda mu semina. N'eky'okutuzaamu amaanyi n'okutukubiriza kiba teky-

etagisa. Kiba kifuuse kya butonde gyetuli. Mu butuufu, tujja kutandiika okubeera nga tukyagala.

Essuula 12

Enkola ya Katonda

Yokya kakiki yenna ata de
ekizikiza mu mutima gwange
Yokya byonna ebitwawukanya
Yokya ekikula kyange eky'edda, ompe entandiikwa empya
Muliro gwa Katonda yokya okutuusa nga nkutte omuliro gwa Kristo Mukama wange

Joanna Barratt

Bwekiba nga ekirubirirwa kya Katonda kyakutufuula abagole ba Kristo abatuukiride, kakano Katonda nkola ki gyatuyisamu okotuuka kw'ekyo?

Omuzabbibu

Mu Yokaana 15, Yesu atulaaga bulungi enkola enkulu enyo era buli mulokole gy'alina okutegeera bwaba nga anakyuusibwa okuyingira mu kifananyi kya Katonda. Abatategeera ngeri za Katonda, bulijjo babeera banenya Setaani olw'embeera Katonda yenyini zaleese. Bamalirira balwana ne Katonda yenyini, naye nga ate balowooza balwaana ne Setaani, ekintu eky'obulabe enyo. Endowooza yaffe eri enkola eno ejja kusalawo kiki Katonda ky'anakola oba kyat'ajja kukola mu bulamu bwaffe.

Mu Yokaana 15:1, Yesu agamba, Nze muzabbibu ogw'amzima, ne Kitange ye mulimi. Kino kyangu okutegeera; naye olunyiriri 2 lutuwa enkola ya Katonda, ono nga ye mulimi, gy'atuyisaamu. Buli ttabi eriri mu nze eritabala bibala, aliggyawo.

Ensonga biri zetujja mu sitatimenti ya Yesu eyo. Essooka, Yesu atekwa okuba nga yali ayogeera n'abalokole, kubanga abalokole bokka be babeera "mu muzabbibu". Ey'okubiri, tulaba nti abalokole basobola bulungi obutabala bibala, ate nga obutabala bibala okusinziira ku lunyiriri olw'omukaaga kyamutawaana nyo: ettabi eritabala aligyawo, asuulibwa ebweru ng'ettabi, akala; bagakungaanya, bagasuula mu muliro, ne gaggya. Abalokole ky'akabi nyo okwesaanga mu mbeera eno. Yokaana 15:2 agamba, buli ttabi eribala ebibala alirongoosa, lyeyongerenga okubala. Bwetwetegereza ebigambo bya Yesu binno tulaba nga ebikolwa byombiriri ebya Katonda bileeta obulumi. Bwe batutasuulibwa ebweru mu muliro, batulongoosa tweyongerenga okubala. Sagala kikwewunyise eky'okuba nga bw'osanyusa Katonda omulimi

n'obala ebibala, oyita mu bulumi obw'okulongoosa. Kino tekitekeedwa kutwewunyisa, kubanga eno ennono nkulu nyo mu bitonde bya Katonda. Buli mulimi aba akimaanyi bulungi okusobola okufuuna ebibala ebirungi, otekwa okulongoosa ng'okusalira, era by'ofuunamu bilaga nga enkola eno bweyetagisa.

Obulumi bw'okulongoosa oba okusalira

Mu butuufu, enkola ey'okulongoosa ya bulumi, era bayibuli ekozesa ebigambo bingi nga enyonyola enkola eno. Ebigambo nga okugezesebwa, okulongoosebwa, okuyita mu muliro. Waliwo ensonga emu yokka lwakki ebyo bitujira okusinziira ku ndowooza ya Katonda – tubale ebibala bingi. Kino kitegeeza nti abalokole bonna balina okukula babeere nga Kitabwe mu mbala. Bulijjo ekanisa egezaako nyo okufuula ekanisa ennene, naye nga ate ekigendererwa kya Katonda ekikulu kya kubala n'okubeera na bibala eby'omuwendo. Wasobola okubeerawo omuti omunene naye nga tekuli bibala, ate omuti gusobola okubeera omutono naye nga gujuude ebibala. Naye bwetuba twagala okubeera mu kwagala kwa Katonda, tulina okuba n'ekigendererwa kimu, nga ky'ekigendererwa kya Katonda.

Mu nnaku zino ez'enjiri abantu gyebagala, ey'okwatuula obuwanguzi n'okuwonyezebwa, n'ebyamagero, endowooza nti Katonda atugaanya okubonabona, oba nti ayinza n'okubeera nga ye nsibuko y'okubonabona kwaffe ssi ya tutumu. Naye kyenetaaga kwe kuleetayo ebyawandiikibwa ebitono okuva mu ebyo ebingi okunyweeza ensonga eno. Bino tebigenda kutalaga bulazi nti

tutekeedwa okusuubira okubonabona, naye bitubuulira n'endowooza gyetulina okubeera nayo nga okubonabona kuzze.

Mussanyuke

Mu Yokaana 15:11 Yesu anyonyola ekigendererwa eky'okulongoosa omuzabbibu. Essanyu lyange libeerenga mmwe (Tuleme okufirwa essanyu lye mu mbeera ey'okubonabona)essanyu lyaffe lituukirire. Bulijjo batugamba okubuusa amaaso gaffe ekigezo tutunulire ebirungi ebinava mu kugezesebwa.

Yakobo atandiika bwaati ebbaluwa ye eri abakkiriza: Mulowoozenga byonna okuba essanyu, baganda bange, bwe munaagwanga mu kukemebwa okutali kumu. Engeri etali ya bulijjo okutandiikamu ebbaluwa ey'okuzaamu amaanyi! Naye tetulina kukoma wanno, kubanga Yakobo agenda mu maaso n'okunyonyola mu ngeri etegerekeka ebigambo bye. Olunyiriri oludirira lugamba, nga mutegeera…okutegeera ebintu bwebitambula kijjawo okutya. Kinno no kye kisumuluzo ky'ebigambo bya Yakobo. Okutya by'otamaanyi kwe kumu ku kutya okusinga okubeera okw'omutawaana mu bantu. Bwetutegeera amazima ganno, omulabe waffe Setaani asanyalala n'awangulwa, kubanga ayambulwa eky'okulwanyisa kye ekisinga okubeera eky'omutawaana: okutya.

Kutegeera ki Yakobo kw'ayagala okutuwa? Okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza. Omuntu omugumiikiriza abeera atuukiride, ng'alina byonna. Abalokole bangi bayayana okubeera abagu-

miikiriza, naye nebatatuuka ku bugumiikiriza, kubanga Katonda bw'atandiika enkola egenda okuleeta obugumiikiriza mu bo, batabuka ne banyiiga ne balowooza nti Setaani yabalumbye. Banenya Setaani, ne basaba Katonda abasumulule. Basaba bave mangu mu bizibu n'emitawaana n'ebigezo ebigenda okuleeta okugumiikiriza n'okutuukirira, n'okuba nga balina byonna mu bulamu bwabwe!

Mubuukenga olw'essanyu

Mu njiri ya Lukka 6:22-23, Yesu yagamba abayigirizwa be okubuukanga olw'essanyu. Ekyewunyisa kiri nti Yesu teyabagamba kubuuka olw'essanyu nga bali mu mbeera ennungi oba nga bajjudde omwoyo, kyeyabagamba kikontana n'ekyo. Balina okussanyuka n'okubuuka olw'essanyu nga abantu babakyaye n'okubeewalanga. Kinno tekiyinza kuba kya makulu eri omulokole alowooza nti alina kusuubira mikisa gyokka okuva ewa Katonda, era nti ebibi byonna biva wa Setaani. Kibazibuwalira okutegeera nga bamaze okubagamba mbu "kasita obeera n'okukkiriza okumala, Setaani talidamu kukutawaanya nate". Ebigambo bya Yesu bino, engeri yokka gyetuyinza okubitegeera, kwe kuba nga tutunulide emigaaso n'ebirungi ebigenda okuva mu kugezesebwa. Yesu yagamba nti, tugenda kubeera nga bannabi ab'edda, abasajja abatukuvu; era empeera yaffe ejja kuba nnene my ggulu.

Amaaso gaffe bwe gabeera ku mikisa gyokka, bulijjo tujja kubanga n'ebizibu kunsi kuno. Yesu yagamba abayigirizwa bwe okweterekera eby'obugagga mu ggulu, so sii

kunsi. Ate Pawulo mu Abakkolosayi 3:1 agamba, Kale oba nga mwazuukirira wamu ne Kristo, munoonyenga ebiri waggulu, Kristo gy'ali ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Mulowoozenga ebiri waggulu, so si ebiri ku nsi.

Ebintu byonna bikolera wamu olw'obulungi

Abaruumi 8:28 Olunyiriri lunno lumanyiddwa bulungi era lukozesebwa nyo, era mu lwo tulaba ennono y'emu. Pawulo agamba nti ebintu byonna bikolera wamu olw'obulungi bwaffe. Tagamba nti ebintu byonna birungi. Okuyiganyizibwa si kirungi. Endwadde, obulumi obutategeeragana – bino byonna si birungi. Pawulo agamba nti tubuuse amaaso gaffe byetulaba nebyetuyitamu tutunulire ebirungi ebiri mu maaso, era atujukiza nti n'ebintu ebibi bikolera wamu olw'ebigendererwa ebirungi mu bulamu bwaffe: tusobole okufaanaanyizibwa n'engeri y'Omwana we. Bino bye bibala ebiberera – embala ya Katonda ey'oluberera. Pawulo amaliriza essuula eno n'ebigambo ebibudabuda nti newakubadde okufa, newakubadde obulamu, newakubadde bamayika, newakubadde abafuga, newakubadde ebiriwo, newakubadde ebigenda okubaawo, newakubadde amaanyi, newakubadde obugulumivu, newakubadde okugenda wansi, newakubadde ekitonde kyonna ekirala, tebiiyinzenga kutwawukanya n'okwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu Mukama waffe. Pawulo agamba nti kinno kyekitufuula abawanguzi n'okukirawo – si nti tuduuka okugeza n'okuloongosebwa, naye bino bikulu nyo, byetaagisa era bya mugaaso gyetuli. Tusobola okubeera n'endowooza ey'obuwanguzi kugeza kwaffe,

kubanga tulaba emiganyulo egyomumaaso.

Ekisuubizo ekitali kya bulijjo

Pawulo, mu baluuwa ye, 2 Timoseewo 3:10-11, ayogeera ekintu ekikwaata ku bulamu bwe ekikwata ku nkola ya Katonda mu bulamu bwaffe. Obuwanguzi bwa Pawulo tebwajja kubanga ye okugeza n'okubonabona tebyaamujira-nedda! Yagumiikiriza okutuuka ku nkomerero. Pawulo ayogeera kugumiikiriza, okwagala, okuyigganyizibwa, n'ebibonyobonyo. Binno byonna byebilaga omugoberezi wa Yesu omutuufu. Yesu yagamba, mwekuume abantu bwebabogeerako obulungi; okwogeerako obulungi kabonero ka nnabi ow'obulimba. Pawulo ajjukiza Timoseewo amazima oba okusuubiza kunno: 2 Timoseewo 3:12 Naye era bonna abagala mu Kristo Yesu okukwatanga empisa ez'okutya Katonda banaayigganyizibwanga.

Kyangu nyo okumaanya lwakki kinaba kityo. Obutukuvu bwenyini obwa ddala buyinza butya okukkirizibwa mu mulembe ogw'ekizikiza, omulembe omubi era omwenzi? Ku bibiri walina okubaawo kimu: ekitangaala kijja kwaka kisomoze ekizikiza, oba ekitangaala okuzikira, kubanga ensi ekyawa ekitangaala era tekitegeera.

Okukyuuka kwe endowooza ya Peteero

Peteero, okuyigganyizibwa bwe kwajja gyali nga Yesu akwatibwa, yegaana nga bwatamumanyi. Mu kinno tulaba nga ye mu kulaba kwe omusalaba gwali tegwetagisa, era yali teyetegekedde kuyigganyizibwa. Mu ngeri ekontana n'omusalaba, Peteero n'abayigirizwa bali bal-

inze Yesu okukomyawo obwa kabaka bwa Isiraeri mu kiseera ekyo, Peteero n'okulwana yalwaana mu lusuku bwe baali bakwaata Yesu.

Mu baluuwa ya Peteero essooka, Peteero atulaga nga endowooza ku kugeza, n'okuyigganyizibwa bwe yali ekyuuse. Yakyuusiza ddala endowooza. Mu 1 Peteero 4:12 agamba, Abaagalwa, temwewuunyanga olw'okokebwa okuli mu mmwe okujja gye muli olw'okubakema, ng'abalabye eky'ekitalo. Peteero atugamba, tusuubire okugeza okw'amaanyi okubeera ekintu ekyabulijjo; ate olunyiriri oludirira, era nga eby'okulabirako byaffe byonna, lutunulira ebiseera ebyomu maaso nga ensonga ey'okussanyukira mu kugezebwa kwonna. Naye mussanyukenga, olw'okuba mussa kimu mu bibonoobono bya Kristo, mussanyukenga; era ne mu kubikkulibwa kwe kitiibwa kye mulyoke mussanyuke n'okujaguza.

Tumaliriza nga tugamba nti, endowooza ya Peteero empya yali ya muntu atuuse mu kigeera eky'obukulu. Enkyuukakyuuka eno mu mazima yali y'amaanyi nyo. Obulamu obw'obulokole n'enkola eno ey'endagaano empya bikyali bye bimu ne mu mulembe gunno. Peteero yegaana Yesu kuba yali tayagala musalaba. Waliwo amakkubo abiri gokka kwetulina okulonda – okwegaana obulamu oba okugaana Kristo. Eno sitatimenti erabika nga etali ya bulijjo; naye ekituufu kiri nti buli omu kuffe atambulira mu erimu ku makubo ganno abiri. Era tujja kwesanga nga tumaliriza mu limu ku makkubo abiri.

Essala egalawo etali ya bulijjo

Yakobo atandiika ebaluuwa ye nga atugamba nti, Mulowoozenga byonna okuba essanyu, naye ate ye Peteero amaliriza ebaluuwa ye essooka mu Peteero 5:10 n'ebigambo ebifanana mu kuzaamu amaanyi – ebigambo by'essala ebimaliriza bye siwulirangako mu kanisa yonna. Era Katonda ow'ekisa kyonna, eyabayitira ekitiibwa kye ekitaggwaawo mu Kristo, okubonyaabonyesebwako akaseera akatono, ye yenyinni alibatuukiriza, alibanyweza, alibawa amaanyi. Enkola eno (ey'okubonabona akaseera) gyetulina okusuubira kakano nga abalokole, era byetulina okusuubira okuva mu kugezesebwa kwaffe byebyo byetulabye okuva mu byawandiikibwa ebirala. Ebyawandiikibwa bino byetulabye nga bya kitiibwa: bituukiridde, binyweevu, tebikyuuka, ate nga by'amaanyi! Bituzaamu amaanyi okuyita mu muliro nga bwetugamba, "Katonda, yokya kasasiro yenna mu bulamu bwange"! Emirundi emeeka abalokole we bagalamirira ku Kyoto kya Katonda ekya ssaddaaka, nga bakkiriza nti bawadeyo byonna, naye ate Katonda olutandiika okukoleza omuliro, ne babuuka okuva ku Kyoto?

Bwetuba nga tetwetegese kusigala ku kyoto, netugumira omuliro, okwewaayo ku Kyoto kya Katonda, tuyinza n'okukikola olwo kweraga, okukikolera mu mubiri-ekikolwa ekissanyusa omuntu waffe ow'edda.

Okugoberera Pawulo

Mu Abafiripi 3:17, Pawulo atukubiriza okumugobereranga. Katusome ebigambo bye tutegeere amakulu

gabyo: Mu Abafiripi 3:7 agamba, Naye byonna ebyali amagoba gyendi, ebyo nabirowooza nga kufirwa olw'obulungi obungi obw'okutegeera Kristo Yesu Mukama wange: ku bw'oyo nnafirwa ebintu byonna, era mbirowooza okubeera mpitambi, ndyoke nfune amagoba ye Kristo, era ndyoke ndabikire mu ye, nga ssirina butuukirivu bwange obuva mu mateeka, wabula obutukirivu obuliwo olw'okukkiriza Kristo, obuva eri Katonda mu kukkiriza:ndyoke mmutegeere ye n'obuyinza obw'okuzuukira kwe n'okussa ekimu okwebiboonobono bye, nga mmufaanana nu mu kufa kwe;bwendiyinza mu byonna byonna okutuuka ku kuzuukira kwe okuva mu bafu.

Waliwo ebyawandiikibwa bingi ebikkiriziganya n'ebyo ebitono bye tulabye. Tulabye nga enkola n'engeri ey'okulongoosa n'okusalira ye engeri ey'obutonde, era nga y'engeri yokka ey'okufuuna ebibala ebirungi era ebilamu.

Okufuuna zabu

Zabu kyuma kyamuwendo nyo era kirungi okulaba. Wema ne yekalu Katonda mweyatulanga mu bantu be, mwali mujude zabu. Zabu alaga kitiibwa kya Katonda, embala oba ekikula kye, n'olw'ekyo, zabu alina okuba nga mulongoofu. Wabula zabu tabeera mulongoofu mu butonde, alina okuyita mu mitendeera egy'okulongosebwa. Bamuteeka mu kikomi ky'omuliro. Zabu nasanuuka, ebitali birongoofu(kasasiro) bidda kungulu ne bigibwaako. Enkola eno bagidingana okutuusa nga zabu takyalimu bitali birongoofu byonna. Olwo no zabu ne

bamuleeka okumala okuwola, n'okuguuma, olwo ne balyoka bamukozesa.

Gino gye mitendeera gyenyini, Katonda gyalina okutuyisamu bwetuba nga twagala okulongosebwa. Tewaliyo nkola ndala yonna. Obunafu mu mbala yaffe tebusobola kuvaawo okutuusa nga buzze kungulu, nga bwanikibwa.

Okwanikibwa

Katonda tagenda era tajja kujaawo mu ngeri ey'ekyamagero ebintu ebikwekeddwa munda mu mitima gyaffe, era Katonda tagenda nakugumikiriza butali butuukirivu mu mbala yaffe okutuusa nga tukkiriza nga bwetulina obutali butuukirivu mu ffe. Okutuusa nga embeera embi n'omuliro nga bituuse gyetuli, obutali bulongoofu bwaffe bujja kusigala nga naffe butuukisibwa. Bwetwanikibwa, kiswaaza ate nga kiluma nyo, kubanga obunnafu bwaffe bwebwanikibwa siffe fekka ababulaba, naye n'abalala babulaba!

Kinno bulijjo tukisaanga nga kizibu okukkiriza, netwekwasa embeera olwe neyisa yaffe embi; naye ate nga embeera embi, si kye kizibu, si y'ensibuko ye "mpisa zaffe" embi, naye embeera embi zijjayo bujja embala yaffe entuufu, omuntu kyali kyenyini. Teeri kintu kyonna kisobola kuva mu muntu okujjaako nga kimubadeemu. Okunyigirizwa okw'okugezesebwa, emitawaana, n'okuyiganyizibwa byo bijjaayo bujja mu muntu kasasiro amulimu; era kinno kibeera kintu kirungi. Singa ebitujira bituletera okwewombeeka kiba kirungi nyo, kubanga obwetowaze ye mbala yenyini Katonda gyaya-

gala. Nkakasa nti Katonda tasobola kukwaata ku kintu kyonna mu bulamu bwaffe kye tutakkiriza nti tukiri.

Eky'omukisa omubi, waliwo kyetuyinza okukola ekirala mu nkola eno ey'okulongosebwa. Tusobola okuyoyota kungulu kwa zabu okutuusa nga zabu ayakayakana, era mazima ddala zabu nayolesa ekitangaala. Naye enkola eno bwetugikozesa mu bulamu bwaffe, obukyaafu ne kasasiro bisigala bitukwekedwa era nga bikwekedwa n'abo abatulaba. Katonda yekka y'amanyi ekituufi ekiri mu mitima gyaffe. Mbeera nemereddwa nga omubulizi w'enjiri singa, nti "okulongoosa kungulu" kintu kya busirusiru okukola. Kisobola okumala mu bulamu bunno, naye bayibuli etulabula nti buli mulimu gwa buli muntu gujja kugezebwa n'omuliro era gulabike. Nteesa nti kirungi okukutowaza mu bulamu bunno, n'oba wa mugaaso eri Katonda, okusinga okulinda okusalira omusango abatukuvu n'ofirwa.

Okugezesebwa n'omuliro

Pawulo, mu 2 Abakkolinso 5:10 agamba, Kubanga ffe fenna kitugwanira okulabisibwa Kristo w'alisalira emisango, buli muntu aweebwe bye yakola mu mubiri, nga bwe yakola, oba birungi oba bibi. Ate mu 1 Abakkolinso 3:12 agamba, Naye omuntu yenna bw'azimbaga ku musingi ogwo zaabu, ffeeza, amayinja ag'omuwendo omungi, emiti, essuubi, ebisasiro; omulimu gwa buli muntu gulirabisibwa: kubanga olunaku luli luligwolesa, kubanga gulibikkulirwa mu muliro; n'omuliro gwennyini gulikema omulimu ogwa buli muntu bwe gufaanana. Omulimu ogwa buli muntu gweyazimbako bwegulibeer-

awo, aliweebwa empeera. Omulimu ogwa buli muntu bwegulyokebwa, alifiirwa; naye, ye yennyini alirokoka; naye bw'ati kuyita mu muliro. (Tobeera nakubusabusa, wano Pawulo ayogera ku balokole, kubanga agambye nti naye ye yennyini alirokoka. Kinno tasobola kuba nga yali akigamba bali ab'atamanyi Katonda.)

Wulira Omwoyo ky'agamba ekanisa, okusingira ddala eri abo abagamba nti ngaggawadde, so ssiriiko kyenneetaaga mu by'omwoyo oba mu by'omubiri. Amazima gali nti ekitundu kinnene mu makanisa ag'omumawanga agagala ebintu kirabika nga eyo y'endowooza yabwe. Okubikkulirwa 3:18 agamba, nkuweerera amagezi okugula gyendi ezaabu eyalongoosebwa mu muliro, olyoke ogaggawale, n'engoye enjeru, olyoke oyambale, era ensonyi ez'obwereere bwo zireme okulabika; n'eddagala ery'okusiiga ku maaso go, olyoke olabe. Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkanisa.

Essuula 13

Embala ya Katonda

Kiki kyetulina okukola okubeera abakulu n'okufuuka abatukuvu? Tukozesa bisumuluzo kika ki? Lwakki abalokole abamu beyongeera okukula n'okukyuuka, ate abalala n'ebadirira ne bakona? Waliwo ebiragiro ebilambulukufu mu kigambo kya Katonda ku ngeri y'okubeera omutukuvu oba tutebereza buteberezi?

Ngenda kutunulira ekyaama kino ekikulu eky'obutukuvu, emitendeera egy'ebuziba era egitategerekeka omuntu mwakyuukira okuva ku bigendererwa bye ne nsibuko y'ebikolwa bye. Musooke kakano munzikkirize okugabana ku zimu ku nnono eziri emabega w'ebiragiro bya Yesu. Kyangu nyo okugonda bwetuba nga tulina okutegeera. Tewali kye kigaasa okubeera n'okukkiriza okw'obuzibe bw'amaaso, bwe tuba nga kyetwetaaga kyokka kulaba na maaso ga mubiri.

Bwetuba nga tugenda kunonya embala ya Katonda, olwo no kikulu nyo ffe okusooka okwebuuza oba nga tutegeera embala ya Katonda bwefanana. Okutuyamba okudamu ekibuuzo kino, katulabe ennono ejja n'okukola

mu masomo gaffe gonna.

Enjuyi ebiri ez'ekinusu

Nkizzude nga abalokole bangi bebamanyi amazima ganno: Amazima ga bayibuli tegayinza kuva mu sitatimenti emu yokka. Endowooza yaffe eya bazungu yesigamye ku magezi agatunulira olunyiriri lumu olw'amazima. Eky'okulabirako ye sitatimenti nti, "Amazzi gano gokya." N'olw'ekyo okusinziira ku magezi gaffe ag'okusooka okutegeera olunyiriri olumu, amazzi teganyogogga. Waliwo ekituufu kimu ku bibiri, okwokya oba okunyogogga, era byombi tebiyinza kubeera bituufu. Ekimu ge mazima ate ekirala kitekeddwa okuba nga bulimba.

Naye amazzi ganno bwegabeera nga ga kisusu? Awo aganyogogga gaba gatabuddwamu agokya. Kakati ani asalawo nti kati gokya? Kubanga agokya ekitonotono n'agokya enyo gonna gaba "gokya." Ku nkomerero tulaba nga endowooza yaffe ey'abeeru "ennonyerezza obutuufu n'obukakafu" bw'ebintu asinziira ku ndowooza yaffe ne ku sayansi. Tugamba nti kino kya bululu, n'olw'ekyo si kya kilagala; gunno muti, n'olw'ekyo si kisiko; naye enyinyonyola y'ebintu yonna yaffe ya buntu, era tukola ensobi ennene n'okugezako okukozesa enkola eno okumanya Katonda.

Tugezaako okumanya Katonda okuyita mu sayansi n'okukozesa obwongo oba amagezi mu kifo eky'enkolagana; tunyonyola ekikula kye n'embala ye: afaanana bwati, n'olw'ekyo tafaanana bwatyo. Enkolagana yo teyetaaga kumanya "bituufu"; enkolagana eban-

ja ekintu kimu kyakubeera nga omanyi omuntu kubanga obaddeko naye.

Endowooza ya bazungu

Ekizibu ne ndowooza yaffe kye ky'okubeera nga bayibuli teyawandiikibwa okusinziira ku ndowooza ya bazungu. Newankubadde endowooza ya bayindi oba abantu abalala bonna. Bayibuli etugamba bulungi nti yawandiikibwa nga Omwoyo bweyalungamyanga abantu. N'olw'ekyo, bayibuli ndowooza ya Katonda. Okulungamizibwa kwava eri Omwoyo omutukuvu. Tetulina kwerabira mazima ganno, bwetunagerabira, tetujja kunonya kulungamizibwa okuva eri Omwoyo omutukuvu. Kyangu nyo okumala ebiseera byaffe nga tunyonyola oluyonani n'olulimi lwa Abaebbulaniya ne tufuuka abakugu mu kusoma, naye netuffirwa emmere ey'omwoyo. Bayibuli teyetaaga kutegeera na kusamu magezi gaffe; yetaaga okubikkulirwa. Kituufu waliwo abakugu abamala ebiseera byabwe byonna nga betegereeza emizingo egy'ebyawandiikibwa egy'edda, era sagala kubakolokota. Kyengamba kye kino; twetaaga omuntu eyawandiika bayibuli okutubikkulira bayibuli.

Okukontana okwo lwattu

Kakano njagala okugenda mu maaso nga ngamba nti, amazima bulijjo gakontana. Amazima galinga ssente eye kinusu, wadde galina enjuuyi biri ezitafaanana naye gasobola okubeera obulungi awamu. Eky'okulabirako kinno kakituyambe.

Singa nkwaata ennusu. Agilaba oluuyi olulala, alaba kira-

la, ate nange agikuute ndaba luuyi lulala. Singa mbuuza munange kyalaba ku nnusu, ajja kungamba ekyawukaana ku kyange okusinziira oluuyi lwalaba. Newankubadde nga ennusu y'emu, naye ffembi tulaba ekifananyi kyanjawulo – era ffembi wadde tuyinza obutakkiriziganya, naye ffembi tuli batuufu. Mu mbeera eno, okutegeera amazima, tetwetaaga kukyuusa nnusu, tulina kukyuusa kifo kyetulabiramu.

Eky'okulabirako ekyo kitulaga nti amazima aga ddala ddala gyegali, era nti amazima tegasobola kukyuuka. Naye nina okulaba enjuuyi zombi bwemba nga nafuuna nentegeera amazima mu bujjuuvu.

Katonda agamba ki?

Katonda keyeyogerere. Katonda buli lwe yalangiriranga embala ye, yakozesanga sitatimenti biri ezirabika nga zikontana. Mu Okuva 20:5 agamba: … Kubanga nze Mukama Katonda wo ndi Katonda wa buggya, abiwalana ku baana ebibi bya bajjajja baabwe okutuusa ku mirembe egy'oku bannakasatwe ne ku bannakana, egy'abantu abankyawa… Sitatimenti eraga Katonda nga omulamuzi ow'entiisa; naye sitatimenti yeyongeerayo okutuuka ku lunyiriri olwo mukaga,…era addiramu abantu nga nkumi na nkumi abanjagala, abakwata amateeka gange. Wano tulaba Katonda nga Taata asonyiwa, era asasira. Kakano, sitatimenti ki ku zombie etubulira embala entuufu eya Katonda? Ddala ddala Katonda waffe wa buggya era awalana ebibi ate nga wantiisa, oba Taata ajjuudde okwagala, asonyiwa, omusaasizi era addiramu?

Ekitiibwa kya Katonda

Musa bwe yasaba Katonda okumwebikkulira, okumulaga ekitiibwa kye, Katonda yakweeka Musa mu lwatikka olw'olwazzi nalangilira embala ye. Katonda yeyogeerako ki? Yayogerera ddala ky'ekimu nga mu mateeka ekumi – yalangirira enjuuyi ebiri ez'embala ye. Okuva 34:6-7 – Mukama n'ayita mu maaso ge, n'atendera nti Mukama, Mukama, Katonda ajjudde okusaasira era ow'ekisa, alwaawo okusunguwala, era alina okusaasira okungi n'amazima amangi; ajjukira okusaasira eri abantu enkumi n'enkumi n'enkumi, asonyiwa obutali butuukirivu, n'okwonoona n'ekibi. Wano tulaba Katonda ajjuudde okwagala, asonyiwa era Katonda ategeera. Naye agenda mu maaso n'atulaga oluuyi, oba ekifaananyi ekirala… era atalimuggyako omusango n'akatono oyo aligubaako; awalana obutali butuukirivu bwa bakitaabwe ku baana baabwe, ne ku baana b'abaana baabwe, ku mirembe egya bannakasatwe n'egya bannakana. Kakano, embala ya Katonda entuufu y'eriwa? Amagezi n'okulowooza kwaffe bitugamba nti Katonda alina kuba na luuyi lumu. Tasobola kuba nga asonyiwa, ate nga mu kiseera kye kimu awalana. Naye amazima g'embala ya Katonda gali mu sitatimenti zombi.

Okufuuna ekituufu

Kankujukizze ennono yaffe: Amazima tegasobola kubeera mu sitatimenti emu bwetti. Omutawaana gujja nga oluuyi lumu olwa Katonda lwokka lwe lubuulirwa, oluuyi olulala ne lutatekebwaako mwoyo. Amazima gon-

na getagisa okusobola okutufuula ab'eddembe. Omujulizi nga tanakkirizibwa kuwa bujulizi bwe mu kooti ya mateeka, asooka kulayira ebigambo binno: "Ndayira linya lya Katonda ayinza byonna okwogeera amazima gokka era amazima gonna". Lwakki amateeka tegabanja "amazima gokka"? Kubanga n'abamateeka bakimanyi nti sitatimenti emu, oba amazima age kitundu tegamala; kyetagisa amazima gonna; si sitatimenti emu yokka ey'amazima okusobola okufuuna ekituufu.

Ababuulizi b'enjiri balina okubuulira nti Katonda ajjudde okwagala era asonyiwa, nti era ayagala okutuwa omukisa. Naye era bateekwa n'okubuulira nga Katonda bwali omulamuzi ow'entiisa, nti era tulina okuwa embalirira ku buli kigambo ekitalimu kyetwali twogeedde: nti okubonabona, awamu n'omukisa, kitundu kikulu ku bulamu obw'omulokole. Bwetulemererwa okukola kinno, tuba tubuulira enjiri etali mu mazima gayo gonna, enjiri etali ntuufu evumaganya embala ya Katonda. Eno ennono esangibwa mu bayibuli mwonna, era entegeera ya kinno ejja kuleetawo enjawulo mu kutegeera kwaffe okw'ekigambo kya Katonda.

Essuula 14

Ekikula Eky'emirundi Ebiri

Mu baluwa ya 1 Yokaana 1:8, agamba, Bwe twogeera nga tetulina kibi, twekyamya fekka so nga n'amazima tegali mu ffe. Wano ayogeera n'abalokole. Abuulira abo abennenya ne bafuuna okusonyiyibwa kwa Katonda. Kyandibadde kirungi singa okugibwaako ebibi kyatufuula abatalina era abatakola kibi, naye nga fenna bwe tumanyi ekituufu, kinno si bwekili. Twasonyiyibwa era tuli batukuvu (Tutukiridde mu maaso ga Katonda), era ebibi byaffe Katonda taky'abitubalira, kubanga okuyiwa omusayi ssaddaaka ya Yesu yaluberera. N'ebibi bye tulikola mu biseera ebyo mu maaso byonna omuwendo gwasasuulibwa dda mu bujjuvu; naye tewalibayo kiseera nga tukyaali mu mubiri wetuli beera nga tetulina kibi.

Abalokole bakyayonona

Ekibi kwe kubeera nga totuukiridde – okubeera tonatuukirira nga okwagala kwa Katonda bwe kuli. Ekirowoozo eky'okwaaka, obusungu, obulimba – teeri lunalu lwe tumala nga tetwononye. Pawulo atukakasa nti tebaliko musango…, oba sitaani takyalina maanyi kutulonkoma kubanga omuwendo gw'ebibi bagutusasulira dda, era twasumululwa okuwereeza Katonda. 1 Yokaana 1:9 Olunyiriri lunno lussanyusa bw'omala okumanya nti ebaluuwa eno bagiwandiikira balokole.

Yokaana agamba, Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. Katutebereze nti Yokaana ebigambo yali abigamba abatakkiriza. Yandibadde awandiika mu ngeri yanjawulo, nga agamba, "Katonda ajjuudde ekisa n'okusasira". Kubanga ekisa n'okusasira byetubeera twetaaga ebibi byaffe okusonyiyibwa. Mu kifo kya kino, Yokaana akozesa ekigambo "Wa mazima era omutuukirivu". Amazima n'obutuukirivu bikwaataganira wa ku kusonyiwa? Mu butuufu tewali webikwaataganira! Abalokole bafuuna dda ekisa n'okusasirwa, era n'okusonyiyibwa kwabwe kwagga dda, kakati Yokaana agezaako kutugamba kiki mu bigambo bye ebyo? Kyagamba kye kinno, bwetuba nga tuli ba mazima netukkiriza nti tukyayonona, olwo no Katonda abeera wamazima era omutuukirivu okukuma ekisubizo kye. Katonda agenda kweyongeera okutusonyiwa, era okuba n'omusango tekirina kuddayo kubeera kizibu kyaffe.

Obukakafu obulala

Ekyawandiikibwa tekiri kimu kyokka kino ekya Yokaana ekitumanyisa amazima ganno; n'ebyawandiikibwa ebirala bingi, eky'okulabirako, mu baluuwa ya Pawulo eya Abaggalatiya na Baruumi, atugamba ekigambo kye kimu kyennyini. Naye setaaga Pawulo kumbikkulira mbeera eno, era setaaga na byawandiikibwa birala okumanyisa amazima nga bwe nkyayonona. Kyenetaaga kyokka kya kutunulira mutima ggwange n'obulamu bwange obwa bulijjo. Newankubadde nga numwa enjala n'enyonta ku lwobutuukirivu, era newankubadde kati nkuze, nsobola okwogeera

ebigambo bye bimu Pawulo bye yagamba bwayakyatuula ba Abaruumi 7:19, Kubanga kyenjagala ekirungi ssikikola, naye kye ssagala ekibi kyenkola. Naye oba nga kye ssagala kye nkola, si nze nkikola nate, wabula ekibi ekituula mu nze. Bwekityo ndaba etteeka nti nze bwenjagala okukola ekirungi, ekibi kimbeera kumpi. Oluvanyuuma lwe myaka mingi, nkyalina olutalo lunno mu bulamu bwange, naye kakano ndi wa ddembe ddala okuva mu kusalirwa omusango – kubanga Katonda wa mazima ate era mwenkanya eri ekigambo kye, era Omwana we Yesu bulijjo abeera ampolereza ku mukono ogwa ddyo ogwa Kitaafe.

Abalokole tebasobola kwonoona

Mu baluuwa y'emu eya Yokaana 3:6 agamba, Buli muntu yenna abeera mu ye takola kibi: buli muntu yenna akola ekibi nga tamulabangako, so tamutegeera. Ate mu Yokaana 3:9 agamba, Buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi, kubanga ensigo ye ebeera mu ye; so tayinza kukola kibi kubanga yazaalibwa Katonda.

Yokaana atugambye bulungi mu essuula 1, nti abalokole bakyayonona, naye ate kakano tulina sitatimenti ey'amazima nti omulokole tayonoona, ate ekisinga okwewunyisa enyo kya mulokole okuba nga tayinza kwonoona.

Okukwaata ebintu mu ngeri ey'amagezi

Nate tulaba ennono gyetulabye mu ssuula eyise nga Yokaana agikozesa: Bulijjo amazima galabikira mu bitundu eby'enjawulo. Amazima bulijjo gaba gakontana. Bwetutategeera ennono eno, tuba tulina okugamba nti

emu ku sitatimenti za Yakoona yabulimba. Era nga kinno abalokole abasinga kye bagamba.

Naye ate tebasobola kugamba nti bayibuli erimu obulimba, kubanga bamaanyi nti bayibuli kye kigambo kya Katonda eky'amazima, ekitasobola kukontana. Bamaliriza balonzewo ebyo ebigambo bye balaba nga bakkiriziganya nabyo, ate ebibakalubiridde n'ebagamba mbu, kirabika Yokaana mw'ekyo yali ategeeza kinno oba kiri okusinziira ku ndaba yabwe.

Binno ebigambo sibyogeera kubaako benkolokota mu ngeri yonna, naye ndaba obuzibu abantu bwebesangamu bwe bakkiriza nti amazima gonna gasobola okusangibwa mu sitatimenti emu yokka. Era ngezaako okukulaga obuzibu obuyinza okuva mu kinno.

Toyinza kukwaataganya

Tusobola tutya okukwaataganya sitatimenti ebiri ezikontana mu bayibuli? Mu butuufu tekiyinziika, era tetutekeddwa. Sitatimenti zombi bulijjo zijja kweyimirizaawo nga tewali bwetaavu bwa "kuzikwaataganya". Bulijjo tubeera n'eky'okudaamu singa tutunulira ennusu ng'emu so si ejuuyi zaayo ebiri ezitaafanana. Eky'okudaamu eri sitatimenti za Yokaana ebiri kyangu nyo, singa tukkiriza nti sitatimenti zombi ntuufu. Ekituufu kiri nti buli sitatimenti eyogeera ku kikula oba embala ey'enjawulo. Omulokole ye muntu alina embala biri ez'enjawulo enyo. Sitatimenti za Yokaana z'amazima kubanga, embala emu ku zinno teyonoona, ate embala endala yo telekeraawo kwonoona. Katutunulire embala zinno mu bujjuuvu tutegeere

amazima ganno aga bayibuli.

Ekikula eky'edda, oba embala enkadde, era ky'ekikula kya Adamu, kubanga kyatandiika n'ekibi kya Adamu. Buli mulokole akimanyi nti Adamu yazalibwa talina kibi, naye ate bangi tebamanyi nti yazaalibwa talina doboozi limugamba nti kibi oba kinno kirungi.

Omuti ogw'okumanya

Kinno kitegerekeka bulungi bwe tulaba nti Katonda yamugaana okulya ku muti ogw'okumanya obulungi n'obubi. "Okumanya obulungi n'obubi" kwe kuba n'edoboozi erikugamba "ekirungi n'ekibi". Adamu edoboozi linno teyaliyina, ekitegeeza nti yali tayinza kwelondeerawo. Katonda yali tayagala Adamu okumanya ekirungi oba ekibi, kubanga yamugaana okulya ku muti, mwe yalina okufuuna okumanya kunno. Okulondawo kwa Adamu kwalina kubeera ku bintu bibiri byokka, okugonda oba obutagonda, nga okulondaawo kwe tekukwaata ku ki ky'amanyi okuba ekibi oba ekirungi.

Okugonda

Adamu bamugamba kya kugonda, naye yali tagonda kubanga ekyo kye yali amanyi okuba ekirungi oba ekituufu, oba kuba omuntu we owo munda bwe yamugamba okukola. Ne bweyali mu bujjeemu, teyamanya nti kyakola kyali kikyaamu oba kibi. Adamu ye kye yalina kyali kiragiro kya Katonda, "okugonda, oba obutagonda"; nga tewali nsonga lwakki.

Ngezaako okuteeka omwoyo ku nsonga eno, kubanga obulokole obutuufu tebukwaata ku mpisa n'edobboozi ery'omuntu owo munda. Ogwo gubeera omuti guli omukyaamu – omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi. Obulokole kwe kugenda awali omuti ogw'obulamu, okugonda, n'okukola okwagala kwa Katonda. Okugonda kwaawa Adamu olukusa okulya ku muti ogw'obulamu; naye bwe yalya ku muti ogw'okumanya obulungi n'obubi nasalibwaako ku muti ogw'obulamu. Okumanya obulungi n'obubi kya bulabe eri omulokole, kubanga kiyingirira ekkubo eryangu ery'okugonda. Kubanga omuntu bwamanya obulungi n'obubi, tewali bukakafu nti kyayita ekibi n'ekirungi era ne Katonda naye kyayita ekibi oba ekirungi. Abaruumi 5:18-19 agamba, Kale bw'ekityo ng'olw'okwonoona kwo'omu omusango bwe gwasinga abantu bonna. Kinno kitegeeza nti tuzaalibwa tuli bonoonyi. Tekitegeeza nti tuzaalibwa tutuukiridde, ate oluvanyuuma bwetutegeera netutandiika okwonoona. Okwonoona ye mbala yennyini gyetuzaalibwa nayo, era gyetusikira okuva ku jjajjafe mu mubiri, Adamu.

Okwezaala

Okuba nga buli kintu Katonda kye yatonda kyezaala, ssomo kulu nyo mu bayibuli. Emiyembe gizaala miyembe, embwa ezaala mbwa, era abonoonyi ababiri bwe bazaala omwana, bazaala ekyo ekibafanana – omwana omwonoonyi! Nzikkiriza nti kinno tekitusanyusa; naye tulina okutegeera nga kyali kibi kya Adamu, si kibi kyaffe, kye kyaleetawo embeera eno. Ekibi kinno tusikira kisikire okuyita mu kuzaalibwa. (Nakinno tusaana tukimanye nti twonoona n'okwonoona nga ffe twesalid-

dewo, naye eno yo nsonga ndala.)

Ekibi kya butonde

Buli muzaade yenna akimanyi bulungi nti omwana tomuyigiriza kwonoona, tomuyigiriza kuba na mululu, okujjeema n'okwelowoozako yekka. Binno ebintu by'ekola byokka! Kyetulina okuyigiriza abaana baffe kye ky'okuba nga bawulize ate era nga bagonvu. Kyetagisa okubabonereza okuleetawo enkyuukakyuuka eyetaagisa. Newankubadde nga ennaku zinno okukangavula abaana kiwakanyizibwa mu mawanga gaffe, era tuli mu kukungula ebiva mu mulembe gwa bazadde abatalungamya, abatakangavula baana babwe. Okuyita mu kutukangavula nga abaana, n'okutuwa amateeka n'ebiragiro, n'ebibonerezo eby'okumenya amateeka, tuyiga okufuuga ekikula kyaffe ekya Adamu.

Okwegomba

Njagala okukozesa okwegomba nga eky'okulabiraako. Okwegomba kwe kuyayanira ebintu ebitali byaffe. Kya butonde okwegomba. Abantu bangi bandibadde baaba singa tewaliwo teeka, oba ekibonerezo, n'obuswaavu ebiva mu bubbi. Mu butuufu kyandibadde kikeemo ky'amaanyi nyo.

Okwegomba kwa bulijjo eri abantu, era tewali ategomba. Gavumenti etuyamba okutangila omululu okuyita mu mateeka n'ebibonerezo. Naye bulijjo okutya okw'okukwaatibwa kwekukoma ku bantu obutabba, obutayenda, oba okukola ebirala byonna omubiri bye gwagala.

Bwembeera nga bye mpandiise birabika nga ebikalubilira obulamu bwa bantu, njagala kujuliza ebyawandiikibwa n'olukalala Pawulo lwatuuwa mu Abaggalatiya 5:19 – 21 agamba, Naye ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino, obwenzi, empitambi, obukaba, okusinza ebifaananyi, okuloga, obulabe, okuyomba, obugya, obusungu, empaka, okweyawula, okwesalamu, etima, obutamiivu, ebinyumu n'ebiri ng'ebyo. Okukkiriza nti tukyalina ekikula ekikadde, kwe kukkiriza nti tukyalina obusobozi obukola ebyo byonna Pawulo byagambye.

Mu mitima gyaffe

Ebikolwa biri mu mitima ne mu mbala zaffe, naye okulabisibwa kuli mu bikolwa byaffe eby'okungulu. Omuntu ayinza okufuuga ebikolwa bye, naye ekyo si kikulu eri Katonda "ebikolwa" bwe biba nga bikyaali mu mutima. Kubanga bulijjo Mukama alamula mutima. Eky'omukisa omubi, bulijjo abalokole bagezaako okufuuga omuntu wabwe ow'edda okuyita mu kumalirira. Kino si kye ky'okudaamu. Okufuba n'okumalirira tebisobola kukyuusa mbala yaffe. Kyokka ky'osobola kwe kugira ebikolwa ebiri mu mutima ebituswaaza obutafuluma. Tosobola kwekyuusa.

Tusobola okumala ebanga nga tufuuga ebikolwa byaffe ebiri mu mutima, era netulowooza nti omutima gwaffe mulongoofu, era mbu tuli batukuvu mu mbala. Naye kino tekisobola kujjaawo kizibu, kubanga omuntu ow'edda akyalimu mu mutima, ate nga tosobola kumufuuga.

Bayibuli etuuwa eky'okudaamu kimu ku bikwaata ku kolagana n'omuntu ow'edda: obulamu bwo bulina okufa, tosobola okubufuga oba okubutukuza. Bwetwerabira munda netw'epimira ku bikolwa eby'okungulu, buno bubeera bananfuusi, nga Abafalisaayo.

Ekirala ekitali kya bulijjo, be bantu ab'amazima eri obulamu bwabwe, abategeera nti mu butuufu obulamu bwabwe si butukuvu. Kino kibaleetera okwesalira omusango. Okumala emyaka abiri, nga nange ndi mu kiti kya bantu bano. Newankubadde nali mulungi nyo mu kulimba abantu abalala, nali nga sagala kwerimba, era bwentyo nga mpulira obulokole bwange bulina ekibubulako. Nga buli kiseera mba mpulira omusango. Nasabanga Katonda ampe okusalawo okw'amaanyi nsobola okuwangula okuyayana kwange, mpangule amalala gange, n'okwaka, naye safuunako maanyi gafuuga kuyayana kuno okw'amaanyi okwali mu bulamu bwange obw'ekyaama.

Ekitonde ekigya

Oluvanyuuma lw'emyaka amakumi abiri egy'okufuba, nakitegeera nga Katonda bwatadabiriza ekikula eky'edda, atuuwa ekikula ekigya. Nali nkimanyi nti bulijjo bayibuli eyogeera kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, naye nali ekyo sikilinaako kubbikulirwa.

Bwekiba nga okuzaalibwa kwange okw'omubiri kwampa obusika obw'embala ya Adamu, kitegerekeka bulungi nti bwenazaalibwa omulundi ogw'okubiri, nasikira embala

ya Kristo. Embala ya Kristo nga kikula kyanjawulo nyo! Pawulo atugamba mu Abaggalatiya 5:22, era bino abiyita "ebibala eby'Omwoyo": Naye ebibala eby'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, obuwombeefu, okwegendereza: ku biri nga ebyo tewali mateeka. Eno embala eri mu buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda. Kizibu nyo ffe obutasikira mbala eno Katonda bwabeera nga ye Kitaffe.

Emiti ebiri

Kakano tulina okumanya eky'okudaamu ku sitatimenti ebiri Yokaana ze yakola ezikontana. Ekikula kyaffe ekya Adamu, tekisobola kununulibwa. Twagwa kyagwa, era bulijjo tujja kusigala mu mbeera eyo. Nga Yesu bwagamba mu Matayo 7:18, omuti omubi teguyinza kubala bibala birungi. Ekikula kyaffe ekya Adamu muti mubi, era bulijjo kijjaanga kwonoona. Kale ge mawulire amabi, naye amawulire amalungi de ganno: Katonda okuyita mu Yesu atuwa ekikula kye. Kakano guno omuti gwo mulala. Si gwe muti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi, naye omuti ogw'obulamu, era gutukiridde, tegusobola kwonoona. Yesu era yagamba mu lunyiriri olwo nti, Omuti omulungi teguyinza kubala bibala bibi.

Eky'okudaamu ekyangu

Pawulo agamba mu Abaruumi 8:2, Kubanga eteeka ery'Omwoyo ogw'obulamu mu Kristo Yesu lyanfuula ow'eddembe okunzijja mu tteeka ly'ekibi n'ery'okufa. Gano ge mateeka abiri agafuuga ekikula kyaffe eky'emirundi ebiri. Eky'okudaamu ekyangu era

ekitufuula ab'eddembe – naye nze mu kulaba kwange, abalokole bangi bamala ebiseera bingi nga bagezaako okufuuga Adamu ali mu bo, nga bakkiriza nti Adamu ayinza okulongoosebwa, ayinza okufuugibwa, mu kifo ky'okwerabira omuntu wabwe ow'edda nebatandiika okuliisa ekikula kyabwe ekigya.

Tambulira mu Mwoyo

Pawulo ayigiriza mu Abaggalatiya 5:16, Naye njogera nti Mutambulirenga mu Mwoyo,(Ekikula ekigya) kale temuutuukirizenga kwegomba kwa mubiri (Omuntu ow'edda). Wetegerezze, tagambye nti bwobeera omulokole, ebikolwa by'omubiri todaayo kubiraba. Agamye nti tetuubituukiriza. Kino kitegeeza ki? Olunyiriri olwe 17 lutulaaga nga waliwo olutalo olwa buli lunaku: Kubanga omubiri gwegomba nga guwakana n'Omwoyo, n'Omwoyo nga guwakana n'omubiri; kubanga ebyo byolekanye, mulemenga okukola ebyo bye mwagala.

Singa omuntu akkiriza amazima gano amangu enyo nti, ekikula kyonna kye tutambuliramu bulijjo, kye kijja okulabikka mu ntambula yaffe, ekyo kiba kyeraga kyokka nga entambula yaffe bwe salibwaawo ekikula kyonna kye tuliisa. Okukwaata ku mirandira ky'ekyaama eky'obulamu obw'eddembe, obutafaayo. Tulina okulumya enjala Adamu atulimu, tuliise ekikula kyaffe ekigya. Tetujja kudaamu kufuuba, eneyisa yaffe yejja okusalaawo oba ekikula ekigya oba ekya Adamu kye kifuuga mu bulamu bwaffe. Taata, abaana be okukula, teyetaaga kubayigiriza ngeri ya kukula, teyetaaga kubasika, kubaleega, wadde okubasaako omwoyo. Kye yetaaga kyokka kya kubaawa

mmere ntuufu buli lunaku, eby'okukula byo bijja kwekola byokka. Eky'omukisa omubi, abalokole bangi befuubaako okukula mu mwoyo, nga batekamu amaanyi mangi okubeera abatukuvu, n'okukula, naye nga ate kyebetaaga kyokka kya mmere ey'omwoyo buli lunaku – ekintu kye batafaako! Kino kinakuwaaza; naye tebagayadde bugayaazi okuliisa ekikula kino ekipya, naye ate beyongeera okuliisa ekikula kya Adamu.

Bamala emyaka nga bayiga enjigiriza nyingi; enkola nyingi, n'engeri ez'okufuunamu amaanyi nyingi basobole okutukiriza eby'etaago byabwe – naye ate tebakula mu mbala okufaanana nga Kitaabwe ali mu ggulu.

Okuliisa omuntu waffe omukadde

Ebintu ebiliisa ekikula kyaffe ekikadde bya lwattu eri abalokole bangi-gamba nga okusoma n'okulaba eby'obusegu. Naye kyangu nyo okumanyira obulamu bwaffe obwa bulijjo, ne twerabira ebintu n'obungi bwabyo bye tuliisa ekikula kyaffe ekya Adamu buli lunaku. Katulabeyo eky'okulabirako ekya amawulire. Amawulire tegandibadde mabi, mu butuufu amawulire gabeera ga njawulo – okuva ku ago amalungi okutuuka ku g'obusegu. Naye amawulire agasinga obungi ge bawandiika gabeera mawulire mabi-bawandiika ku bwenzi, obubbi, olugambo, ettemu, n'obulimba. Gabeeramu obulimba bungi nga kizibu nyo okusoma egulire erimu lyokka ne likuwa ekintu ekituufu, kubanga gabeeramu omukono gw'eby'obufuzi. Naye oba lwakki omulokole yandy'agadde buli lunaku okusoma ku buttemu, okukwaata abakazi, obwenzi, n'obulimba bwa banabyabu-

fuzi, nga bayibuli etugamba mu kitabo kya Abafiripi 4:8 okulowooza ku bintu bino: Ebisigaddeyo ab'oluganda, eby'amazima byonna, ebisanira ekitiibwa byonna, ebisimiibwa byonna, oba nga waliwo obulungi, era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozenga.

Amaanyi ag'emikuutu egy'empuliziganya

Ku TV, abakola pologuramu basinziira ku kunyayanira kwabantu okwo kwagala olugambo n'ebintu ebibi.T.V, gwe mukutu ogukyasinze okukuba pokopoko ensi eno gwe alabye . TV ekyusa ebirowozo byabantu mu nsi yonna, era ekozesa obukalabakalaba bungi. Kubanga emyaka n'emyaka babaeesira badingaana budinganyomu bintu. Olwo emikutu egiwulirwa oba okulabwa abantu bonna ne batandiika okulaba ebintu kyekiimu. Era ekivamu ekyo kya kufirwa ebyo ebituufu mu maaso ga Katonda.

Abantu abe bitundu eby'enjawuulo babateekamu endowooza omulundi gumu ate eky'omukisa omubi ekintu kyekimu kye kigenda ne mu maaso mu kanisa. Enzigiriza empya zituwereddwa okuka mu maaso yonna okuyiita mu mikutu egy'empuliziganya egy'ekyasa kinno, kubanga abawereeza , n'endiga bulijjo baliisa kkula kyabwe ekikadde. Bakkiriza mbu endowooza yabo, yendowooza ya Kristu , era mpolampola enjiri baisabuluude nebagifuula eyo'obwonyo mu kifo kyayo eky'okubeera sitaza ne kitala.

Mpadde emikutu gy'empuriziganya nga eky'okulabilaako kimu, naya singa tubala ebisooka bye

tumala nga tukola ebintu ebye'ensi (ebintu nze bye mpitta ebitali bibi) okugerageranya n'ebiseera bye tumala nga tulisaekitonde kyaffe ekigya, tekyewunyiisa nti empiisa za balokole zikiridde wansi okufanana nga ez'ensi . Mu myaka ekikumi egiyise, enjawukana wakati e'ekanisa n'ensi eyandibadde mene nyo era enjawukana eno yandibadde ereeta okuyiganyiizibwa. Okulyiganyizibwa Yesu kwe yagamba omusalaba kwegulina okutuusa ku bantu.

Lekeraawo okugezaako

Njagala okumalako esuula eno nga nteeka omwoyo ku kizibu abalokole bungi kyebasanga bwebasomozebwa ebyo ebyetagisa okubeera omutukuvu.
Bakkiriza nti bakyalina ebirowoozo eby'okwegomba , eby'okwaaka , oba bakalubirirwa okusonyiiwa abalala babwe. Bo ekizibu balowooza nti kika nabutaba na kumalira kumala. Singa basobola okwewayo ekimala, balowooza nti bandibadde bawanguula mubulamu bwabwe ow'ekyama.

Manyi nti sitaani musanyufu nyo abalokole bwe baba n'endowooza eno era manyi nti eno endowooza sitaani yeyagibaawa.

Ajja kutuzamu amaanyi n'ebirowoozo nga "ffubanyo, Katonda ajja kuyamba", oba saba Katonda okukuwa okusalawo okwamaanyi ". Nzikiriza nti sitaani teyerarikirira bw'osaba Katonda , singa amanya nti kyosaba Katonda tasobola kukikola. Sitaani akimaanyi bulungi

nti okusaba kwo okw'okubeera omukutu kugenda kufuula w'amalala, asalira abalala emisango. Ate bwolemererwa, akusarira omusango . Mu buligeri yonna sitaani y'abeera musanyufu kubanga ekkubo ery'obutuukirira alibuzibuziza.

Mu essuula eddako, ngenda kugabana ku bye nzikiriza era by'empiseemu mu bulamu bwange era byendabye n'emubulamu bw'abantu abalala bangi: amazima ge gano, tewetaaga ku banakufuba kw'amaanyi okubeera omutukuvu. Sigambye mbu okufuuba n'okumalirira kibi. Kirungo okubeera n'okwefuuga. Kyengamba kye kino, okwagala kwaffe si ye nsibuka y'ekizibu , Katonda bulijjo kyayagala ffe kwe ku kwaata ku Miranda . Enkola yonna endala ejja kubasinkola ntuufu mu kutuuka okubeera mubulamu Katonda bweyatutegekera.

Essuula 15

Byonna Birimundow-ooza

Kyenka njogera kino nentegeeza mu Mukama waffe , mwe mulemenga okutambula nate, era ng'abamawanga bwe batambula mu birowooza byabwe ebitaliimu, nga bazikirizibwa amagezi gabwe, nga baawulibwa kubulamu bwa atonda ol'obutategeeka obuki mu bo. Olw'okukakanyala ok'omutima gwabwe, kwangabeerabira okulumwa , ne beewaayo mu bwenzi, okukolanga eby'obugwagwa bwonna mu kwegomba. Naye mmwe temwayiga bwe ntutyo Kristo, oba nga mwa muwulira ne muyigirizibwa mu ye ng'amazima bwe gali mu Yesu mu bigambo by'empiisa ez'oluberyeberye, mmwe ok-

wambula omutu owedda, avunda olw'okwegomba okw'obulimba; era okufuukabaggaja mu mwoyo ogw'ebirowooza byammwe.

Abaefeso 4:17 – 23

Omulokole bwaaba nga teyetaaga kufuuba n'okusalawo enyo okukuusa okwegomba n'okuyayana kwe, oba okufuga obuvulu n'okwaaka olwo aba yetaaga ki? Kintu kimu ekyamazima; Embala yaffe tetusobola kugikyuusa . Embala yaffe yetaage okufa okwakukomererwa. Ekikula kya Yesu okusobola okufuuga mu mibiri gyaffe, tusobole okwolela ekibala eky'omoyo so so ebikolwa eby'omubiri. Nzikkiriza nti ekyama mu kusalawo naye mu ndowooa yaffe. Okukyuuka kwe'bikowa kuva mu kyuusa ndowooza.

Ani yetaaga okusalawo okw'obumalirivu

Mu Abaruumi 7:15 – 21 , Pawulo atulaga olutalo lwetulimu tenna n'ebikula byaffe eby'emirundi ebiri. Mu Abaruumi 7:19, Pawulo agamba, kubanga kyenjagala ekirungi ssikikola : naye kye saagala ekibi kye nkola . Singa okusalawo okwokumalirira kwali kusobola okufuula omuntu omutuukuvu, Pawulu yandibadde asobola.

Okubeera omutukuvu, era yandibadde teyetaaga kwogera bwati. Bweba nga efuuga. N'okwewaayo yandibadde Pawulo omufalisayo, eyayigirizibwa okusinzira ku batukirivu bwa mateeka. Naye ate yayatula nga bweyamererwa.

Pawulo agamba mu nyiriri 22 ne 23. Nti , mu muntu ow'omunda , nsanyukira amateeka ga Katonda , naye ndaba eeka eddala mu bitundu byange nga lirwana n'eteeka ly'amagezi gange , nga lideeta mu bufuge wan-

si w'ettaka ly'ekibi ebirimu ebitundu byange. Olunyiriri lwo 25, amaliririza agamba: Kale bwe kityo nzo nzekka mu magezi ndi mudduwa mateeka ga Katonda, naye mu mubili wa tteeka lya kibi.

Byonna bitandiika mu ndowooza

Si kyangu okukkiriza nti obutukirivu butandiika mu ndowooza , naye kino kyekyama ekyobutukuvu obufuufu okwekuuma era obutukirivu obw'abantu, kubanga buli lwe tugula mu kufuuga ebikolwa byaffe eby'okungulu okuyitamu kufuuba n'okusalawo enno, tuba mubuzibu obw'okufuna obutukirivu bwetwekoledde okuviraamu amalala.

Abantu bakiriza nti tulina endowooza eyo kutegera ne byetutategera. Waliwo olunyiriri mu Abaabulaniya 4:12 ogenda okutuyamba mu kino.

Ab'ebbulaniya 4:12, kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala – okusinga buli kitala kyonna eky'obwongo obubirir, era kiyitamu, n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo , ennyingo n'obwomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufimiitiriza okw'omu mutima.

Emeeme n'omwoyo

Ekigambo kya Katonda kileeta enjawulo mu bitti ssatu, abalokole ze bassanga nga nzibu pkutegeera. Okumala emyaka mingi, abantu nga bakubaganya ebirowozo okwawula eky'omoyo ku meeme. Newankubadde nga ekyo kiri bwekityo , okwawula omoyo n'emmeeme kiky-

ali kizibu eri omulokole owa bulijjo.

Ennyingo n'obusomyo

Ekittu eky'o ku biri kiri wakati w'ennyingo n'obusomyo. Kunno okwawula kale kwewunyiisa! Obusomyo bubeera munda mumagumba mwenyinni. Eby'okulabiraako bino ebibiri ebisooka bitulaaga ennono, naye kyetwagala ky'eky'okulabirako eky'okussatu.

Okulowooza n'okufumitirizamu

Ekigambo kya Katonda kisobola okwawula oba okusalawo wakati we birowooza n'ebigendererwa by'omutima. Kinno kitegeeza nti waliwo enjawulo wakati w'ebyo byetulowoza mu kutegeeza n'ebigendererwa byaffe ebituufu kyebiriko mu birowoozo byetutamanyi. Eno no njawulo nnene nyo, era gyetuina okutegeeza bwettuba nga tunakula mu butukuvu.

Obwongo oba mutima

Kikulu nyo ffe okutegeera enjawuulo wakati w'obwongo n'omutima. Manyi nga waliwo ebirowozo bingi ku mutwe gunno . Bulijjo enjawukana mundowooza era bigambo ebikozesebwa nenyinyoyola ne ngeri gye tunyonyolamu ebintu okusinzira ku kumanya kwetwasunira gwetwakulira. Buli omu alina gyava . Kyova olaba nti kikulu gwe okusooka okwetegeeka enyinyonyola yange, olwo n'olyoka ogoberere ebirowoozo byange.

Nzikiriza nti obwongo kitundu kya mubiri, eri bwekityo yekompyuta y'obulamu obw'omubiri . Kinno kitegeeza nti pbwongo tebweloworeza. Babukolera bukolezi pulogulamu. Okulowooza oba okuwa obwongo pu-

logulamu , kiva mu mwoyo gwaffe, mu ekyo ekitundu ekitalabikka . Wano mu mwoyo we wava ebigendererwa byaffe, bye twagala, okwaaka n'obusimo bwonna busibuka mu mwoyo.

Ebirowooza by'omanyi nebyotamanyi bulungi

Kakani njagala okwawula wakati webirowozo by'omanyi ne by'otamanyi, era nzikkiriza nti kinno kyangu nyo okukola okuva mu bayibuli. (Gano amazima makulu okutegeera , nti omwoyo n'omubirir bikwaatagana, era n'olwekyo bikolera wanu nga omutu omu, mbiyisamu bwangu naya manyi nga okunyolola binno kikyetagiisa okubitegeera obulungi.

Bayibuli bwe yogera ku "ndowooza" nzikiriza nti eseera eyogeera ku kuteegeera kwaffe. Ekyolabiraako, Pawulo mu Abafiripi atugamba okulowoozanya ku bintu binno; ebisigaddeyo, ab'oluganda, ebyamazima byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna. Kitegerekeka bulungi nti tumanyi byetulowooza bwetugondeera ebiragiro bya Pawulo.

Omutima

Bulibayibuli lweyogeera ku "mutima" eba eyogeera ku nsibuko yaffe, kunkulungo y'obulamu bwaffe ku ndowooza gye tutamannyi bulungi. Muno mu mutima mwe mumbeera okuyayana kwaffe okw'ekyaama n'ebigendererwa bye tutamanyi, era omutima ky'ekitundu ekirimba eky'obulamu bwaffe – eki-

tundu omwami waffe ky'atamanyi makumanya. Ate naffe kitukwekeddwa.
Fenna tumanyi byetilowooza, naye tetuyinza kumanya nakukakasa lwaki tubirowoza. Bwoba nga olowooza nti ebigendererwabyo birongoofu era nti wema

Ku t.v, abakola pulogulamu basinziira kukuyayana kwa bantu okwo kwagala olugambo n'ebintu ebibi. T.v, gwe mukuutu ogukyasinze okukuba pokopoko ensi gw'ekyasinze okumanya. T.v, ekyuusa ebirowoozo bya bantu mu nsi yonna era ekozesa obukalaba kalaba bungi, kubanga emyaka ne myaka babeera badingaana budingaanyi mu bintu, okuyita mu mikuutu egiwulirwa oba okulabwa abantu mu nsi yonna. Kati abantu bonna okutwalira awamu, balaba ebirango by'ebimu eby'emisono, n'amawulire ge gaamu – ekivaamu be bantu okubeera nga bakola ebintu bye bimu. Era ekyo kivirako okufirwa ebyo ebituufu mu maaso ga Katonda.

Abantu ab'ebitundu bingi eby'enjawulo babateekamu endowooza omulundu guumu, ate eky'omukisa omubi ekintu ky'ekimu kye kigenda ne mu maaso mu kanisa. Enjigiriza empya zitugidde okuva munsi yonna okuyita mu mikutu egy'empuliziganya. Ensi eyingidde mu bitundu bingi eby'ekanisa ey'ekyaasa kinno, kubanga abawereeza, n'endiga bulijjo baliisa kikula kyabwe ekikadde. Bakkiriza mbu endowooza yabwe bo ye ndowooza ya Kristo, era mpolampola enjiri bagisabuludde ne bagifuula ey'amagezi mu kifo kya amaanyi gaayo agali mu njiri okubeera eky'esitaza n'ekitala.

Mpadde emikuutu gy'empuliziganya nga eky'okulabirako ekimu, naye singa tubala ebiseera byetumala nga tukola ebintu eby'ensi (ebintu ebitali na bibi) netugerageranya byetumala nga tuliisa ekitonde kyaffe ekigya, tekyewunyisa nga empisa zaffe abalokole ziserebye nyo okutuuka okufaanana n'ezensi. Oluvanyuuma lw'emyaka ekikumi egiyise, wandibaddewo enjawulo nnene nyo wakati we kanisa n'ensi – enjawulo eyandibadde ereetawo okuyiganyizibwa. Okuyiganyizibwa Yesu kwe yagamba omusalaba gwe kwegulina okutuusa ku bantu.

Lekeerawo okugeezaako

Njagala okumalako essuula eno nga nteeka omwoyo ku kizibu abalokole bangi kyebasanga bwebasomoozebwa embeera ezibetagisa okubeera abatukuvu. Bakkiriza nti bakyalina ebirowoozo eby'okwegomba, eby'okwaka, oba bakalubirirwa okusonyiwa abalabe babwe. Bambi balwooza nti ekizibu kye balina kya butaba nakufuba kumala, butaba nabumalirivu. Singa basobola okumalirira ekimala balowooza nti bandibadde bawanguula mu bulamu bwabwe obw'ekyaama.

Manyi nga Sitaani musanyuufu nyo abalokole bwe babeera n'edowooza eno, era manyi nga endowooza eyo Sitaani ye yagibawa.

Omutima

Buli Bayibuli lweyogera ku "mutima" eba eyogera ku nsibuko yaffe, ku nkulungo y'obulamu bwaffe, ku ndowooza gyetutamanyi bulungi. Muno mu mutima mwe mubeera okuyayaana kwaffe okw'ekyaama

n'ebigendererwa byetutamanyi, era omutima ky'ekitundu ekirimba eky'obulamu bwaffe – Ekitundu omwami waffe, mukyala waffe, oba omusumba waffe kyatamanyi nakumanya. Ate naffe kitukwekeddwa.

Ffenna tumanyi byetulowooza, naye tetuyinza kumanya na kukakasa lwaki tubirowooza. Bwoba nga olowooza nti ebigendererwa byo bilongoofu era nti wemanyi bulungi, lowooza ku bigambo bya Yeremiya 17:9 omutima mulimba okusinga ebintu byonna, era gulwadde endwadde etewonyezeka; ani ayinza okugumanya?

Omutima mulimba nnyo era gujja kutulimba okulowooza nti mulongoofu! Dawudi yasaba Katonda okukema omutima gwe (so so endowooza ye) alabe oba mulimu amakubo gonna amabi mu ggwo. Kino kitegeeza nti yali tamanyi mutima gwe. Soma ebyawandiikibwa era ojja kukizuula nti omutima gwaffe bulijjo mwe mubeera era yensibuko y'okuyayaana kwaffe n'ebiluubirirwa byaffe.

Ndi ekyo kyendowooza

Buli muntu yenna akimanyi nti byetulya bifuuka kitundu ku mubiri gwaffe era tukkiriza enjogera egamba nti "tuli ekyo kyetulya". Naye ate abantu batono abakitegeera nti ne mu by'omwoyo bwekityo bwekiri. "tuli ekyo kyetulowooza" mu mwoyo. Wano soogera ku kya "kwatula obuwanguzi", mwetuyigira nti tufuuka ebyo byetwogera, byetwagala okuba. Tulina okutegeera kyekutegeeza okufuula amagezi gaffe amaggya. Engero 23:7 agamba, kubanga nga bwalowooza munda ye, bwali bwatyo. Agamba nti nga omuntu bwalowooza mu

mutima ggwe (ebirowoozo bye byatamanyi bulungi) nebigendererwa bye – ebyo byenyini omuntu byali, si ebyo byalowooza mu mutwe ggwe. (ebirowoozo byategeera). Oluusi tulowooza mu bwongo bwaffe nti tuli ekyo kyetwagala okubeera; naye bulijjo Katonda alaba emitima gyaffe. Ndi ekyo kyenyini kyendi mu mutima.

Obutukuvu wabweru

Abaruumi 12:1 atugamba nyo okulaba obukulu bw'omulimu endowooza gwekola mu ngeri ey'okubeeramu omutukuvu. Okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi. Olunyiriri lugambye "entukuvu", naye wano Pawulo kyayogerako bwe butukuvu obwebweru, kubanga agamba "okuwangayo emibiri gyammwe". Obutukuvu obw'okungulu Abafalisaayo bwe baalina - okukwaata amateeka okw'okungulu, obutukuvu obwa wabweru, n'okweyawula kunsi.

Kikulu nnyo okutegeera nti kino tekirina bukyamu, kasita obutukuvu obwa wabweru bubeera nga bugobererwa obutukuvu obw'omunda. Yesu teyakolokota Abafalisaayo olw'obutukuvu bwabwe obwawabweru. Yabakolokota olw'obunnanfuusi obw'okubera abatukuvu kungulu, era abatali balongoofu, abegomba era nga batambulira mu butuukirivu bwebekoledde bo. Twetaaga okubeera abatukuvu munda ne kungulu bwetuba nga tunabera abalokole aba ddala.

Ennyumba

Pawulo tagambye nti amagezi gaffe oba omwoyo gwaffe ye ssaddaaka, naye emibiri gyaffe. Emibiri gyaffe nnyumba buyumba omuntu waffe owomunda mwabeera. Ayogera ku ngeri gyetulina okutambulamu munsi – obutukuvu bwaffe obwa wabweru. Wano Paulo ayogera ekintu ekyewuunyisa. Kwekuweereza kwammwe okwamagezi. "amagezi" kiwulirika nga ekigambo ekinafu, eky'okwekiriranya ekya bulijjo. Mubutuufu Pawulo yandibadde agamba "mulimu gwaffe omukulu", oba akozesa ekigambo ekirala ekikulu?

Okuweereza kwammwe okwamagezi kyokka

Nnina ensonga bbiri lwaki obutukuvu obwa wabweru kintu ekya "magezi" aga bulijjo, ekisuubirwa. Ensonga esooka n'abannanfuusi kino bakisobola okukikola. Si kizibu kukola bw'oba nga olina okusalawo n'okumalirira okufuga enneyisa yo eya wabweru-eky'okulabirako, obutabba, oba obutakola, okufuga obusungu bwaffe n'okubeera ab'empisa mu Bantu, okusaba n'okusiiba n'okuwaayo eri abaavu. Bino byonna eby'okulabirako bya mpisa zaffe ez'okungulu, ezisuubirwa mu buli muntu eyeyita omulokole. Abafalisaayo mu mulembe gwa Yesu kino nabo bakikolanga; naye ate Yesu yabayita ba kitaabwe sitaani.

Bwetukola ebikolwa byonna bino eby'empisa, tetulina kusuubira ttendo lyonna wadde empeera okuva ewa Katonda. Kyamagezi, kyabulijjo abantu abeyita abalokole okubeera bwebatyo, bwebaba mu kitangaala era nga bamanyi ne Katonda. Bwebaba nga baana ba Katonda, kyamagezi kya bulijjo okwolesa embala ye mu mpisa zaabwe.

Ensonga ey'okubiri lwaki obutukuvu obwa wabweru bwa magezi ga bulijjo kwekuba nti n'abatali balokole nabo basuubira omutindo ogw'obutukuvu ogulabikako mu balokole omuntu bwagamba nti alokose, abantu amangu ago batandika okutunuulira enneyisa yabwe okulaba oba ebikolwa byabwe bikwatagana n'ebigambo byabwe. Bwebalaba omulokole ng'avudde ku mulimu n'ekkalaamu y'omulimu, mangu nnyo bajja kugamba, "obwo bubbi - nnali ndowooza abalokole tebabba". Si nsonga oba buli muntu yenna ku mulimu afuluma n'ekkalaamu – basuubira omutindo ogw'empisa ogwa waggulu mu mulokole.

Omubuulizi omubi

Bulijjo abalokole bwe bavunaanibwa olw'ebikolwa byabwe bekwasa n'ebigambo, "Tetutuukiridde, omanyi - obulokozi bwa kisa". Naye eyo enjogera y'okwekwasa bujulizi bubi nnyo! Kyebaba balina okukola, kwekwebaza omuntu oyo olw'okubabikkulira ensobi yabwe, n'okulaba nga eyo ensobi tebaddamu kugikola. Abatali balokole balinze okulaba oba ebikolwa byaffe bikwatagana ne Bayibuli; era n'abatakkiririza mu Katonda nabo bamanyi nti abalokole balina "okwagala abalabe baabwe" n'obutawoolera ggwanga".

Emirundi mingi okuyigiriza kwa Yesu mu bubaka bwe obwo ku lusozi tukuzza mu mwoyo, netumala amakulu mu bigambo bye, kubanga tutya okuba nga tetusobola kugondera bigambo bye. Naye bbo, abatali balokole tebasobola kumatira nga tetukkiriza bigambo bya Yesu basuubira okuba yesu yali ategeeza bulungi bye yagamba.

Obutukuvu obwa wabweru, kwekufuga ebikolwa byo nga okozesa okufuba n'okusalawo kwo. N'abatali balokole bonna nabo kino kyebakola, era waliyo abantu batono nnyo abatagezaako kuziyiza ekikula kyabwe ekikadde. Eky'okulabirako, omwami omukulu mu kampuni, ayinza okuyayaana okubeera nga akozesa buli mukyala alabika obulungi ku mulimu. Asobola okukiziyiza si kubanga okuyayaana kwe kufudde, naye oba oli awo lwakuba mufumbo, oba atya okuswaala, oba atya okumukolokota n'okumukolako olugambo.

Eky'okulabirako ekirala kye ky'omukyala omufumbi ayagala engoye empya ne ntebe, ate nga tayina busobozi. Omutima gwe gwegomba entebe empya n'engoye, naye nga ate tasobola kubba bintu bino byayayaanira, kubanga atya ebinaddirira nga bamukutte olw'obubbi, atya abantu omusalira omusango. Bwatyo n'asigala n'ekitiibwa kye, naye embeera ye ey'okwegomba mu mutima n'esigala nga y'emu. Afubye okufuga okwegamba n'omululu gwe ekikula kyeyaggya ku Adamu, ekyokwelekereza olw'okusalawo ennyo.

Abalokole nabo eno y'embeera gyebalimu

Eby'okulabirako bino bisobola okubisibwamu emirundi mingi okukwata ku buli mbeera tewali mulokole atali mu kiti kino eky'okutawanyizibwa n'okwegomba. Biri kitundu ku bulamu bwaffe obwa bulijjo n'oluusi biyimuka nga tetutegedde; era abalokole bangi bandikutte ku mutwe singa balina kuwa mbalirira ku kuyayaana kwabwe mu kifo ky'ebikolwa byabwe.

Ffenna twetukirizza okusinziira ku bikolwa byaffe, so si okusinziira ku kuyayaana kwaffe okwo mu mutima n'okwegomba.

Abantu abanafu mu kusalawo bulijjo batwalibwa mangu okuyayaana kw'omutima gwabwe, bwebatewozaako, bawulira okwesalira omusango, bawulira nga banafu. Naye omulokole ye sibwatyo, kubanga okwetukiriza, n'okwesalira omusango byombi bikyaamu. Amazima gali nti okusalawo kwaffe si ye nsibuko y'obuzibu, era Katonda bulijjo akwata ku mirandira kwenyini, ku nsibuko ku kikolo.

Tewali kikolwa kyonna kibaawo nga endowooza yaffe teyetabyemu. Bulijjo okulowooza ky'ekikolo, ekisookerwako. Bw'omala okukozesa endowooza yo, olwo nno n'olyoka osalawo eky'okukola. Tusobola okuwangula oba okulemererwa mu bikolwa byaffe, okusinziira amaanyi oba obunafu bwaffe mu kusalawo; naye ekikolo mu nkola eno si kusalawo kwaffe, wabula okulowooza kwaffe. Nkakasa nga tewali asobola kuwakanya mazima gano, naye makulu nyo mu kutegeera kwaffe okw'enkola ey'obutukuvu, kubanga bwetutatandikira ku ntandikwa, tujja kumalira mu bunnanfuusi. Ebirowoozo byaffe n'ebikolwa byaffe bwebitakkiriziganya, tuba twerimba era nga tulimba n'abantu abatulaba.

Kyuusa endaba yo

Waliwo enjogera omulokole yenna gyeyetaaga okuyingiza mu mutima; Bwoba nga tosobola kukyuusa mbeera, kyuusa endaba yo. Endaba y'ebintu ekwata ku ndow-

ooza – engeri gyetulowooza era bwetukwata ku ngeri gyetulowooza, embeera eba tekikyali kizibu.

Mu Abaruumi 12:2, Pawulo atulaga bulungi engeri gyetusobola okukyuusa endowooza; so temufaananyizibwanga ng'emirembe gino, naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya "okufaananyizibwa" kitegeeza okukwaata ekkubo limu.

Enkola y'ensi erumba endowooza yaffe buli kaseera n'ebirowoozo by'ensi ku buli kintu kyonna. Okuva ku misono okutuuka ku by'obufuzi, okuva ku famire planning okutuuka ku kwegatta. Ensi emikutu gyonna egy'empuliziganya egirina mu ttaano-Ebipande ebinnene ennyo ebirango ku nguudo, byotasobola kuyisaako maaso, T.V. ne radiyo, amawulire ku buli kyegombesa, buli muzannyo, nabuli kintu kyonna ekirala – bino byonna birumba endowooza yaffe n'empisa zaffe buli lunaku. Emikutu gy'empuliziganya gitufaananya ensi eno butereevu, bwetukkiriza okugisaako omwoyo.

Tewali njawulo

Tosobola butakakasa nga kino kituufu singa otunuulira obulokole bwa leero. Tunuulira ennyambala y'abalokole, tunuulira ennyumba y'abalokole, n'ebirala, ojja kusanga nga tewali njawulo n'abantu abalala abalungi abali munsi. Tulaba ebirango byebimu ku TV, tulaba ebipande byebimu ku kkubo, tusoma amawulire ge gamu, era ffenna tukwatibwako mu ngeri y'emu.

Okufuula amagezi gammwe amaggya

Pawulo atulaga engeri yokka ey'okwanukula okulumbibwa kuno okw'ebirowoozo byaffe ensi ya kwanukula n'endowooza. Atugamba nti tukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya. Enkola eno, okufaanana nga enkola y'ensi, nayo ekola nakudirigaana. Ensi etukyuusa bulijjo nga tetugiwadde lukusa lwaffe. Ebipande bye batimba buli wantu nze ndaba nga bya muzizo era ebyesitaza, kubanga sesalirawo oba ndaba epipande bino oba nedda. Sirina ngeri gyenyinza kukyuusaamu mbeera eno, kubanga ntambula nnyo mu bibuga bingi ebinene. Ndaba ebipande ebikumi n'ebikumi buli lunaku nga ntwaala abaana bange ababiri ku ssomero. Era n'abaana bange nabo bakwatibwako ebifananyi n'obubaka bw'ebipande bino, era sirina ekyo kyenyinza kukikolera

Okudiana okw'obubaka obw'ebirango byendaba n'ebyempulira ngeri ya kusangula bwongo, kubanga oba tewekkiririza. Naye ate okudiana obubaka bwewekkiririza, okwo tekubeera kusiimula bwongo, naye kufuula amagezi gammwe amaggya, enkola egenda okukyuusa ebikolwa byaffe. Kino ky'ekyaama, kubanga ebikolwa byaffe bibeera by'amazima, ate nga n'obutuukirivu bwaffe buba tebukyali obwo bwetwekoledde okuva mu maanyi n'okufuba kwaffe; tuba tetukyagezaako okukyuusa ebikolwa byaffe, okulwana okutereeza empisa zaffe.

Okutandika enkola

Nkakasa bulungi nti singa tusobola okukyuusa endowooza yaffe, endaba yaffe ey'ebintu, ekyo kiba kumala

bumazi. Tuba tutandise enkola eno ey'obutukuvu, era ebinavaamu biba binatera okulabika. Mu Abaruumi 12, Pawulo awandiika omuwendo oguwera ogw'endowooza gyetuyinza naffe okwetwalira. Mpandiise olukalala lwe. Abaruumi 12; naye ebbaluwa zonna zijjudde ebiragiro ku ngeri endowooza yaffe gyerina okubeera ku basumba, ku maka, ku mulimu, katulabe eby'okulabirako bino ebitulaga engeri y'okulabamu ebintu oba engeri bayibuli gyeyagala tulowooze.

Olemega okwerowooza okusinga bwekikugwanidde okulowooza; naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza.

> Okwagala kubeerenga kwa mazima.
> Mu kunyiikira sibagayaavu.
> Musabirenga ababayigganya
> Mulowoozenga bumu mwekka na mwekka
> Temwegulumizanga, naye mugendenga n'abo abatalina bukulu.
> Temubanga ba magezi mu maaso gammwe mwekka.
> Temuwalananga muntu kibi olw'ekibi.

Obubaka buno buwulikikira ddala nga ebigambo bya Yesu byeyayogerera ku lusozi. Kyangu nnyo okulowooza ku buwombeefu oba obukakkamu nga "omutindo" oba embala oba empisa ezikwatibwako ze twetaaga okubeera nazo, naye ngate sibwekiri bwekityo. Obuwombeefu oba obukakkamu si bintu bye tukola, (sibikolwa), naye ngeri yakulowooza, kubanga obukakkamu n'obuwombeefu kintu ky'osalawo okukola mu

ndowooza yo.

Endowooza ya Kristo

Bwosoma mu Bbaluwa z'Abatume ojja kwewuunya okusanga nga emirundi mingi boogera ku ndowooza, era Pawulo emirundi mingi akozesa Yesu nga eky'okulabirako eky'endowooza yaffe nga bweyandibadde.

Abafiripi 2:1, Pawulo abuuza ekibuuzo abalokole buli mulokole kyalina okwanukula ne wewaawo! Kale oba nga waliwo okukubagiza kwonna mu Kristo, oba ng'okusanyusa kwonna okw'okwagala, oba ng'okussa ekimu kwonna okw'omwoyo, oba ng'okusaasira n'ekisa? Pawulo akimanyi bulungi nga bino byonna twabisanga mu Yesu Omulokozi, era bwatyo kaakano agenda mu maaso n'okutusomooza n'olunyiriri olw'okubiri 'mutukirize essanyu lyange, mulowoozenga bumu, nga mulina okwagala kumu, omwoyo gumu, nga mulowooza bumu.

Mu lunyiriri olw'okusatu, agenda mu maaso n'okunyonyola engeri gyetulina okulowoozamu temukolanga kintu kyonna olw'okuyomba newankubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yeegulumiza yekka. Olunyiriri olw'okutaano agamba, mmwe mubeerengamu okulowooza kuli; era okwali mu kristo yesu; bwoba nga olowooza nti kizibu okubeeramu okulowooza kwa Yesu, atuyamba nga atubuulira engeri Yesu gyeyalowoozangamu. Okulowooza kwa Yesu ku-

tulaga nga obuwombeefu bwendowooza. Olunyiriri olw'omukaaga agamba, Yesu teyalowooza kintu ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda. Eno sitatimenti si ya muntu wa malala, mubulamu bwa Yesu kye kyaalo ekituufu. Olunyiriri olw'omunaana agamba, yeetowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musaalaba. Okwetowaza kikowa kyanjawulo nnyo ku kutoowazibwa.

Omuntu ow'amalala basobola okumutoowaza, naye ye tasobola kwetoowaza, kubanga okwetoowaza kyetaagisa okuba nga olina embala ey'obukakkamu. Okwetoowaza ndowooza. Embeera zisobola okuleetera omuntu okwetoowaza, naye embeera tezisobola kukyuusa ngeri muntu gyalowoozaamu. Abantu basobola okutoowazibwa n'okukakkanyizibwa, naye ate ne basigala nga ba malala mu mitima gyaabwe.

Lowooza nga Kristo

Tusaba Katonda bulijjo akyuuse embeera zaffe, naye bulijjo Katonda ayagala tukyuuse endowooza yaffe nga tanakyuusa embeera zaffe. Mu butuufu bulijjo buli lwetukyuusa endowooza, tusanga nga tuli bamativu n'embeera zetulimu. Kino kitegeeza nti ekizibu tekiba embeera zaffe, naye n'ebirowooza byaffe kumbeera.

Abalokole singa tutandika okulowooza nga Kristu bweyalowooza, ne tujja ebilowoozo byaffe ku ndowooza y'ensi, enkola ey'obutukuvu egya kutandika mu bwangu. Kanziremu okukikaatiriza nti, obutukuvu mitendera, era lugendo lw'otambula obulamu bwonna; naye tewa-

li muntu n'omu ateekeddwa kwekwasa obutatandika mitendera gino.

Essuula 16
Ekikolo n'e bibala

Kubanga mu yo obutukuvu bwa Katonda bubikkulibwa okuva mu kukkiriza okutuusa mu kukkiriza; nga bwe kyawandiikibwa nti naye omutuukirivu anaabanga mulamu lwakukkiriza. Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibwa okuva mu ggulu ku butatya Katonda bwonna n'obutaba na butuukirivu obw'abantu abaziiyiza amazima mu butaba na butuukirivu; kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri bo; kubanga Katonda yabibalabisa kubanga ebibye ebitalabika okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe' babeere nga tebalina kya kuwoza; kubanga, bwe baamanya Katonda, ne batamugulumizanga nga Katonda newankubadde okumwebazanga, naye nebagobereraanga ebitaliimu mu mpaka zaabwe, omutima gwabwe omusirusiru ne guzikirizibwa.

Abaruumi 1:17-20

Pawulo atugamba mu nyiriri ezo nti obusungu bwa Katonda obubikkulibwa okuva mu ggulu ku butatya Katonda bwonna bujja kubeera bwa nsonga. Tewali n'omu ajja kugamba nti Katonda simwenkanya, kubanga amateeka ga Katonda galabisibwa mu bitonde, era ebitonde bibbikula embala ya Katonda. Kino kya mazima n'eri buli muntu yenna. Fenna tulaga embala yaffe mu ngeri gyetutimbamu amaka gaffe, engeri gyetwambalamu engoye, n'engeri gyetutambiuzaamu obulamu bwaffe. Gano amateeka nze sigayita mateeka ga sayansi, kubanga sayansi akola gumu gwa kuvumbula mateeka Katonda geyateekawo edda mu butonde, tewali njawulo wakati wa mateeka "ag'obutonde" gamba nga ag'okubala ne sayansi, n'amateeka ag'omwoyo.

Teriiyo sayansi wa "butonde". Ensi yatondebwa Katonda. Obutonde kikolwa kya Katonda, tetwava mu nkima nga bannassayansi bwe bagamba.

Amateeka gonna ag'obutonde ga mwoyo

Lwaki kikulu nga abalokole okutegeera ennono eno? Kankunyonyole. Bwetulowooza nga "amateeka ga Ssayansi" mateeka ga butonde kyokka, era n'olwekyo tegalina wegakwatira ku mbala ya Katonda, tujja kubeera nga amateeka ago tetugakozesa mu bulamu bwaffe obw'omwoyo. Era tujja kufiirwa amagezi mangi, ebiragiro, n'okuluamizibwa okukwata ku bulamu bwaffe obwa bulijjo.

Nzikirizza nkozesenga eky'okulabirako etteeka limu buli muntu yenna lyayiga ku ssomero-eteeka era "ekikolo n'ebibala". Tukkiriza nga tewayinza kubeerawo bibala okujjako nga waliwo ekikolo okusooka. Bwetuba nga tukkiriza nti lino etteeka lya mwoyo, olwo nno tusobola okulikozesa mu kugoberera kwaffe okw'obutukuvu.

Ebibala

Ng'abalokole, okuyayaana kwaff ekubeera batukuvu. Kino ky'ekibala kyetuyayaanira. Ebikolo bulijjo byawukanira ddala n'ebibala. Ennono enkulu y'eno, okusobola okufuna ebibala, wetaaga kikolo; onoonya kikolo, so si kibala. Ebibala bijja kuva ku kikolo butereevu.
N'olwensonga eyo, ekintu kyetutalina kukola kwekugezaako okubeera abatukuvu ku lwaffe. Kyetulina okukola kyokka kyakunoonya kikolo ekireeta obutukuvu. Okugezaako okubeera abatukuvui tekisobola kutufuula

batukuvu, wabula abannanfuusi. Bwetulowooza nga tutuuse ku kiruubirirwa kyaffe eky'okubeera abatukuvu, naye nga obutukuvu bwetufunye bwa kungulu, bwetwepangidde, kyetufunye bulimba era kyetutambuliramu bunnanfuusi.

Ekikolo

Abalokole bangi bagezaako okubeera abatukuvu era nebakitegeera nti balemereddwa. Bambi bamazima eri obulamu bwabwe era bakkiriza nti ebikolwa byabwe tebikwatagana na birowoozo byabwe eby'omutima; era kino kireeta kulemererwa kubanga etteeka eritakyuuka ery'ekikolo n'ebibala ligamba nti tulina okugenda ku kikolo bwetuba twgala ebibala. Tetusobola kwekyuusa n'olwekyo tetulina kwefubako kubeera batukuvu, kubanga ekiva mu ekyo "butukuvu" bwetwekoledde-obutawuukana nabutuukirivu bwetwekoledde. Kyetulina okukola kunoonya ekikolo eky'obutukuvu – ebintu ebitufuula abatukuvu. Kino kijja kuleeta eddembe eryaddala, kubanga ebintu ebituleetera okuba abatuukuvu, by'ebyo byetusobola okukola.

Abalokole abalemereddwa

Abalokole bangi abagezaako okubeera abatukuvu bagwaamu amaanyi, nebamaliriza nga bagamba mbu obutukuvu tebusoboka, teri abusobola. Naye obutukuvu buva mu bintu ebyangu enyo byetusobola okukola. Si bizibu okukola bwetuba nga twagala okubikola.

Omuganyulo omulala oguli mu kunoonya ekikola mu kifo ky'ebibala, gwe gwokuba nga obutukuvu bwaffe

bwekola bwokka bwokka, kubanga tutadde omwoyo, ku kikolo ekirreta obutukuvu, so si ku butukuvu bwenyini ekivaamu kwekuba nga tufuuse batukuvu, naye nga n'obutukuvu bwaffe tetubulaba. Tewali kintu kyamutawaana ennyo mu balokole nga obutukuvu bwetumanyi nti tubwekoledde – nga buli lw'okola ekikolwa ekirungi oiba eky'obutuukirivu, nga naawe okimanya n'ogamba nakiri nze nakoze. Abantu bangi bwebatyo baagala nnyo okumanyisa abalala ebikolwa byabwe eby'obutuukirivu byebakoze. Bulijjo babeera befuuyira omulere. Buno si bwe butukuvu obwa Bayibuli obw'okukkiriza, wabula obutuukirivu obukolerere.

Bwetunoonya ekikolo mu kifo ky'ebibala, obutukuvu bwaffe buba si bwa kwepangira, era tubatetumanyi n'okumanya nga tubutmabuliddemu. Buno bwebutukuvu obutuufu, obutukuvu naffe obutukwekeddwabwetutamnyi. Abantu olwo no balaba ebikolwa byaffe ebirungi nebatagulumiza ffe, naye nebagulumiza kitaffe ali mu ggulu; era kino kituwonya amalala n'okwemanya.

Ekitiibwa kya Katonda

Katutunuulire 2 Abakkolinso 3:18, tulabe engeri etteeka lino ery'ekikolo n'ebibala gyelikolamu mu kugoberera kwaffe okw'obutukuvu. Pawulo agamba, naye ffe fenna, bwetumasamasa ng'endabirwamu ekitiibwa kya Mukama waffe amaaso gaffe nga gaggidwako eky'okubikkako, tufaananyizibwa engeri eri okuva mu kitiibwa okutuukla mu kitibwa, nga ku bwa Mukama waffe omwoyo.

Wabaawo ebigambo ebikulu mu buli Ssuula era twetaa-

ga okusooka okubitegeera nga tetunnaba kutegeera kitundu kyonna. Okusooka njagala tutunuulire ekigambo "ekitiibwa" okuva mu buto. Ekyo ekigambo nkiwulidde era nenkisoma emirundi nkumi na nkumi, naye singa nsabiddwa okukinyinyonyola nadiswadde, kubanga sakitegeera. Nalinga nkolowooza okubeera ekire ekyaka nga mu weemna oba ekitangaala eky'ekitiibwa naye kaakano manyi nga ekire n'ekitangaala bintu buntu ebyolesa ekitiibwa kya Katonda, era "ekitiibwa" ekyo ekya Katonda osobola okukiyita embala ya Katonda ekitiibwa ky'ekikula kya Katonda kyeyini.

Okukakasa enyinyonyola eno, katulabe ebyawandiikibwa bibiri ebikozesa ekigambo kino. Musa mu okuva 33:18 yagamba Katonda, ondage Ekitiibwa kyo. Katonda yateeka Musa mu lwatika lw'omujjjinja naatendera erinnya lya Mukama mu maaso ge; Okuva 34:6-7.
Mundagaano Empya mu Yokaana 17, Yesu yasaba kitaawe nagamba, nze ngugulumizizza ku nsi kubanga omulimu gwe wampa okukola ngukomekkerezza. Yesu yagulumizza atya Katonda-kunsi? Mazima kino yakikola okuyita mu kubikkula embala ya Katonda eri abaana ba Bantu.

Singa mukifo kye ekigambo kya Pawulo "Ekitiibwa" tusaawo embala, tusobola okutegeera obulungi Pawulo kyeyali ategeeza. Naye ffe ffenna, bwetumasamasa nga endabirwamu embala ya Mukama tufaananyizibwa engeri eri okuva mu mbala okutuuka mu mbala.

Kisobola okubeera ekyangu enyo bwekityo?

Kisoboka okuba nga olw'okutunula mu mbala ya Katonda, tusobola okukyuusibwa mu mbala y'emu? Mubwangubwakyo kirabika nga ekitali kyamazima kubanga tubadde tufuba nnyo okubeera abatukuvu mu maanyi gaffe, era kirabika nga ekitasoboka kutambulira mu butukuvu awatali kufuba kwaffe. Naye katuleme okwerabira nti Pawulo tatunuulidde bibala, naye Ekikolo atulaga ekikolo eky'obutukuvu.

Mpola mpola

Ekintu eky'okubiri kyenjagala okutunuulira mu kyawandiikibwa kino, yenkola Pawulo gyatulaga, kubanga agamba okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa – okuva mu mbala okutuuka mu mbala. Kino kitegeeza nti obutukuvu tebuva mu kikolwa kimu kyokka bwekiti; naye nkola okuyita mu mitendera-mpolampola tukula mu kisa. Ekikolwa ekimu kisobola okuleeta enjawulo, naye enkola etwala ekiseera; obutukuvu ebeera nkola. N'olwekyo tetulina kusuubira nkyuukakyuuka ya mangu. Tulina okutegeera nti okukola kwaffe mu butukuvu kujja kuba kwa mpola, oluusi nga tekulabika nakulabika olw'okweyongerako okutono ennyo mu kukula. Okusobola okulaba enkyuukakyuuka, tuba tulina okutunula olugendo olw'emabega lwetutambudde; naye eky'amazima enkyukakyuuka ejja kulabika. Era tusobola okubeera n'obukakafu ne bwoba nga okute ku kikola;

Ebibala bijja kwekola byokka obutukuvu bujja kufuuka kitundu kya bulijjo ku bulamu bwaffe.

Endabirwamu

Ekigambo eky'okusatu era ekisembayo kyenjagala okutunuulira ye "endabirwaamu". Pawulo agamba nti bwetutunuulira embala ya Katonda nga amaaso gaffe gaggiddwako eky'okubikkako (ekyokitegeeza mu mazima) nga endabirwaamu, tufaananyizibwa mu ngeri y'emu.

Lwaki Pawulo akozesa ebigambo bino?

Kiki ekibeerawo bwetutunula mundabirwaamu? Tulaba ekifaananyi, okwolesebwa, Ekifaananyi ky'ekyo kyetutunuulidde. Wano tulina okujjukira nti tutunuulidde embnala ya Kristo nga gy'obeera nti kifaananyi, ekintu kyetulaba, ekintu ekitegerekeka ekilabika. Buli lwetulaba ekifaananyi kye kintu, tuba tetukyalina buzibu kumanya kikula kyakyo.

Buli kintu kyonna ekiva mubulamu bwaffe oba kyetufulumya kiba kiraga ekyo kyetwayingiza tewali kintu na kimu ekiyinza okutuluma emibiri gyaffe, n'endowooza yaffe ekitasooka kuyingira. Ffenna tuli ebiva mu mbeera ezitwetolodde tufaanana gyetuva, byetulaba nebyetuwulira byebikola obulamu bwaffe. Enjogera neneyisa yaffe ey'obuwangwa byombi biraga engeri obulamu bwaffe jjebukomeddwako ewaffe. N'olwekyo, okukyuusa enneyisa yaffe, tulina okusooka okubeerako mu Bantu abalala. Tetusobola kwekyuusa ffeka, kyetuva twetaaga okukwaatibwako abantu abalala okutukyuusa.

Okulaba n'okutegeera

Kaakati tulina okutandika okutegeera engeri etteeka ery'e Kikolo n'Ebibala gyelisobola okukozesebwamu mu kugoberera kwaffe okw'obutukuvu. Singa tusobola okulaba mu Embala ya Katonda, netulaba bulungi bwegaanana

olwo no ekifaananyi kyenyini ekitujjira kyekijja okulabisibwa obulamu bwaffe tekisoboka kino obutabeera.

Ekizibu kyaffe mubutukuvu n'olwekyo, tekiri mu kufuna kubeera batukuvu mu mpisa zaffe, naye mukulaba n'okutegeera embala ya Katonda entuufu. Eno y'ensonga enkulu, ensonga abalokole bangi gyebalemwa okutegeera mu kugoberera kwabwe okw'obutukuvu.

Tusobola n'okugamba bwetuti, nti abantu abatatambulira mu butukuvu, be Bantu abatannalaba oba abatategeera Embala Entuufu eya Katonda oba okutegeera obutukuvu

Yesu eky'okulabirako kyaffe

Yesu ky'ekyokulabirako kyaffe eky'obutukuvu. Mu njiri ya Yokaana 12:44-45 Yesu yakola sitatiment eraga nti ne Yesu naye yayolesa Embala ya Katonda, so si mbala ye.

Yagamba. Anzikiriza, takkirizan\ nze, wabula oli eyantuma, era alaba nze ng'alabye oli eyantuma. Kitegerekeka bulungi nga Yesu yali agamba nti ye kulabisibwa kwa kitaawe ow'omuggulu. Kuno okubikkulibwa kusanyusa, kubanga kutegeeza nti singa mu kifo ky'embeera zaffe butereevu tujja kwolesa obulamu obukyuuse. Kijja kutubeerera kyangu era nga kya bulijjo.

Singa tugerageranya ebiseera abalokole abasinga obungi byebamala nga ensi bakwaatibwaako enkola y'ensi, n'ebiseera bye bamala nga bakwatibwako obwakababaka bwa Katonda, oyinza okwewuunya eky'okubirako,

ebiseera by'omala nga osoma ekigambo kya Katonda. Abantu abasinga mu butuufu bakkiriza nti ekiseera kye bamala nga basoma ekigambo kya Katonda kitono nnyo kwekyo kyebaamala nga balaba TV. Etteeka lyaffe ery'e Kikolo n'Ebibala litugamba nti bulijjo tujja kwolesa ebyo bitusinga okuwa obudde mu bulamu bwaffe era ebyo byetujja okwolesa muntambula yaffe.

Ebitukwatako

Emikutu egy'empuliziganya kaakano gikola ekitundu kinene mu nkola y'ensi, simubya bufuzi n'ebinyumu byokka, naye ne muby'obusuubuzi n'amaddiini. Ebyuma ebikuba pokopoko bitiisa mu maanyi n'okukwatibwako kwabyo. Ensi yonna kaakati mungeri ya mpolampola eteekeddwa mumbeera ey'okukkiriza Ekika eky'obulamu n'engeri ey'okulowooza, ekintu ekyandibadde ekizibu ennyo mu myaka nsanvu gyokka egiyise.

Kunsonga ey'okulya ebisiyaga

Eky'okulabirako, kunsonga ey'okulya ebisiyaga emyaka nsanvu egiyise, ebisiyaga byali bitunuulirwa kumpi buli muntu nga ekibi eky'omuzizo ennyo. Naye leero singa obuuza omuntu ow'emyaka 60 oba 70 kiki kyebalowooza ku kyokulya ebisiyaga, tekiyinza kubabeerera kizibu okugamba nti,m omanyi, tulina okubeera abagumikiriza, omanyi, abantu abamu bazaalibwa bali ba bisiyaga, era kitundu kubutonde bwaffe.

Kyengezaako okwogera sikyakubanga ogumikiriza abasiyazi kutuufu oba kikyaamu, naye enkyukakyuuka

eze esiriila mpola mpola, era ebunye ensi yonna kati olwamaanyi ag'emikutu egy'empuliziganya.

Eky'okulabirako kyokka kyetulina

Bwetuba nga twagala okumanya embala ya Katonda, Bayibuli yokka kyekifo kyetulina okwesigamako, era singa tugibuusa amaaso, mutawaana gwaffe. Ebitabo ebikwata ku njigiriza tebisobola kutwaala kifo kya kigambo kya Katonda. Obubaka obw'amaanyi mu makanisa newankubadde nga bwetaagisa, naye tebumala okusobola okutwala ekifo eky'okubeera ffeka ne Katonda. Enkolagana ey'obwa ssekinnoomu erina okukuzibwa mu ntambula yaffe ne Katonda, era kino tekisobola kubeerawo mu nkuaana za bonna, nga tuli mu Bantu abalala.

Singa tutunuulira bulungi mu mbala yak ATONDA etukiridde n'obutukuvu bwe, obulamu bwaffe n'empisa zaffe bijja kugenda nga bikyuuusibwa, era buno bujja kubeera obutukuvu obutaliimu na bukuusa, kubanga bujja kubeera nga bulaga obulamu bwa Kristo bwenyini.

Bwewaba nga waliyo ekitundu ekimu mu Bayibuli ekilaga obulungi embala ya Katonda eri omuyigirizwa owa leero bwebubaka bwa Yesu bweyabuulira ku lusozi mu Matayo 5,6 ne 7. Nzikikiza nga amabbaluwa gonna abatume gebawandiikira amakanisa okuviira ddala ku Pawulo, Peter, Yakobo, Yokaana ne Yuda gonna kutwalira awamu gagaziya bubaka buno obwa Yesu obw'oku lusozi. Era matizibwa nga ebyawandiikibwa amateeka ne bannabbi byonna bisangibwa mu bubaka bwa Yesu bweyabuulirira ku lusozi eri abayigirizwa be.

Okwongerako ebyange

Mu kitabo kyange ekinaddirira kino, tujja kutandika okusoma enjigiriza eno ennungi okuviira ddla ku musomesa omukulu era Mukama waffe yennyini. Enjigiriza ye ekyuusizza nnyo obulamu bwange okuyita mu nnono gyetubadde tutunuulira ey'ekikolo n'ebibala. Bwenategeera ennono eno nentandika okuteeka mu nkola ekyo ekikolo ekileeta obutuukirivu mu kifo kyebibala, neneteeka wansi w'okukyuusibwa okw'embala ya Katonda, ne newaayo nga bwensobola okuyita mu kusoma Bayibuli; okusaba, okusiiba n'okumala ebiseera ne Katonda, nakizuula nga natandika okukyuuka mu ntambula yange mu ngeri gyennali sitegedde. Enkyukakyuuka gyenalaba mu bulamu bwange yanewunyisa, kubanga nnali sikyazaako kubeera mutukuvu nate. Nnali ndekedde awo okugezaako okubeera omutukuvu, naye ate gna ndaba nfuna eibala byennali nayayaanira bulijjookufuuka omutukuvu.

Njogera ku kiseera eky'emyaka egisukka mu amakumi abiri, n'olwekyo, njogera ku byempiseemu nze mu bulamu bwengamba nti enkola eno tosobola kugituukako mbagirawo, oba mu kiseera ekitono. Okugumiikiriza n'okufunvubira byombi kitundu kun kola eno.

Nkimanyi bulungi nga okulemererwa kw'abalokole abasinga obungi kye ky'okubeera nga tebafaayo kutandika nkola oba lugenda luno. Njagala kusomooza buli muntu asoma ekitabo kino, okuteeka ennyo omwoyo gwe ku bubaka bwa Yesu obwoku lusozi okutuwa nga butandi-

ise okufuuka ekitundu ku bulamu bwaffe.

Kyuusa amaaso go ku yesu
Wekalirize obwenyibwe
Ebintu by'ensi bijja kufuuka butaliimu awali Ekitiibwa kye n'ekisa kye.

Maurice Barratt

Maurice Barratt yakulira wansi w'obuweereza obwa ba Pentekote obw'amaanyi obwakulemberwanga kitaawe Biu Barratt, Biu Barratt kitaawe, ne Williams balina obuweereza obw'okuwonyezebwa n'ebyamagero mu Bungereza mu myaka egya 1950 ne 1960.

Yafuuka omulokole ku myaka mukaaga gyokka, era okuviira ddla mu myaka gye egy'ekivubuka yatambuliranga mu bulamu obw'ekikristaayo obwabulijjo naye bweyaweza emyaka asatu yakwatibwako nnyo okuyigiriza kwa kitaawe okw'enjiri Yesu gyeyabuulira ku Lusozi ku nnono ez'abalokole abayigirizwa aba ddala ddala-kiki kye kitegeeza okugoberera Yesu okuva mu kiseera ekyo n'okweyongerayo, yatandika okukyuuka okuva mu bulamu obw'omukristaayo owa bulijjo, nafuuka omusajja amatidde nti ekibulawo mu bulamu bw'abakristaayo olwaleero, si maanyi ga Katonda oba ebirabo eby'omwoyo, naye ebibala embala ya Kristo.

Okumala emyaka amakumi abiri, Maurice abadde atambulira mu kuyitibwa kwe okwo-okusomesa ekkanisa en-

nono ez'okubeera omuyigirizwa. Ayigiriza mu makanisa, amayumba, amakomera, amasomero, n'amatendekero ga Bayibuli, mu Bulaaya ne mu America.

Obubaka bungi obwa Maurice buli ku butambi, okusingira ddal obubaka bwa Yesu obwku lusozi obuli ku butambi 55, n'obubaka obulala bungi ku masomo amalala obukwata ku bulamu nenneyisa y'ekikristaayo.

Maurice Barratt bw'oba oyagala kumuyita okuweereza osobola okumutuukako ku ndagiriro ku lupapula oluddirira.

Ebikwata ku Barratt Ministries

Barratt Ministries buweereza obulina ekitebe kyabwo mu Manchester, Bungereza. Era nga bwatandikibwa mu mwaka 1985. ba dayirekita Maurice ne Joanna Barratt obuweereza bwabwe bukwata ku nsi yonna. Joanna muyimbi yakafulumya obutambi 9 obw'ennyimba zeyeyiiyiza, nga mwe muli n'oluyimba olw'ebyawandiikibwa mu okuva mu Zabbuli 119 n'Enjiri ey'okulusozi. Joanna naye aweereza mu makomera ne munkungaana z'abakyaala.

Barratt Ministries buweereza obukozesa emikutu gyonna egy'empuliziganya. Bufulumya Ebitabo, okulikoding ennyimba n'obubaka obwo ku ntambi ne vidiyo ku mikutu gy'abalokole egya radiyo.

Barratte Ministries afulumya olupapula lw'amawulire nga mulimu okuyigiriza kwa Maurice ne Joanna Barratt buli myezi ebiri.

Bwoba nga oyagala kumanya byonna Barratt Minis-

tries byebafulumya batuukeko wansi

Barratt Ministries
114 Dairy Bank Road
Victoria Park, Manchester
M14 5QH, England

Email: info@barrattministries.oeg.uk
www.barrattministries.org.uk